**OKUBEERA MU BWAKABAKA.**

**HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE.**

Olusoma luno luli kitundu ku “Harvestime International Institute, ng’enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g’omwoyo agatuukiridde.

Omulamwa omukulu mu kutendekebwa kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyaleetera abavubi, abawooza n’abalala okufuuka abakristaayo ab’omugaso, abaatambula amawanga n’enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo ery’etongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuviira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okw’ekubisaamu, okwetegeka n’okwekuɧɧaanya okutuuka ku kiruubirirwa eky’okubuulira enjiri.

© Harvestime international institute

http://www.harvestime.org

# EBIRI MU KITABO

Enkozesa y'ekitabo………………………………………………………………………………………………………… 3

Ebyandikoleddwa abasomera mu bibinja…………………………………………………………………………… 4

Ennyanjula………………………………………………………………………………………………………………………. 5

Ebigendererwa by'olusoma……………………………………………………………………………………………….6

1. Obwakabaka obutalabika…………………………………………………………………………………..7
2. Kabaka wa bakabaka…………………………………………………………………………………………..16
3. Obwakabaka: Obwayita, Obuliwo, Obuliija…………………………………………………………….34
4. Ebisumuluzo by'obwakabaka…………………………………………………………………………………52
5. Okusuulibwa okuva mu bwakabaka…………………………………………………………………………65
6. Enkola n'ennono: Ennyanjula…………………………………………………………………………………77
7. Empisa z'obw'obwakabaka: Ennono z'obwakabaka – Ekitundu Ekisooka……………………………….88
8. Empisa z'obw'obwakabaka: Ennono z'obwakabaka – Ekitundu Eky'okubiri……………………………98
9. Empisa z'obw'obwakabaka: Ennono z'obwakabaka – Ekitundu Eky'okusatu…………………………..110
10. Engero z'obwakabaka……………………………………………………………………………………..116
11. Ababaka ab'obwakabaka……………………………………………………………………………………..125

Ebiddibwamu by'ebibuuzo by'okwegezaamu……………………………………………………………………..136

**ENKOZESA Y'EKITABO KINO.**

**(Ensengeka y'ekitabo)**

Buli ssomo lirimu bino:

**Ebigendererwa:** Bino by'oba osuubira okutuukako oluvannyuma lw'okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

**Olunnyiriri olukulu**: Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

**Ebiri mu ssuula:** Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebitateereddwa mu kitabo kino.

**Okwegezaamu:** Funa omulimu gw'okwegezaamu oluvannyuma lw'okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweeyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw'omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.

**Okweyongerayo okusoma:** Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy'osoma n'okugiisa ebyo by'osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

**Ebigezo ebyakamalirizo:** Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby'akamalirizo, era ku nkomerero y'olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw'omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

**EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.**

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

## EBYANDIKOLEDDWA ABASOMERA MU BIBINJA.

## OLUTUULA OLUSOOKA.

**Okuggulawo:** Mugguleewo na kusaba olwo mweyanjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

**Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja**: Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokutuulirangako.

**Okutendereza n'okusinza:** Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

**Gabira abayizi ebitabo:** Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakyo n'ebigenderewa by'olusoma nga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

**Tegeka omulimu ogusooka:** Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweereddwa era batwale ebyokwegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

### OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZIDDIRIRA.

**Okuggulawo:** Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bonna era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera k'okutendereza n'okusinza.

**Okwejjukanya:** Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

**Essomo:** Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuuzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwereeza.

**Okwegezaamu:** Yita mu byokwegezaamu ebyaggwa. (**Weetegereze;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

**Okweyongera okusoma:** Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

**Ebibuuzo ebyakamalirizo:** Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

**Ekisomesebwa:**

**Olusoma: okubeera mu bwakabaka: Enkola n'ennono**

# ENNYANJULA.

Abantu bonna mu nsi eno ey'omubiri. Babeera mu kibuga oba mu kyalo ebiri ekitundu ku ggwanga. Eggwanga eryo bwe bwakabaka obw'ensi.

Okwongereza ku bwakabaka obuli mu nsi ey'omubiri, waliyo n'obwakabaka obw'omwoyo obw'emirundi ebiri. Buli muntu yenna alina obulamu agwa mu bumu ku bwakabaka buno: obwakabaka bwa Sitaani oba obwakabaka bwa Katonda.

Olusoma luno lukwata ku bwakabaka bwa Katonda. Lukwanjulira obwakabaka bw'omwoyo obw'emirundi ebiri, abafuzi baabwo, n'ababubeeramu. Lukuwa ebisumuluzo by'omwoyo ebikutuusa mu bwakabaka bwa Katonda n'okulabula ku bintu ebiva mu kusuulibwa ebweru w'obwakabaka. Ebyayita, ebiriwo, n'ebirijja eby'obwakabaka buno bikeberebwa engero ezinnyonnyoddwa n'enkola zaabwo wamu n'ennono z'obulamu byonna biragiddwa.

Lwaki okusoma ku bwakabaka bwa Katonda kyamugaso?

Yesu yagamba abayigirizwa be;

> **Era Enjiri ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi yonna, nga bwe bujulirwa eri amawanga gonna n'oluvannyuma enkomerero n'eryoka etuuka. (Matayo 24:14)**

Nga Yesu tannadda kutandikawo bwakabaka bwe mu ngeri ey'enkomeredde, Enjiri ey'obwakabaka eteekwa okubuulirwa eri amawanga gonna mu nsi.

Okusobola okubuulira enjiri ey'obwakabaka, oteekwa okusooka okutegeera obwakabaka bwa Katonda. Nga tonnafuuka kuba mukuumi wa bisumuluzo bya bwakabaka, oteekwa okusooka okufuna obumanyirivu ku bwakabakaba buno.

Emabegako, essira erisinga libadde nga liteekebwa ku bulamu n'obuweereza bwa Kabaka w'obwakabaka Yesu Kristo, era kino kituufu nnyo. Naye nga essira libadde teriweereddwa ku njiri y'obwakabaka. Yesu yabuulira abakulembeze b'eddiini ab'ebiro bye:

> **Zibasanze mmwe Abawandiisi, nammwe Abafalisaayo. Bannanfuusi mmwe! Muziyiza abantu abalala okuyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu, ate nammwe ne mutayingira. (Matayo 23:13)**

Yali njiri ey'obwakabaka okwali omulamwa omukulu ogw'obulamu bwa Kristo. Yatandika obuweereza bwe ku nsi ng'alangirira okutuuka kw'obwakabaka (Matayo 4:17). Yamaliriza obuweereza bwe obwo ku nsi ng'ayogera ku bintu ebikwata ku bwakabaka (Ebikolwa 1:3). Wakati wentandikwa n'enkomerero y'obuweereza bwe obwo ku nsi, essira lyali ku bwakabaka:

> **Naye n'abaddamu nti, "Kinsaanira okubuulira Enjiri y'obwakabaka bwa Katonda ne mu bifo ebirala kubanga eyo y'ensonga kyenava ntumibwa. (Lukka 4:43)**

Obwakabaka bwa Katonda ye yali ensonga enkulu eri Yesu. Okuyigiriza wamu n'engero byesigamizibwanga ku bwakabaka. Ebyamagero bye byali byoleka okubeerawo kw'obwakabaka bwa Katonda.

Enjogera zino "Obwakabaka bwa Katonda n'obwakabaka bw'eggulu" zikozesebwa okussuka n'emirundi ekikumi mu kitabo kya Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana. Tutegeezebwa okusooka okunoonya obwakabaka bwa Katonda, okubusabira, n'okububuulirako. Tutegeezebwa bwe tuyinza okuyingira obwakabaka era kisomesebwa nti okufunamu obutuuze kyetaagisa embeera y'obulamu empya.

Okuyingira obwakabaka buno, okukuuma obutuuze, n'okutuukiriza omulimu gw'okubuulira enjiri yaabwo eri ensi, kyetaagisa okutegeera ennono n'enkola z'obwakabaka. Era ekyo gwe mulamwa gw'olusoma luno.

Naye waliwo omulamwa ogusingira ddala ku gw'okutegeera obutegeezi ennono z'obwakabaka. Oteekeddwa okusukka ku kumanya obumanya obwakabaka n'obufuniramu ddala obumanyirivu n'osobola okubufuula omulamwa gw'obulamu bwo omukulu.

Abantu banoonya obulamu obw'amakulu. Baagala ekireeta obulamu n'okufa. Fuula obwakabaka bwa Katonda omulamwa omukulu ogw'obulamu bwo n'obuweereza. Bwe bwakabaka obutayinza kunyenyezebwa maanyi ga mulabe. Kiba kintu eky'olubeerera mw'oyinza okuteeka obwesige bwo bwonna.

**EBIGENDERERWA BY'OLUSOMA:**

Ng'omaliriza olusoma luno, onooba osobola;

- Okuzuula obwakabaka bw'omwoyo obutalabika
- Okuzuula abafuzi b'obwakabaka obutalabika
- Okuzuula abatuuze b'obwakabaka obutalabika.
- Okunnyonnyola engeri y'okuyingira obwakabaka bwa Katonda.
- Okufunza ebyayita, ebiriwo, n'ebirijja eby'obwakabaka bwa Katonda.
- Okuleeta ebibi ebiremesa okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.
- Okumanya omugaso gw'enkola z'omwoyo n'ennono
- Okwolesa okutegeera eri ennono enkulu ez'obwakabaka bwa Katonda.
- Okwolesa okutegeera eri ennono enkulu ez'obwakabaka bwa Katonda.
- Okwolesa okutegeera kw'engero ez'obwakabaka bwa Katonda.
- Okufuuka omubaka ow'obwakabaka bwa Katonda ng'obuulira enjiri ey'obwakabaka.
- Okwongera okweyigiriza ku bwakabaka bwa Katonda wekka.
- Okwongera okweyigiriza ku buweereza n'enjigiriza za Yesu Kristo wekka.

# ESSUUULA ESOOKA.

## OBWAKABAKA OBUTALABIKA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okwolesa okumanya okw'ensi ey'omubiri n'eyomwoyo.
- Okunnyonnyola ekigambo "obwakabaka"
- Okuzuula obwakabaka bw'omwoyo obw'emirundi ebiri.
- Okuzuula abafuzi b'obwakabaka ab'omwoyo.
- Okuzuula abatuuze b'omu bwakabaka bw'omwoyo.
- Okunnyonnyola enjogera "ey'obwakabaka bwa Sitaani."
- Okunnyonnyola enjogera "ey'obwakabaka bwa Katonda."

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Era Enjiri ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi yonna, nga bwe bujulirwa eri amawanga gonna n'oluvannyuma enkomerero n'eryoka etuuka. (Matayo 24:14)**

**ENNYANJULA.**

Essuula eno efuddeyo nnyo ku nsi ey'omubiri n'eyomwoyo. Ensi ey'omubiri y'eyo gy'osobola okulaba, okuwulira, okukwatako oba n'okukombako. Y'ensi erabibwako ekwetoolodde. Naye waliwo ensi endala ekwetoolodde mw'oli. Ensi eno terabibwa era esangibwamu obwakabaka obw'omwoyo bwa mirundi ebiri. Mu ssuula eno ojja kuyiga ku bwakabaka obw'omwoyo buno, abafuzi baabwo, n'abatuuze baamwo. Ojja kuyiga ku bwakabaka bwa Katonda n'obwa Sitaani.

**EKY'OMUBIRI NEKY'OMWOYO.**

Omuntu abeera mu nsi bbiri. Nsi ey'omubiri n'eyomwoyo. Ensi ey'omubiri y'eyo gy'oyinza okulaba, okuwulira, okukwatako oba okukombako. Ekwatibwako era erabibwa. Ensi eggwanga, ekibuga oba ekyalo mw'obeera biba kitundu ku nsi ey'omubiri. Ye ggwe mutuuze w'obwakabaka obw'omubiri. Obusangibwa mu zi ssemazinga z'ensi ezirabika. Osobola okulaba abantu abakuli okumpi mu kitundu. Osobola okuwuliziganya nabo, osobola okulengera ebifo, amaloboozi n'okuwunyiriza ebikwetoolodde.

Naye waliwo ensi endala mw'obeera. Ensi eyo y'eyomwoyo. Tosobola kugiraba na maaso go ag'omubiri, naye nga yaddala nga bw'olaba ensi ey'omubiri. Paulo ayogera ku ngabanya y'omubiri n'omwoyo.

> **Noolwekyo waliwo emibiri egy'omu ggulu, n'emibiri egy'omu nsi... (1 Abakolinso 15:40)**

Abantu bonna balina omubiri ogwatondebwa nga gubeera mu nsi ey'omubiri. Naye era omuntu mwoyo ng'alina emmeeme n'omwoyo ebitaggwaawo. Omuntu mubiri, mmeeme n'omwoyo. Omuntu wo ow'omwoyo (emmeeme n'omwoyo) ali kitundu ku nsi ey'omwoyo nga bw'olaba omubiri gwo bwe guli ekitundu ku nsi ey'omubiri.

## OBWAKABAKA BW’OMWOYO OBW’EMIRUNDI EBIRI.

Waliyo obwakabaka bw’omubiri obuli mu nsi eno. Obwakabaka obw’omubiri ly’ettwale oba abantu abafugibwa kabaka. Baibuli eyogera ku bwakabaka obw’ensi. Obwakabaka obw’ensi kati bufugibwa Sitaani.

> **Ate Setaani n’amutwala ku lusozi oluwanvu n’amulengeza ensi zonna n’obwakabaka bwamu n’ekitiibwa kyabwo kyonna,**
>
> **N’amugamba nti, “Bino byonna nnaabikuwa bw’onoovuunama n’onsinza. (Matayo 4:8-9)**

Mu biseera eby’omumaaso, obwakabaka bwonna obw’ensi bujja kufuuka bwakabaka bwa Katonda era yajja okubufuga bwonna.

> **Awo malayika ow’omusanvu n’afuuwa ekkondeere lye, ne wabaawo oluyoogaano olunene ennyo mu ggulu nga lugamba nti, Obwakabaka bw’ensi eno kati bufuuse bwa Mukama waffe ne Kristo we, era anaafuganga emirembe n’emirembe. (Okubikkulirwa 11:15)**

Mu nsi ey’omubiri, kabaka ye mukulembeze ow’oku ntikko ow’obwakabaka. Ettwale n’abantu bonna biba bibye. Alina obuyinza ku bulamu n’okuttibwa kw’abantu be.

Ensi ey’omwoyo erimu obwakabaka bw’omwoyo bwa mirundi ebiri. Obwakabaka bwa Katonda n’obwakabaka bwa Sitaani. Obwakabaka bwa Sitaani mulimu emyoyo egiyitibwa dayimooni, n’abantu bonna abatambulira mu kibi wamu n’abatagondera ekigambo kya Katonda. Obwakabaka bwa Katonda mulimu Katonda kitaffe, Yesu Kristo, Omwoyo Omutukuvu, ebiramu eby’omwoyo ebiyitibwa Malayika, n’abantu bonna abatambulira mu butuukirivu obw’okugondera ekigambo kya Katonda.

## OBWAKABAKA BWA KATONDA.

Waliyo obwakabaka bwa Katonda bwamulundi gumu, naye bunnyonnyolwa mu ngeri ez’enjawulo mu byawandiikibwa ebitali bimu. Ekyogerwa ekyo “obwakabaka obw’eggulu” era ky’ekikozesebwa ng’erinnya ly’obwakabaka bwa Katonda.

Obwakabaka buno bufaananira ddala n’obwakabaka bwa kitaffe (Matayo 26:29), obwa Yesu (Okubikkulirwa 1:9), obwa Kristo Yesu (2 Timoseewo 4:1), obwa Kristo ne Katonda (Abaefeso 5:5), obwa Mukama waffe Kristo (Okubikkulirwa 11:15), obwa Katonda waffe, n’amaanyi ga Kristio we (Okubukkulirwa 12:10), n’obwomwana we omwagala (Abakolosaayi 1:13). Gonna gano mannya ga bwakabaka bwa Katonda. Olw’okutwanguyiza, omutwe gumu gwe gukozesebwa mu lusoma luno ogwa “Obwakabaka bwa Katonda.”

Obwakabaka bwa Katonda si kiwayi kya nzikiriza. Ebiwayi by’enzikiriza biteekebwawo bantu ng’enteekateeka y’ebibinja eby’amakanisa. Bitandikibwawo okubaako bye bikola ebirabwako eby’ebitongole n’obukulembeze. Ebiwayi bino bitongole eby’ekkanisa ebikulu okugeza; Baptist, Assembly of God, Methodologists, Lutheran n’ebirala.

Bayibuli eyogera ku kkanisa entuufu etali kiwayi oba ekitongole eky’eddiini. Ekkanisa entuufu ekolebwa abo bonna abafunye obutuuze mu bwakabaka bwa Katonda.

Ekkanisa entuufu gwe mubiri gw'omwoyo ogwetongodde Katonda gw'aba yatandikawo ng'omukutu ogw'okubunyisa enjiri eri amawanga g'ensi. Ekkanisa eno ebaamu abasajja n'abakazi bonna abatuula mu bwakabaka bwa Katonda.

Ekkanisa teriiwo kubuulira na kusomesa njiri ya bwakabaka kyokka, wabula erina okukola ng'ekyokulabirako eky'obulamu obw'obwakabaka bwa Katonda. Ekkanisa erina kutambulira ku nkola ez'obwakabaka n'ennono era ebyolese ne mu bulamu obw'okuyigiriza kwa Kabaka waayo.

Obwakabaka bwa Katonda bwaliwo ne mu biro ebyayita, weebuli na kati, era bwakubaawo ne mu biro ebirijja, bwonna mu ngeri ez'enjawulo. Kati mu bulamu obw'omubiri, obwakabaka bwa Katonda busangibwa mu buli muntu sekinoomu, omusajja, omukazi, omulenzi oba omuwala abafudde Yesu okuba kabaka w'obulamu bwabwe. Mu biro ebirijja walibaawo okulabisibwa kw'obwakabaka bwa Katonda nga bwebikulidde ddala. Ojja kwongera okuyiga ku byayita, ebiriwo, n'ebiribaawo eby'obwakabaka bwa Katonda. Ojja kweyongera okuyiga ku bwakabaka bwa Katonda gye bujjako mu lusoma luno.

Olw'okubanga obwakabaka bwa Katonda bwa mwoyo so si buno obw'ensi obw'omubiri, buteekeddwa okutegeerebwa n'endowooza ey'omwoyo.

> **Omuntu obuntu tasobola kufuna bintu bya Mwoyo wa Katonda, kubanga busirusiru gy'ali, era tasobola kubimanya, kubanga bikeberwa Mwoyo. (1 Abakolinso 2:14)**

## ABAFUZI AB'OBWAKABAKA.

Obwakabaka bwa Sitaani bufugibwa Sitaani. Ojja kweyongera okumuyigako n'obwakabaka bwe mu katundu "ak'okweyongera okusoma" akali mu ssuula eno. Sitaani ku ntandikwa yali Malayika ennungi eyatondebwa Katonda era yali ya bwakabaka bwa Katonda, naye yayagala okugezaako okuwamba obwakabaka bwa Katonda. Osobola okusoma ku lutalo luno mu (Isaaya 14:12-17) ne mu (Ezekyeeri 28:12-19). Malayika eziwerako zeegata ku Sitaani era zonna ne zisuulibwa ebweru w'obwakabaka bwa Katonda. Zaakola obwakabaka bwazo obuyitibwa obwa Sitaani.

Obwakabaka bwa Katonda bufugibwa obusatu bwa Katonda omuli, Kitaffe, Omwana Yesu Kristo, n'Omwoyo Omutukuvu. Ojja kweyongera okuyiga ku bufuzi bw'obwakabaka buno mu ssuula eyookubiri ey'olusoma luno.

## ABATUUZE MU BWAKABAKA.

Okwongereza ku bafuzi, waliyo abatuuze abalala abasangibwa mu bwakabaka buno bwombiriri obw'omwoyo. Emyoyo emibi gituula mu bwakabaka bwa Sitaani. Emyoyo gino giyinza okuyingira ne gitulugunya, ne gifuga, n'okukozesa abantu abali mu bwakabaka bwa Sitaani. Gy'ongera amaanyi mu bikolwa ebibi ebikolebwa abasajja n'abakazi.

Ng'enkomerero y'ensi tennatuuka, Sitaani ajja kukozesa emyoyo gy'obwakabaka bwe egiyitibwa; abawakanya Kristo, ne bannabi ab'obulimba. Bajja kuba kitundu ku nteekateeka ya Sitaani ey'obulimba ey'okusuula obwakabaka bwa Katonda. Obwakabaka bwa Katonda nabwo bulina ababubeeramu. Mulimu bamalayika, emyoyo egiweereza abasajja n'abakazi abali ekitundu ku bwakabaka bwa Katonda,

nga n'eziddayimooni bwe zisibye obwakabaka bwa Sitaani ku nsi. Malayika z'ezikola okwagala kwa Katonda.

Newaakubadde Malayika ne dayimooni myoyo, bye yoleka mu nsi ey'omubiri mu ngeri erabikako n'okwongera mu biseera ebimu. Dayimooni nga ziri mu mibiri gy'abantu zoogera era zeeyisa mu ngeri embi okutwaliza awamu ne Malayika oluusi zeeyoleka mu ngeri erabibwako.

**OKUYINGIRA MU BWAKABAKA BWA KATONDA.**

Olumu ku ngero ezaabulirwa Yesu ziraga nti abantu bonna bayinza okuba mu bwakabaka bwa Sitaani oba obwakabaka bwa Katonda. Yesu yagerageranya ensi ku nnimiro. Ensigo ennungi mu nnimiro be baana ab'obwakabaka bwa Katonda. Ensigo embi eyavaamu okumeruka kw'omuddo be baana b'omubi.

> **Ennimiro y'ensi, n'ensigo ennungi be baana b'obwakabaka, naye omuddo be baana ba Setaani. (Matayo 13:38)**

Abantu bayingira mu bwakabaka bwa Sitaani okuyita mu kuzaalibwa kw'omubiri. Baibuli esomesa nti abantu bonna baazaalibwa mu kibi. Kino kitegeeza nti balina embala y'ekibi oba "ensigo" y'ekibi mu bbo. Mu mibiri gyabwe beegwanyiza okukola ekibi.

> **Ddala, nazaalibwa mu kibi; kasookedde ntondebwa mu lubuto lwa mmange ndi mwonoonyi. (Zabuli 51:5)**

> **Ekibi kyajja mu nsi olw'omuntu omu, ne kireeta okufa mu nsi. Mu ngeri y'emu olw'okuba nga bonna baayonoona, bonna balifa. (Abaruumi 5:12)**

> **Ffenna twayonoona era tetusaanira kitiibwa kya Katonda. (Abaruumi 3:23)**

Kubanga twazalibwa n'embala ey'ekibi, tuteekwa okuba nga ffenna twali tubaddeko mu bwakabaka bwa Sitaani. Obubaka bw'ekigambo kya Katonda bwonna obwawandiikibwa Baibuli entukuvu, buliwo kugamba muntu kuva mu bwakabaka buno obubi obwa Sitaani badde eri obwakabaka obutuukiridde obwa Katonda.

Abantu baazalibwa mu bwakabaka bwa Sitaani okuyita mu kuzaalibwa okw'omubiri. Bateekwa okuddamu okuzaalibwa okudda mu bwakabaka bwa Katonda nga bayita mu kuzaalibwa okw'omwoyo. Ojja okweyongera okuyiga ku kino mu ssuula eyookuna: "ebisumuluzo by'obwakabaka."

Abo abazaalibwa omulundi ogw'okubiri, bakyusa obutuuze bwabwe okuva mu bwakabaka bwa Sitaani ne badda mu bwakatonda. Balekerawo okugondera Sitaani ne bagondera Katonda. Bwe bayingira obwakabaka bwa Katonda bateekwa okuyiga ennono ezifuga obulamu mu bwakabaka buno. Kiringa kuyiga mbeera ya bulamu obw'ensi empya mw'oba osengukidde. Ojja kwongera okuyiga ku nnono zino mu by'okuyiga eby'olusoma luno.

**ENKOLAGANA WAKATI W'OBWAKABAKA BUNO.**

Okuviira ddala mu biro bya Sitaani ng'alwana, wabaddewo olutalo olw'omwoyo wakati w'obwakabaka bwa Sitaani n'obwa Katonda. Bayibuli ky'ekiwandiiko ekiriwo eky'olutalo oluli wakati w'obwakabaka buno bwombi.

Olutalo luno olw’omwoyo lwaggulwawo eri ensi okuyita mu ndowooza, emmeeme, n’emyoyo eby’obuntu. Sitaani akuumidde abantu mu bwakabaka bwe nga boonoona. Okuyita mu nkwe ez’obulimba asikirizza abantu okugenda mu maaso nga bakola okwegomba kw’obulamu obw’ekibi okw’akaseera obuseera. Agenderera kulumba mmeeme na mwoyo ebintu mu butuufu birina okuba ebya Katonda.

> **Omubbi ky’ajjirira kwe kubba n’okutta n’okuzikiriza. Nze najja, zibe n’obulamu, era zibe nabwo mu bujjuvu. (Yokaana 10:10)**

Olutalo luno olw’omwoyo lwakweyongerayo okutuuka ku nkomerero nga bwe tukimanyi. Olutalo olw’omwoyo ssomo eririmu eby’ebuziba ebiringa ebyo, Amasomo ga Harvestime International Institute lwonna kwe gasimbye amakanda nga, “Engeri z’omwoyo, Ekitabo ky’olutalo lw’omwoyo.” Olusoma lutunuulidde obwakabaka bwa Sitaani engeri ze, n’obukodyo obw’omwoyo obw’okuwangula amaanyi g’omubi.

**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Njawukana ki ezikolebwa mu 1 Abakolinso 15:44-49?
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Obwakabaka obw'emirundi ebiri obutalabibwako mu nsi leero bwe buli wa?
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Abafuzi b'obwakabaka buno obutalabibwako be b'ani?
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Abatuuze b'omu bwakabaka bwa Sitaani be b'ani?
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Abatuuze b'omu bwakabaka bwa Katonda be b'ani?
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Njawulo ki eri wakati w'enjogera zino; "obwakabaka bwa Katonda," "n'obwakabaka bw'eggulu"?
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Nnyonnyola ekigambo "obwakabaka."
………………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

## OKWEYONGERA OKUSOMA.

Olusoma luno luliwo kusomesa ku bwakabaka bwa Katonda. Naye nga bwe wayize mu ssuula eno, waliyo n'obwakabaka obulala obutalabika, obwakabaka bwa Sitaani obw'omwoyo. Kyamugaso nnyo okutegeera obwakabaka obw'omwoyo buno bwombi.

Olusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa "Engeri z'omwoyo: Ekitabo ky'olutalo lwomwoyo" kikwongera okumanya ku bwakabaka n'engeri z'omwoyo okulwanyisa Sitaani. Funa ekitabo kino obikwasaganye n'olusoma luno, "Okubeera mu bwakabaka." Ekigendererwa ky'olusoma luno, bino wammanga bituwa obubaka obukulu ku Sitaani n'obwakabaka bwe.

## OBWAKABAKA BWA SITAANI.

Afuga obwakabaka bwa Sitaani: Sitaani.

(A) Ensibuko ye: Ebitonde byonna byatondebwa Katonda, Yokaana 1:3, Abakolosaayi 1:16-17
(B) Ekitiibwa kye ekyayita: Isaaya 14:12-15, Ezeekyeri 28:12-17
(C) Ekifo mwe yali: Ezeekyeri 28:14
(D) Okugwa kwe: Ezeekyeri 28:12-19
(E) Amannya ge:
1. Katonda ow'ensi: 2 Abakolinso 4:4
2. Malayika ey'ekitangaala: 2 Abakolinso 11:14
3. Omubi: 1 Peteero 5:8, Matayo 4:1
4. Sitaani: Yokaana 13:27
5. Lusifa: Isaaya 14:12
6. Ogusota: Okubikkulirwa 12:3
7. Omusota: Okubikkulirwa 12:9, 20:2, 2 Abakolinso 11:3, Oluberyeberye 3:4, 14
8. Omulabe: 1 Peetero 5:8
9. Beriyaali: 2 Abakolinso 6:15
10. Beeruzebuli: Matayo 12:24, Lukka 11:15, Makko 3:22
11. Omutemu: Yokaana 8:44
12. Omukemi: Matayo Matayo 4:3, 1 Abasesolaniika 3:5
13. Kerubi omukemi: Ezeekyeri 28:14
14. Omwonoonyi: Okubikkulirwa 9:11
15. Omulimba: Okubikkubirwa 12:9, 20:3
16. Apolwoni (Ekitegeeza omwonoonyi mu Luyonaani): Okubikkulirwa 9:11
17. Abadooni: (Mu lw'ebbulaniya ekitegeeza malayika ennyoonyi); Okubikkulirwa 9:11
18. Omufuzi w'ekizikiza: Abaefeeso 6:12
19. Malayika w'obunnya: Okubikkulirwa 9:11
20. Mulabe: Matayo 13:39
21. Omulangira w'ababi: Matayo 12:24
22. Omulimba, taata w'abalimba: Yokaana 8:44
23. Kabaka w'e Ttuulo: Ezeekyeri 28:12-15
24. Omulangira w'ensi eno: Yokaana 12:31, 14:30, 16:11
25. Omulangira w'obuyinza bw'omu bbanga: Abaefeso 2:2
26. Omwoyo ogukolera mu baana b'obutagonda: Abaefeso 2:2
27. Omubi: 1 Yokaana 5:9

28. Empologoma ewuluguma: 1 Peetero 5:8
29. Omuloopi wa baganda baffe: Okubikkulirwa 12:10

(F) Embeera ze:
1. Omukalabakalaba atategeerekeka: 2 Abakolinso 11:3
2. Asunguwala: okubikkulirwa 12:17
3. Yeeyagaliza: 2 Timoseewo 2:26
4. Wa Malala: 2 Timoseewo 3:6
5. W'amaanyi: Abaefeso 2:2
6. Mulimba: Abaefeso 6:11
7. Atiisa ate mukambwe: 1 Peetero 5:8
8. Alimba: 2 Abakolinso 11:14

(G) Ebigambo bya Sitaani ebyawandiikibwa.
1. Oluberyeberye 3:1,4-5
2. Yobu 1:7-12
3. Matayo 4:1-11
4. Lukka 4:1-143

(H) Abatuuze mu bwakabaka bwa Sitaani:
Emyoyo gi ddayimooni.
1. Sitaani y'afuga baddayimooni. Matayo 12:22
2. Ensibuko yaabwe: okubikkulirwa 12:7-9, Yuda 6
3. Embeera zaabwe:
- Myoyo: Matayo 8:16, Lukka 10:17, 20
- Boogera: Makko 5:9, 12, Lukka 8:28, Matayo 8:31
- Bakkiriza: Yakobo 2:19
- Bakola okwagala kwabwe: Lukka 8:32, 11:24
- Boolesa obukujjukujju: Makko 1:24
- Basunguwala: Lukka 8:28, Yakobo 2:19
- Bamanya: Ebikolwa 19:15
- Balina amaanyi ag'enjawulo: Ebikolwa 19:16, Makko 5:2-3
- Babaawo mu ngeri ey'enjawulo: Danyeri 9:21-23, 10:10-14

(I) Enkula yaabwe:
1. Bali bumu: Matayo 12:26, 45, Lukka 8:30, 1 Timoseewo 4:1
2. Beesengekedde mu maggye: Lukka 8:30
3. Balina emitendera gy'okukola obubi: Matayo 12:43-45
4. Basengekeddwa bulungi: Abaefeso 1:21, 3:10, 6:12, Abaruumi 8:38
5. Balina ebika bya ziddayimooni eby'enjawulo: Matayo 10:1, 2 Timoseewo 4:1

(J) Abatuula mu bwakabaka bwa Sitaani: Abantu bonna abatali mu bwakabaka bwa Katonda: Okubikkulirwa 20:15, 21:8

(K) Sitaani ne zi ddayimooni we babeera:
1. Batuuka mu kubeerawo kwa Katonda: Yobu 1:6-7

2. Batuuka eri ensi yonna: Okubikkulirwa 12:10

(L) Ebikolebwa Sitaani ne ziddayimooni.
Bino by'ongera okulagibwa mu lusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa; Engeri z'omwoyo: Ekitabo eky'olutalo lw'omwoyo. Mu bufunze, bye bakola bigendererwa kulwanyisa Katonda, bigendererwa bye n'abantu be

(M) Abakkiriza balina amaanyi agasinga ku ga Sitaani ne ddayimooni ze: Matayo 10:1, Makko 6:7, 9:38, 16:17, Lukka 10:17, Ebikolwa 5:16, 8:7, 16:16-18, 19:12. Engeri z'okulwana olutalo lw'omwoyo ziragiddwa mu lusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa, "Engeri z'omwoyo: Ekitabo ky'olutalo lw'omwoyo. Bino bisobolera ddala okukulungamya okwolesa obulungi obuyinza bwo eri obwakabaka bwa Sitaani.

(N) Amagenda g'obwakabaka bwa Sitaani: Matayo 8:29, 25:41, 2 Peetero 2:4, Yuda 6, okubikkulirwa 12:7-9, 20:10, 1 Yokaana 3:8, Lukka 8:28, Matayo 25:41.

# ESSUULA EYOOKUBIRI.

## KABAKA WA BAKABAKA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola ekigambo "Kabaka"
- Okuzuula nti Yesu ye Kabaka w'obwakabaka bwa Katonda.
- Okweyongera okusoma ku bulamu n'obuweereza bwa Yesu Kabaka.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Alifuga ennyumba ya Yakobo emirembe gyonna, era n'obwakabaka bwe tebulikoma. (Lukka 1:33)**

**ENNYANJULA.**

Teriiyo bwa Kabaka butalina Kabaka. Mu ssuula eno ojja kuyiga ku kabaka ow'amaanyi, ye kabaka wa bakabaka, Yesu Kristo.

**KABAKA KYE KI?**

Kabaka ye mufuzi asukkulumye mu ggwanga, oluse oba ensi. Ekigambo "okusukkuluma" kitegeeza alina amaanyi agasinga, obuyinza obwa waggulu, nga tafugibwa biri bweru wa buyinza bwe.

Mu biro eby'edda eby'ensi ey'omubiri, waaliyo bakabaka n'obwakabaka bungi. Mu bwakabaka obw'ensi kabaka ye yalina obwannannyini ku buli kintu mu ttwale lye ery'obwakabaka era yalina obuyinza ku buli kintu kyonna ekyali mu bwakabaka bwe nga mw'otwalidde n'abantu bonna.

Kabaka yabaganga amateeka amateeka g'obwakabaka era n'abantu baalina okugagonderanga. Kabaka yalina obuyinza ku bantu, eri obulamu n'okufa.

**KABAKA WA BAKABAKA.**

Asinga mu bakabaka bonna ye mukama waffe Yesu Kristo. Paulo ayogera ku Yesu nga Kabaka wa bakabaka.

> **kw'aliraga mu ntuuko zaakwo, aweebwa omukisa era nnannyini buyinza yekka, Kabaka wa bakabaka bonna, era Mukama wa bakama. (1 Timoseewo 6:15)**

Ekitabo eky'okubikkulirwa kimuyita Kabaka wa bakabaka.

> **…kubanga ye Mukama wa bakama era Kabaka wa bakabaka, abali awamu naye be yayita era abalonde be abeesigwa. (Okubikkulirwa 17:14)**

**Ku kyambalo kye ne ku kisambi kye kwali kuwandiikiddwako nti: "Kabaka wa Bakabaka era Mukama wa bakama. (Okubikkulirwa 19:16)**

Yesu ye kabaka wa bakabaka kubanga afuga obwakabaka obw'olubeerera atte nga busukkulumye. Obwakabaka bwa Katonda tebuliggwawo, tebulimalibwawo nkyukakyuka. Tewalibaawo mukulembeze mulala alisikira kabaka wa bakabaka.

### OKUBEERAWO KWA KABAKA OKWASOOKA.

Baibuli ennyumya emboozi ya Kabaka wa bakabaka. Ekitundu ky'emboozi ekimu kikwata ku bulamu bwe n'obuweereza bwe ku nsi. Naye Yesu yaliwo nga n'obuweereza bwe obw'okunsi tebunnabaawo. Osobola okusoma ku kubeerawo kwe okwasooka ne Katonda mu Yokaana 1:1-18 (Mu kitundu kino, Yesu ayitibwa Kigambo)

### OBWANNABBI KU KABAKA.

Endagaano enkadde erimu obwannabbi bungi obukwata ku Kabaka wa bakabaka. Obwannabbi kye kigambo kya Katonda ekijjirawo nga kibikkula ebinaabaawo by'otosobola kumanya n'amagezi go agaabulijjo.

Obwannabbi obw'endagaano enkadde bibikkula engeri, ddi, ne wa Kabaka w'alizaalibwa n'ebirala bingi ku bulamu bwe, obuweereza, okufa n'okuzuukira. Endagaano empya eraga engeri Yesu gy'atuukirizaamu obunnabbi. (Olukalala lw'obunnabbi buno lulagiddwa mu lusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa "Engeri z'okusoma Baibuli")

### OLULYO LWA KABAKA.

Osobola okusoma ku lulyo lwa Kabaka wa bakabaka, Yesu mu Matayo 1:1-17 ne Lukka 3:23-28. Olulyo luno lulaga bajjajja ba Yesu okuyita mu kitaawe ne maama we ab'oku nsi. Naye jjukira, Yesu yali mwana wa Katonda ddala eyazaalibwa Maria eyali tamanyi musajja.

### OKUZAALIBWA KWA KABAKA.

Osobola okusoma ku kuzaalibwa kwa Yesu okw'oku nsi mu Matayo 1 ne 2, Lukka 1 ne 2

### AMANNYA GA KABAKA.

Yesu yayitibwanga amannya mangi ag'enjawulo, agamu nga gooleka buweereza bwe n'ekiruubirirwa kye. Wammanga ge mannya ga Yesu, Kabaka wa bakabaka.

| | |
|---|---|
| Adamu owookubiri | 1 Abakolinso 15:45-47 |
| Omuwolereza | 1 Yokaana 2:1 |
| Ayinza byonna | Okubikkulirwa 1:8 |
| Entandikwa era enkomerero | Okubikkulirwa 21:6 |
| Amiina | Okubikkulirwa 3:14 |
| Ow'edda n'edda | Danyeri 7:9 |
| Malayika w'okubeerawo kwe | Isaaya 63:9 |

| | |
|---|---|
| Eyafukibwako amafuta okusinga bonna. | Zabbuli 45:7 |
| Omutume omukulu | Abaebbulaniya 3:1 |
| Omukono gwa Mukama | Isaaya 51:9-10 |
| Omutandisi era omumaliriza w'okukkiriza kwaffe | Abaebbulaniya 12:2 |
| Omutandisi w'obulokozi obutaggwaawo | Abaebbulaniya 5:9 |
| Eyazaalibwa Katonda | 1 Yokaana 5:18 |
| Omwagalwa | Abaefeeso 1:6 |
| Omulabirizi w'emmeeme | 1 Peteero 2:25 |
| Aweebwa omukisa era nnannyini buyinza bwonna | 1 Timoseewo 6:15 |
| Ettabi | Zakaliya 3:8 |
| Ettabi, obutuukirivu | Yeremiya 23:5 |
| Ettabi ly'obutuukirivu | Yeremiya 33:15 |
| Ettabi ly'ekikolo kya Yesse | Isaaya 11:1 |
| Omugaati gw'obulamu | Okubikkulirwa 22:16 |
| Emmunyeenye y'enkya | Okubikkulirwa 22:16 |
| Omukulu w'eggye lya Mukama | Yoswa 5:15 |
| Mutabani w'omubazzi | Matayo 13:55 |
| Ejjinja ery'okunsonda | 1 Peetero 2:6 |
| Ye Kristo | Yokaana 1:41 |
| Kristo ye Mukama | Lukka 2:11 |
| Kristo Yesu Mukama waffe | Abaruumi 8:39 |
| Kristo maanyi ga Katonda | 1 Abakolinso 1:24 |
| Atubudaabudda | Isaaya 9:6 |
| Endagaano y'abantu | Isaaya 42:6 |
| Emmambya esala | Lukka 1:78 |
| Emmunyenye ey'enkya | 2 Peetero 1:19 |
| Omununuzi | Abaruumi 11:26 |
| Oluggi | Yokaana 10:9 |
| Omulonde | Isaaya 42:1 |

| | |
|---|---|
| Emmanweri | Matayo 1:23 |
| Obulamu obutaggwawo | 1 Yokaana 5:20 |
| Kitaffe ow’olubeerera | Isaaya 9:6 |
| Mwesigwa era wamazima | Okubikkulirwa 19:11 |
| Omujulirwa omwesigwa | Okubikkulirwa 1:5 |
| Omwana omuberyeberye | Abaebbulaniya 1:6 |
| Omuberyeberye | Zabuli 89:27 |
| Omuberyeberye mu baganda abangi | Abaruumi 8:29 |
| Ekiberyeberye | 1 Abakolinso 15:23 |
| Omuberyeberye era asembayo | Okubikkulirwa 22:13 |
| Omusingi gwa Sayuuni | Isaaya 28:16 |
| Mukama ow’ekitiibwa | Isaaya 33:21 |
| Katonda wa Yisirayiri | Isaaya 45:15 |
| Katonda alinaffe | Matayo 1:23 |
| Omusumba omulungi | Yokaana 10:11 |
| Katonda ow’amaanyi | Tito 2:13 |
| Kabona omukulu | Abaebbulaniya 4:14 |
| Omutwe gw’omubiri | Abakolosaayi 1:18 |
| Akulira ebintu byonna | Abaefeeso 1:22 |
| Ejjinja ly’okunsonda ekkulu | Zabuli 118:22 |
| Omusika w’ebintu byonna | Abaebbulaniya 1:2 |
| Eyafukibwako amafuta ge | Zabbuli 2:2 |
| Omutukuvu wa Yisirayiri | Isaaya 41:14 |
| Essuubi ery’ekitiibwa | Abakolosaayi 1:27 |
| Ndi | Yokaana 8:58 |
| Ekifaananyi kya Katonda atalabika | Abakolosaayi 1:15 |
| Emmanweri | Isaaya 7:14 |
| Yesu Kristo Mukama waffe | Abaruumi 1:3 |
| Omulamuzi wa Yisirayiri | Mikka 5:1 |

| | |
|---|---|
| Kabaka ow’ekitiibwa | Zabuli 24:7 |
| Kabaka | Zaakaliya 9:9 |
| Kabaka w’ensi yonna | Zaakaliya 14:9 |
| Endiga ya Katonda | Yokaana 1:29 |
| Ekitangaala ky’ensi | Yokaana 8:12 |
| Ekimuli ky’omukiwonvu | Oluyimba 2:1 |
| Omugaati omulamu | Yokaana 6:51 |
| Mukama Katonda ayinza byonna | Okubikkulirwa 4:8 |
| Mukama era omulokozi Yesu Kristo | 2 Peetero 2:20 |
| Mukama wa bonna | Ebikolwa 10:36 |
| Mukama obutuukirivu bwaffe | Yeremiya 23:6 |
| Mukama, omununuzi wo | Isaaya 43:14 |
| Kwagala | 1 Yokaana 4:8 |
| Omuntu ow’okusaasira | Isaaya 53:3 |
| Mukama | Matayo 23:10 |
| Masiya | Danyeri 9:25 |
| Katonda ow’amaanyi | Isaaya 9:6 |
| Amaanyi ga Yakobo | Isaaya 60:16 |
| Malayika yange | Okuva 23:20-23 |
| Asinga obutukuvu | Danyeri 9:24 |
| Asinga amaanyi | Zabuli 45:3 |
| Omunnazareesi | Matayo 2:23 |
| Katonda omugezi yekka | 1 Timoseewo 1:17 |
| Okuyitako kwaffe | 1 Abakolinso 5:7 |
| Omusawo | Lukka 4:23 |
| Omulangira ow’emirembe | Isaaya 9:6 |
| Omulangira wa bakabaka b’ensi | Okubikkulirwa 1:5 |
| Nnabbi | Ekyamateeka 18:15-18 |
| Omutango | Abaruumi 3:25 |

| | |
|---|---|
| Labbayi (Omusomesa) | Yokaana 1:49 |
| Omununuzi | Isaaya 59:20 |
| Okuzuukira | Yokaana 11:25 |
| Omuweereza omutuukirivu | Isaaya 53:11 |
| Olwazi | 1 Abakolosaayi 10:4 |
| Ekikolo kya Yesse | Isaaya 11:10 |
| Ekimuli kya Saalooni | 1 Yokaana 4:14 |
| Omulokozi w'ensi | 1 Yokaana 4:14 |
| Ensigo ya Daudi | Yokaana 7:42 |
| Ensigo y'omukyala | Oluberyeberye 3:15 |
| Omwana wa Katonda | Abaruumi 1:4 |
| Omwana w'omuntu | Ebikolwa 7:56 |
| Mutabani wa Mariam | Makko 6:3 |
| Mutabani w'asinga | Lukka 6:3 |
| Emmunyeenye ya Yakobo | Okubala 24:17 |
| Ejjinja | Matayo 21:42 |
| Enjuba y'obutuukirivu | Malaki 4:2 |
| Omusingi omunywevu | Isaaya 28:16 |
| Omusomesa | Yokaana 3:2 |
| Mazima | Yokaana 14:6 |
| Ekirabo ekitayogerekeka | 2 Abakolinso 9:15 |
| Omuzabbibu | Yokaana 15:1 |
| Ekkubo | Yokaana 14:6 |
| Ow'ebyewuunyo | Isaaya 9:6 |
| Ekigambo | Yokaana 1:14 |
| Ekigambo kya Katonda | Okubikkulirwa 19:13 |

## OBULAMU BWA KABAKA.

Ebitabo ebya, Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana byogera ku bulamu bwa Kabaka Yesu. Ebitabo bino byawandiikibwa abayigirizwa ba Yesu abana abaaweerezaako naye mu buweereza bwe obwokunsi.

## OBUWEEREZA BWA KABAKA.

Obuweereza n'enjigiriza za Yesu byawandiikibwa mu bitabo bya: Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana. Mu lusoma oluyitibwa "Engeri z'okuyigiriza" olwa Harvestime International Institute, lulaga enjigiriza za Kristo ku buli kintu.

Newaakubadde waliyo ebiragibwa bingi mu bitabo by'enjiri ebina bino ku bulamu n'obuweereza bwa Yesu, Yokaana atutegeeza;

> **Waliwo n'ebintu ebirala bingi Yesu bye yakola ebitaawandiikibwa. Era singa nabyo byawandiikibwa kinnakimu, ndowooza nga n'ensi zonna tezandigiddemu bitabo ebyandiwandiikiddwa. (Yokaana 21:25)**

## KABAKA EYAGAANIBWA

Ng'osinziira ku bujjajja obw'omubiri, Yesu yazaalibwa nga omuyudaaya. Yasooka najja nga Kabaka eri abantu b'eBuyudaaya, naye ne bamugaana. Yabuuzibwa oba ye yali Kabaka eyali asuubirwa oba nedda (Matayo 27:11, Makko 15:2), yalamulwa olw'okubeera owa Sitaani so si owa Katonda (Matayo 12:25-28, Lukka 11:17-20). Olumu abantu baagezaako okutwala n'okufuula Yesu Kabaka olw'empaka kubanga yali tatandiseewo bwakabaka bulabika nga bwe baali baagala (Yokaana 6:15)

Gwali omulundi gumu abantu gwe baayagala Yesu okuba Kabaka. Wano we yajja mu Yerusaalemi omulundi gwe ogwasembayo (Matayo 21:1-9). Kyokka abantu bennyini abaali bamusuuta ku olwo nga Kabaka be baamwefuulira. Bangi ku baali bakaaba nti "Hosaana" ng'avugibwa okuyingira mu Yerusaalemi be baaleekaana nti "akomererwe" oluvannyuma lwe nnaku entono ddala. Baayisibwa bubi nga Yesu tamenyewo bufuzi bwa Baruumi nakutandikawo obwakabaka ku nsi obw'amaanyi. Abo abaali baagala okubajja mu bufuge bw'abagwira, baali banyiivu yesu bw'ataatandikawo bwakabaka ku nsi obulabibwa.

Yesu si ye yali Kabaka ab'aYudaaya gwe baatebereza. Teyasaanyawo bwakabaka bw'Abaruumi. Teyateekawo bwa Kabaka ku nsi obwali busuubirwa. Teyeeyisa nga bwe baali basuubira Kabaka bwe yali asaanidde okweyisa.

Kye bataamanya kyali nti nga Yesu tanaba kulaga bukulu bwe obw'okungulu, yalina kusooka kufuga kigo kya mutima gwa muntu. Eky'etaago ky'Abayudaaya ekyali ekikulu tekwali kusumululwa kuva ku Baruumi nga okuteebwa okuva mu busibe bwe kibi. Ekisumuluzo ky'obwakabaka bwa Yesu kwali kumenya, so si nkyukakyuka (Osobola okweyongera okuyiga ku kino mu ssuula eddako)

Sitaani yakema Yesu okusobola okuteekawo obwakabaka obulabibwa ku nsi (Matayo 4:8, Lukka 4:5). Okutuuka ku nkomerero y'obuweereza bwa Yesu ku nsi, abayigirizwa nabo baayaayaanira obwakabaka obwo kunsi (Ebikolwa 1:6). Naye obwakabaka bwa Katonda bwali tebuyinza kuteekebwawo mu kiseera kino mu ngeri erabibwako. Yesu yagamba;

> **Yesu n'addamu nti, "Obwakabaka bwange si bwa mu nsi muno. Singa bubadde bwa mu nsi eno abaweereza bange bandirwanye ne siweebwayo mu Bayudaaya. Naye obwakabaka bwange si bwa mu nsi muno. (Yokaana 18:36)**

N'olwekyo Kabaka wa bakabaka yagaanibwa abantu be bennyini.

> **Yajja eri abantu be, naye abantu be ne batamusembeza. (Yokaana 1:11)**

Abantu batono nnyo abaakitegeera nti Yesu yali Kabaka. Nasanayiri, omu ku bayigirizwa be yali omu ku bbo:

> **Nassanayiri n'amuddamu nti, "Labbi, oli Mwana wa Katonda, gwe Kabaka wa Isirayiri! (Yokaana 1:49)**

Naye eri abatono abakkiriza nti Yesu yali Kabaka, waaliwo enkolagana ey'enjawulo eyateekebwawo gye bali.

> **Naye bonna abaamusembeza, yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda; be bo abakkiriza erinnya lye. (Yokaana 1:12)**

Obulamu bwonna butambulizibwa ku nkolagana. Ky'omanyi si kye kisinga obukulu, wabula oyo gw'omanyi. Si ebyo bye tumanyi ku Baibuli n'obukristaayo nti by'ebikakasa okuyingira kwaffe mu bwakabaka bwa Katonda, wabula kiba oyo gwe tumanyi. Oteekwa okumanya Kabaka wa bakabaka. Mu ssuula eyookuna, "Ebisumuluzo by'obwakabaka," ojja kuyiga ku ngeri gy'oyinza era ne bw'okuuma obutuuze bwo mu bwakabaka bwa Katonda.

## OKUFA KWA KABAKA.

Omuntu ajjudde ekibi yali tayinza kuyingira bwakabaka bwa Katonda. Obwakabaka bwa Katonda bwali bwa njawulo ku bwakabka obulala bwonna. Bwali bwakabaka obutuukirivu. Okuyita mu kufa kwa Kabaka Yesu, ekkubo ly'okuyingira mu bwakabaka lyassibwawo eri abantu bonna. Yesu talina kyeyakola kyamugwanyiza kufa. Teyayonoona, naye yafa ku lw'abo abaali baayonoona. Yasasula omutango gw'okufa ku lw'ebibi byabwe.

> **Empeera y'ekibi kwe kufa, naye ekirabo kya Katonda, bwe bulamu obutaggwaawo mu Yesu Kristo Mukama waffe. (Abaruumi 6:23)**

Osobola okusoma ku kufa kwa Kabaka Yesu mu Matayo 26-27, Makko 14-15, Lukka 22-23 ne Yokaana 18-19.

## OKUZUUKIRA KWA KABAKA.

Oluvannyuma lw'okufa kwe ng'akomererwa, Kabaka yaziikibwa naye teyasigalayo mu ntaana. Osobola okusoma ku kuzuukira kwe okwekyamagero mu; Matayo 28, Makko 16, Lukka 24, ne Yokaana 20.

Okuyita mu kuzuukira kwe okuva mu bafu, Yesu yafuna obuwanguzi ku kufa okw'omubiri. Ab abafuuka ekitundu ku bwakabaka bwa Katonda bayinza okusisinkana okufa kw'omubiri nga Yesu bwe yali, naye era bajja kufuna okuzzukizibwa okuva mu bafu nga ne Yesu bwe yakola. Kubanga Yesu waffe wa lubeerera, tuli kitundu ku bwakabaka obutaggwaawo era tulina obulamu obutaggwaawo.

**OKULABIKAKO KWA KABAKA.**

Oluvannyuma lw'okuzuukira okuva mu bafu, Kabaka Yesu yalabikako eri abantu bangi. Osobola okusoma ku byeyayitamu mu Matayo 28, Makko 16, Lukka 24, Yokaana 20-21, ne Ebikolwa 1.

**KABAKA ADDAYO MU GGULU.**

Oluvannyuma lwa Yesu okweraga eri abantu bangi ngazuukidde mu nnaku amakumi ana, yaddayo mu ggulu. Ajja kusigalayo okutuusa ebiseera bye eby'okudda atandikewo obwakabaka bwa Katonda obulabibwa mu ngeri ey'enkomeredde. Ojja kweyongera okuyiga ku kino mu ssuula eddako nga bw'osoma eby'ayita, ebiriwo, n'ebirijja eby'obwakabaka bwa Katonda. Osobola okusoma ku kuddayo kwa Yesu mu ggulu mu Matayo 28:16-20, Makko 16:19-20, Lukka 24:50-53, ne Ebikolwa 1:1-11.

**OMULIMU GWA KABAKA.**

Nga tanadda mu Ggulu, Yesu yawa abagoberezi be omulimu omukulu ogw'okuba ababaka b'obwakabaka okwetoloola ensi yonna. Ojja kwongera okuyiga ku mulimu guno oluvannyuma.

**AMADDA GA KABAKA .**

Baibuli ekiraga nti Yesu ajja kudda ku nsi mu maanyi n'ekitiibwa okutandikawo obwakabaka obulabibwako mu ngeri ey'enkomeredde. Osobola okusoma ku kudda kwe mu 1 Abasessalonika 4:13-18. Osobola okusoma ku kutandika kw'obwakabaka n'ebiribaamu nga bwe biri mu kitabo ky'okubikkulirwa. Baibuli eraga nti obwakabaka bwa Yesu bujja kuba nga tebuggwaawo.

> **Alifuga ennyumba ya Yakobo emirembe gyonna, era n'obwakabaka bwe tebulikoma. (Lukka 1:33)**

Buli bwakabaka ku nsi n'obwakabaka bwa Sitaani bujja kuba nga buwanguddwa obw'oyo Kabaka wa bakabaka. Ku nkomerero kijja kulangirirwa nti;

> **Awo malayika ow'omusanvu n'afuuwa ekkondeere lye, ne wabaawo oluyoogaano olunene ennyo mu ggulu nga lugamba nti, "Obwakabaka bw'ensi eno kati bufuuse bwa Mukama waffe ne Kristo we, era anaafuganga emirembe n'emirembe. (Okubikkulirwa 11:15)**

**WEEYONGEREYO OSOME.**

Emboozi ku Kabaka wa bakabaka y'amaanyi nnyo okuba ng'eteekebwa mu ssuula obusuula ey'ekitabo kino. Mu kitundu ekya; "okweyongera okusoma" eky'essuula eno kikwongera omukisa gw'okuyiga ku bulamu bwa Kristo mu bulambulukufu okuyita mu biragibwa mu bitabo bya; Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana.

**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Nnyonnyola ekigambo "Kabaka"
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ani kabaka w'obwakabaka bwa Katonda?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Bitabo ki eby'endagaano empya ebyogera ku bulamu, obuweereza n'enjigiriza ya Kabaka Yesu ng'ali mu nsi?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu kuby'okwegezaamu bino bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.)

**OKWEYONGERA OKUSOMA.**

Soma ku bulamu bwa Kabaka ne by'ayigiriza mu bwakabaka ng'okozesa ebikuwereddwa wammanga. Ebikuwereddwa bitwalidde wamu ebitabo by'endagaano empya ebya; Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana.

Kabaka n'obwakabaka bwe.

1. Nga Kabaka tannabaawo. Yokaana 1:1-18
2. Okwanjula kwa Kabaka

   (A). Okutuuka kwa Kabaka.

   i. Olulyo lwa Kabaka: Matayo 1:1-17, Lukka 3:23-38

   ii. Okutuuka kwa Kabaka:

   (a) Okulanga okuzaalibwa kwa Yokaana: Lukka 1:5-25

   (b) Okulanga eri Mariamu ku kuzaalibwa kwa Yesu: Lukka 1:26-38

   (c) Okutuuka kwa Mariamu e Buyudaaya: Lukka 1:339-45

   (d) Okutendereza kwa Mariamu: Lukka 1:46-56

   (e) Okuzaalibwa kwa Yokaana: Lukka 1:57-80

   (f) Okulanga kw'okuzaalibwa kwa Yesu eri Yozefu: Matayo 1:18-25

   (g) Okuzaalibwa kwa Yesu Kabaka: Lukka 2:1-7

   (h) Okulanga kw'okuzaalibwa kwa Yesu eri abasumba: Lukka 2:8-20

Obuwere n'obuto bwa Kabaka:

(a) Okukomolebwa kwa Kabaka: Lukka 2:21

(b) Okulagibwa kwa Kabaka: Lukka 2:22-38

(c) Obuwere bwa Kabaka:

- Mu Beserekemu: Matayo 2:1-12
- Mu Missiri: Matayo 2:13-18
- Mu Nazaresi: Matayo 2:19-23, Lukka 2:39

(d) Obuto bwa Kabaka.

- Okukula kwa Kabaka: Lukka 2:40
- Kabaka akyalira Yerusaleemi: Lukka 2:41-50
- Okukulakulana kwa Kabaka: Lukka 2:51-52

Eyasookayo Kabaka: Yokaana omubatiza.

(a) Obubaka eri Yokaana: Makko 1:1, Lukka 3:1-2

(b) Obubaka bwa Yokaana: Matayo 3:1-6, Makko 1:2-6, Lukka 3:3-6

(c) Okunnyonnyola kwa Yokaana: Matayo 3:11-12, Makko 7-8, Lukka 3:15-18

3. Okukakasibwa kwa Kabaka.

(A). Okukakasibwa kwa Kabaka.

(a). Ku kubatizibwa kwe: Matayo 3:13-17, Makko 1:9-11, Lukka 3:21-23

(b). Ku kukemebwa kwe: Matayo 4:1-11, Makko 1:12-13, Lukka 4:1-13

(c). Eyamusookayo: Yokaana.

- Okujulira kwa Yokaana eri abakulembeze: Yokaana 1:19-28

- Okujulira kwa Yokaana eri Yesu: Yokaana 1:29-34.

(B). Okukirizibwa kwa Kabaka.

(a). Okukkiriza kw'abayigirizwa abaasooka: Yokaana 1:35-51.

(b). Okukkiriza okwava mu ky'amagero ekyasooka: Yokaana 2:1-12

(c). Obwanannyini ku kkanisa: Yokaana 2:13-22

(d). Okukkirizibwa e Buyudaaya: Yokaana 2:23-36

(e). Okujulira kwa Yokaana: Yokaana 3:23-36

(f). Mu Zebuluuni/Nafutaali: Matayo 4:12, Makko 1:14, Lukka 3:19-20, 4:14, Yokaana 4:1-4

(g). Okukkirizibwa mu Samariya: Yokaana 4:5-42

(h). Okukkirizibwa mu Galiraaya: Yokaana 4:43-45

Obuyinza bwa Kabaka.

(1) Obuyinza bwe okubuulira: Matayo 4:17, Makko 1:15, Lukka 4:14-15
(2) Obuyinza bwe ku ndwadde: Yokaana 4:46-54
(3) Okugaanibwa kw'obuyinza bwe mu Nazaareesi: Lukka 4:16-30
(4) Obutuuze mu Kaperenawumu: Matayo 4:13-16
(5) Obuyinza bwe ku butonde: Matayo 4:18-22, Makko 1:16-20, Lukka 5:1-11
(6) Obuyinza bwe ku zi ddayimooni: Makko 1:21-28, Lukka 4:31-37
(7) Obuyinza ku ndwadde: Matayo 8:14-17, Makko 1:29-34, Lukka 4:38-41
(8) Obuyinza okubuulira: Matayo 4:23-25, Makko 1:35-39, Lukka 4:42-44
(9) Obuyinza ku butali bulongoofu: Matayo 8:1-4, Makko 1:1-12, Lukka 5:12-26
(10) Obuyinza bwe ku kusonyiyibwa kw'ebibi: Matayo 9:1-8, Makko 2:1-12, Lukka 5:17-26
(11) Obuyinza bwe ku bantu: Matayo 9:9-13, Makko 2:13-17, Lukka 5:27-32
(12) Obuyinza ku buwangwa: Matayo 9:14-17, Makko 2:18-22, Lukka 5:33-39
(13) Obuyinza bwe ku Ssabbiiti;
- Ng'awonya omusajja omulwadde: Yokaana 5:1-47
- Ng'awakana ku lw'emigaati: Matayo 12:9-14, Makko 2:23-28, Lukka 6:1-5
- Ng'awonya omukono ogukaze: Matayo 12:9-14, Makko 3:1-6, Lukka 6:6-11

(14) Obuyinza bwe ku kuwonya: Matayo 12:15-21, Makko 3:7-12
(15) Obuyinza bwe okuwa emirimu: Makko 3:13-19, Lukka 6:12-16
(16) Obuyinza bwe mu kutaputa amateeka: Matayo 5:1-7, Lukka 6:17-42
    (a) Ye kutuukiriza: Matayo 5:17-20
    (b) Agaana okutaputa amateeka mu ngeri ey'edda:
- Obutemu: Matayo 5:21-26
- Obwenzi: Matayo 5:27-30
- Okwawukana: Matayo 5:31-32

- Okulayira: Matayo 5:33-37
- Okuwoolera: Matayo 5:38-42
- Okwagala: Matayo 5:43-48, Lukka 6:27-30, 32-36
  (c) Okugaana enkola y'ekifirisaayo:
- Okuwaayo: Matayo 6:1-4
- Okusaba: Matayo 6:5-15
- Okusiiba: Matayo 6:16-18
- Endowooza eri obuggagga: Matayo 6:19-24
- Okusala omusango: Matayo 7:1-6, Lukka 6:37-42
  (d) Ekiragiro eri abaliyingira obwakabaka.
- Okusaba: Matayo 7:7-11
- Obutuukirivu: Matayo 7:12, Lukka 6:31, 43-45
- Omulyango omuyitibwa: Matayo 7:13-14
- Okulabula ku basomesa abalimba: Matayo 7:15-23
- Emisingi ebiri: Matayo 7:24, 8:1, Lukka 6:46-49

(17) Okumanya obuyinza bwa Kabaka mu Kaperenawumu: Matayo 8:5-13, Lukka 7:1-10
(18) Okumanya obuyinza bwa Katonda mu Nayini: Lukka 7:11-17
(19) Okulaba ekkumi n'ababiri ab'obwakabaka: Matayo 9:35, 11:1, Makko 6:6-13, Lukka 9:1-6

Okukaayana ku Kabaka:

(A) Okugaanibwa kwa Yokaana: Matayo 11:2-19, Lukka 7:18-35
- Okufa kwa Yokaana: Matayo 14:1-12, Makko 6:14-29, Lukka 9:7-9

(B) Ekikolimo ku bibuga bye Galiraaya: Matayo 11:20-30
- Okunenyezebwa olw'obutakkiriza bwabwe: Matayo 11:20-24
- Okunnyonnyola kw'obutakkiriza bwabwe: Matayo 11:25-27
- Okuyitibwa eri okukkiriza: Matayo 11:28-30

(C) Okukaayana ku mwononyi: Lukka 7:36-50
(D) Okujulira ku Kabaka: Lukka 8:1-3
(E) Abakulembeze bagaana Kabaka: Matayo 12:22-37, Makko 3:19-30
(F) Abakulembeze basaba Kabaka akabonero: Matayo 12:38-45
(G) Okugaanibwa kw'eggwanga: Matayo 12:46-50, Makko 3:31-35, Lukka 8:19-21
(H) Okubikkulirwa ku Kabaka eyagaanibwa;
- Obwakabaka obuliwo: Matayo 13:1-53, Makko 4:1-34, Lukka 8:4-18
- Obuyinza ku butonde: Matayo 8:18, 23-27, Makko 4:35-41, Lukka 8:22-25
- Amaanyi ku zi ddayimooni: Matayo 8:28-34, Makko 5:1-20, Lukka 8:26-39.
- Amaanyi ku birwadde/okufa: Matayo 9:18-26, Makko 5:21-43, Lukka 8:40-56
- Amaanyi eri obuzibe: Matayo 9:27-34

Okugaanibwa mu Nazaareesi: Matayo 13:54-58, Makko 6:1-6

Ekiragiro kya Kabaka eri abayigirizwa;

(A) Okuliisa enkumi ettaano: Matayo 14:13-21, Makko 6:30-44, Lukka 9:10-17, Yokaana 6:1-13
(B) Agaana omukisa gw'okufuulibwa Kabaka: Matayo 14:22-23, Makko 6:45-46, Yokaana 6:14-15
(C) Ekiragiro ky'ekyokulabirako mu Genesareeti: Matayo 14:34-36, Makko 6:53-56.
(D) Ekiragiro ekikwata ku mugaati ogw'obulamu: Yokaana 6:22-71
(E) Ekiragiro ekikwata ku butali bulongoofu: Matayo 5:1-20, Makko 7:1-23, Yokaana 7:1
(F) Ekiragiro mu:
- Ttuulo ne Sidoni: Matayo 15:21-28, Makko 7:24-30
- Dekapolisi: Matayo 15:29-38, Makko 7:31, 8:9
- Magadani: Matayo 15:39, 16:4, Makko 8:13-26
- Okulabula eri okugaanibwa: Matayo 16:5-12, Makko 8:13-26
(G) Okwatula kwa Peetero: Matayo 16:13-20, Makko 8:27-30, Lukka 9:18-21
(H) Ekiragiro ku kufa kwa Kabaka: Matayo 16:21, 17:22-23, Makko 8:31-33, 9:30-32, Lukka 9:22, 43-45
(I) Ekikwata ku buyigirizwa: Matayo 16:22-28, Makko 8:34, 9:1, Lukka 9:23-27
(J) Okubikkulirwa obwakabaka: Matayo 17:1-8, Makko 9:2-8, Lukka 9:28-36
(K) Ekiragiro ekikwata ku Eriya: Matayo 17:9-13, Makko 9:9-13
(L) Ekikwata ku kubeerwa: Matayo 17:14-21, Makko 9:2-8, Lukka 9:37-43
(M) Ekikwata ku butabani: Matayo 17:24-27
(N) Obukkakkamu: Matayo 18:1-5, Makko 9:33-37, Lukka 9:46-48
(O) Amalala: Matayo 18:6-14, Makko 9:38-50, Lukka 9:49-50
(P) Okusonyiyibwa: Matayo 18:15-35
(Q) Obuyigirizwa: Matayo 8:19-22, Lukka 9:57-62
(R) Ekizibu n'aboluganda lwa Kabaka: Yokaana 7:2-9
(S) Olugendo lwe Yerusalemi: Lukka 9:51-56, Yokaana 7:10

Okuwakanyizibwa kwa Kabaka.

(A) Akavuyo ku mbaga y'omunsiisira
- Obuyinza bwa Kabaka bwebuuzibwa: Yokaana 7:11-15
- Okunnyonnyolwa okwa Kabaka: Yokaana 7:16-24
- Kabaka ng'omuntu abuuzibwa: Yokaana 7:25-27
- Okunnyonnyolwa kwa Kabaka: Yokaana 7:28-30
- Okuddibwamu: Yokaana 7:31-36
- Okuyitibwa okuva ewa Kabaka: Yokaana 7:37-52
(B) Olutalo ku tteeka: Yokaana 7:53, 8:11
(C) Olutalo ku kitangaala: Yokaana 8:12-20
(D) Olutalo ku muntu nga Kabaka: Yokaana 8:21-59
(E) Olutalo ku kuwonyezebwa kw'omuzibe: Yokaana 9:1-43
(F) Olutalo ku Musumba: Yokaana 10:1-21
(G) Okulabibwa kw'abo omusanvu: Lukka 10:1-24
(H) Olutalo ku kibuuzo ky'obulamu obutaggwaawo: Lukka 10:25-37
(I) Olutalo ku mbaga y'okwewaayo: Yokaana 10:22-39

(J) Olutalo ku kuwonyezebwa kw'eyaziba omumwa: Lukka 11:14-36
(K) Olutalo ku bikolebwa mu bwangwa: Lukka 11:37-54

Ekiragiro ky'abayigirizwa okuva ewa Kabaka:

(A) Eky'okulabirako ky'okuŋŋaana: Lukka 10:38-42
(B) Ekiragiro mu kusaba: Lukka 11:1-13
(C) Ennono z'obwakabaka ezikwata ku;
- Obunnanfuusi: Lukka 12:1-12
- Okweyagaliza wekka: Lukka 12:13-34
- Okwegendereza: Lukka 12:35-41
- Obwesigwa: Lukka 12:42-48
- Ebiva mu kujja kwa kabaka: Lukka 12:49-53
- Obubonero bw'ebiseera: Lukka 12:54-59
- Okwenenya: Lukka 13:1-9
- Ekyetaago kya Yisirayiri: Lukka 13:10-17
- Enteekateeka y'obwakabaka: Lukka 13:18-21
(D) Okuva mu Buyudaaya: Yokaana 10:40-42
(E) Ekiragiro ekikwata ku kuyingira obwakabaka: Lukka 13:22-35
(F) Ekiragiro ku nju y'abafarisaayo: Lukka 14:1-24
(G) Ekiragiro ku nnono z'obwakabaka ezikwata ku;
- Buyigirizwa: Lukka 16:1-30
- Katonda bw'atwala abonoonyi: Lukka 15:1-32
- Obugagga: Lukka 16:1-31
- Okusonyiyibwa: Lukka 17:1-6
- Okuweereza: Lukka 17:7-10
(H) Okuzuukizibwa kwa Lazaaro:
- Ekyamagero: Yokaana 11:1-44
- Olutalo ku kyamagero: Yokaana 11:45-54
(I) Ekiragiro ku nnono z'obwakabaka ezikwata ku;
- Okwebaza: Lukka 17:11-19
- Okujja kwa Kabaka: Lukka 17:20-37
- Essaala: Lukka 18:1-14
- Okwawukana: Matayo 19:1-12, Makko 10:1-12
- Okuyingira mu bwakabaka: Matayo 19:13-15, Makko 10:17-31, Lukka 18:31-34
- Yisirayiri: Matayo 20:29-34, Makko 10:46-53, Lukka 18:35-43
- Okukkiriza kw'omuntu: Lukka 19:1-10
- Obwakabaka obwayongerwayo: Lukka 19:11-28

Okulagibwa kwa Kabaka.

(A) Kabaka atuuka e Besaniya: Yokaana 11:55, 12:1, 9-11

(B) Okuyingira mu Yerusaalemi: Matayo 21:1-11, 14-17, Makko 11:1-11, Lukka 19:29-44, Yokaana 12:12-19
(C) Obuyinza bwa Kabaka: Matayo 21:12-13, 18-19, Makko 11:12-18, Lukka 19:45-48
(D) Okuyitibwa Kabaka: Yokaana 12:20-50
(E) Okukakasa kw'obuyinza: Matayo 21:20-22, Makko 11:19-25, Lukka 21:37-38
(F) Obuyinza bwa Kabaka busoomoozebwa;
- Bakabona n'abakadde: okugaanibwa kwa Kabaka: Matayo 21:23, 22:14, Makko 11:27, 12:12, Lukka 20:1-19
- Abafarisaayo ne Bakeerodde: ennono z'obwakabaka ezikwata ku musolo; Matayo 22:15-22, Makko 12:13-37, Lukka 20:20-26
- Okwa Baseddukaayo: Ennono z'obwakabaka ku kuzuukira: Matayo 22:23-33, Makko 12:18-27, Lukka 20:27-40
- Okw'Abafarisaayo: Etteeka erisinga obukulu mu bwakabaka: Matayo 22:34-40, Makko 12:28-34
(G) Okusoomozebwa kabaka: Matayo 22:41-42, Makko 12:35-37, Lukka 20:41-44
(H) Ennono z'okulamulwa: Matayo 23:1-39, Makko 12:38-40, Lukka 20:45-47
(I) Ennono z'obwakabaka ez'okuwaayo: Makko 12:41-44, Lukka 21:1-4

Enteekateeka y'okufa kwa Kabaka:

(A) Okuteeberezebwa Kabaka:
- Ekibuuzo: Matayo 24:1-3
- Okutulugunyizibwa: Matayo 24:27:30
- Okudda omulundi ogw'okubiri: Matayo 4:27-30
- Okuddamu okuŋɑaanya Isirayiri: Matayo 24:31
- Engero z'enkomerero;
  Omuti omutiini: Matayo 24:32-44
  Omuddu omwesigwa: Matayo 24:45-51
  Abawala ekkumi: Matayo 25:1-13
  Talanta: Matayo 25:14-30
- Okulamulwa kw'abanamawanga: Matayo 25:31-46

(B) Okutegeka okufa kwa Kabaka:
- Okuteebereza okufa kwe: Matayo 26:1-2, Makko 14:1, Lukka 22:1
- Enteekateeka y'abafuzi: Matayo 26:3-5, Makko 14:1-2, Lukka 22:2
- Okuyiibwako amafuta: Matayo 26:6-13, Makko 14:3-9, Yokaana 12:2-8
- Okusuubiza ku lukwe: Matayo 26:17-19, Makko 14:10-11, Lukka 22:3-6
- Okutegeka okuyitako: Matayo 26:17-19, Makko 14:12-16, Lukka 22:7-13
- Okuyitako: Matayo 26:20, Makko 14:17, Lukka 22:14-16, 24-30
- Okuwa eky'okulabirako: Yokaana 13:1-20
- Okuteebereza Yuda okulyamu olukwe: Matayo 26:21-25, Makko 14:18-21-23, Yokaana 13:21-30
- Okuteebereza kw'okugaanibwa kwa Peetero: Matayo 26:31-35, Makko 14:27-31, Lukka 22:31-38, Yokaana 13:37-38
- Ekijjukizo: Matayo 26:26-30, Makko 14:22-26, Lukka 22:17-20

(C) Obubaka bwa Kabaka obusembayo;

- Ennyanjula: Yokaana 15:1-17
- Ebizibu: Yokaana 13:36, 14:24
- Ebisuubizo: Yokaana 14:25-31
- Ekiragiro ku;
  Okubala ebibala: Yokaana 15:1-17
  Abalabe b'abayigirizwa: Yokaana 15:18, 16:4
  Obuweereza bw'omwoyo omutukuvu: Yokaana 16:5-15
  Ebiva mu kuzuukira: Yokaana 16:16-28
  Okufundikira: Yokaana 16:29-33

(D) Essaala za Kabaka ezisembayo:

- Essaala ye ku lulwe: Yokaana 17:1-5
- Essaala ye eri abayigirizwa be: Yokaana 17:6-19
- Essaala ye eri abakkiriza bonna: Yokaana 17:20-26

(E) Essaala y'ennimiro: Matayo 26:36-46, Makko 14:32-42, Lukka 22:39-46, Yokaana 18:1

Okufa kwa Kabaka.

(A) Okukwatibwa: Matayo 26:47-56, Makko 14:43-52, Lukka 22:47-53, Yokaana 18:2-12

(B) Okugezesebwa bannaddiini eri Kabaka;

- Okubuuzibwa mu maaso ga Annasi: Yokaana 18:12-14, 19-23
- Okubuuzibwa mu maaso ga Kayafasi: Matayo 26:57, 59-68, Makko 14:53, 55-56, Lukka 22:54, 63-65, Yokaana 18:24
- Peetero okumwegaana: Matayo 26:58, 69-75, Makko 14:54, 66-72, Lukka 22:54-62, Yokaana 18:15-18, 25-27
- Okusalawo kwa bakabona abakulu: Matayo 27:1, Makko 15:1, Lukka 22:66-71
- Okufa kwa Yuda: Matayo 27:3-10

(C) Okugezesebwa kwa Kabaka.

- Okugezesebwa mu maaso ga Pilaato: Matayo 27:2, 11-14, Makko 15:2-5, Lukka 3:1-5, Yokaana 18:28-30
- Okugezesebwa mu maaso ga Kerodde: Lukka 23:6-12
- Okugezesebwa mu maaso ga Pilaato: Matayo 27:15-26, Makko 15:6-19, Yokaana 19:2-3

(D) Olugendo lwe Kalivariyo: Matayo 27:31-34, Makko 15:16-19, Yokaana 19:16-19

(E) Okukomererwa kwa Kabaka.

- Essaawa essatu ezasooka: Matayo 27:35-44, Makko 15:24-32, Lukka 23:33-43, Yokaana 19:18-27
- Essaawa essatu ezaddako: Matayo 27:45-50, Makko 15:33-37, Lukka 23:45, 47-49

(F) Okuziikibwa kwa Kabaka: Matayo 27:57-60, Makko 15:42-47, Lukka 23:50-56, Yokaana 19:31-42

(G) Okuggalwa kw’entaana ya Kabaka: Matayo 27:62-66

Okuzuukira kwa Kabaka.

(A) Okuteekebwatekebwa kw’abakazi: Matayo 28:1, Makko 16:1
(B) Okweggula kw’entaana: Matayo 28:2-4
(C) Okukyalira kw’abakazi: Matayo 28:5-8, Makko 16:2-8, Lukka 24:1-8, Yokaana 20:1
(D) Alipoota eri abayigirizwa: Lukka 24:9-12, Yokaana 20:2-10
(E) Kabaka alabikira Mariam: Makko 16:9-11, Yokaana 20:11-18
(F) Kabaka alabikira abakyala: Matayo 28:9-10
(G) Alipoota y’abakuumi: Matayo 28:11-15
(H) Okulabikirwa eri abayigirizwa abaali ku luguudo lwe Emmawusi: Makko 16:12-13, Lukka 24:13-32
(I) Alipoota y’abayigirizwa ababiri: Lukka 24:33-35
(J) Okulabikako kwa Kabaka eri abayigirizwa ekkumi n’omu: Yokaana 20:26-31
(K) Okulabikako eri abayigirizwa omusanvu: Yokaana 21:1-25

Okutumibwa kwa Kabaka: Matayo 28:16-20, Makko 16:15-18, Lukka 24:44-49

Kabaka addayo mu ggulu. Okuddayo kwe mu ggulu: Makko 16:19-20, Lukka 24:50-53

# ESSUULA EYOOKUSATU.

## OBWAKABAKA: OBWAYITA, OBULIWO, OBULIJJA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okwolesa okutegeera kw'obwakabaka bwa Katonda obwayita.
- Okwolesa okutegeera kw'obwakabaka bwa Katonda obuliwo.
- Okwolesa okutegeera kw'obwakabaka bwa Katonda obulijja.
- Okuleeta eby'enkizo ebituufu ku bwakabaka bwa Katonda.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Awo Kabaka n'alyoka agamba abali ku mukono gwe ogwa ddyo nti, 'Mujje mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutondebwa kw'ensi. (Matayo 25:34)**

### ENNYANJULA

Essuula ewedde etwanjulidde obwakabaka bwa Katonda n'omufuzi waabwo, Yesu Kristo. Essuula etulaga ku byayita, ebiriwo, n'ebirijja eby'obwakabaka bwa Katonda. Era eraga n'ebintu eby'enkizo ebituufu ku bwakabaka.

Waliwo omulamwa omukulu ogugatta endagaano enkadde n'empya eza Baibuli. Omulamwa ogwo gwe gw'obwakabaka bwa Katonda ne Kabaka. Ebyogerwa ebya; "Obwakabaka bwa Katonda," "n'obwakabaka obw'eggulu" tebyeyolekera mu ndagaano nkadde. Bino bikozesebwa mu ndagaano mpya. Naye nga bw'onazuula ng'osomye ku byayita eby'obwakabaka bwa Katonda, emisingi gyabwo gy'ateekebwa mu biro eby'endagaano enkadde. Ebiriwo n'ebirijja eby'obwakabaka byazimbibwa ku misingi gino egy'endagaano enkadde.

### OBWAKABAKA OBWAYITA: ENDAGAANO ENKADDE

Obwakabaka bwa Katonda bwa lubeerera. Kino kitegeeza nti bulijjo weebuli, era bulibaawo.

> **Obwakabaka bwo, bwakabaka bwa lubeerera, n'obufuzi bwo bwa mirembe na mirembe. Mukama by'ayogera byonna bya bwesigwa, n'ebikolwa bye bijjudde okusaasira. (Zabuli 145:13)**

Obwakabaka bwa Katonda bwasooka kubeera mu ggulu. Katonda bwe yatonda ensi, bwatyo n'ayagala obwakabaka bwe obwomu ggulu bweyongere ku nsi gye yali atonze.

### OMUNTU EYALONDEBWA.

Okutuukiriza okwagala kuno, Katonda yatonda okubeerawo okutuukiridde nga kwongerezebwa ku bwakabaka bwe. Mu lusuku Edeni mwe yatondera omusajja n'omukazi abaali ab'okwekubisaamu era

bajjuze n’ensi. Nga bayita mu ngeri eno ey’okuzaala, bwe baalina okugaziya obwakabaka okwetooloola ensi yonna.

Okutondebwa kw’ensi kwatandikawo okuteekateeka kw’obwakabaka bwe omuntu asobole okubusikira.

> **Awo Kabaka n’alyoka agamba abali ku mukono gwe ogwa ddyo nti, ‘Mujje mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutondebwa kw’ensi. (Matayo 25:34)**

Omusajja n’omukazi abaasooka, Adamu ne Kaawa, baaweebwa obuyinza eri byonna ebiri mu bwakabaka bwa Katonda obw’okunsi.

> **Awo Katonda n’agamba nti, “Tukole omuntu mu kifaananyi kyaffe mu ngeri yaffe. Bafugenga ebyennyanja eby’omu nnyanja, n’ebinyonyi eby’omu bbanga, n’ensolo zonna, n’ensi yonna, era bafugenga na buli ekyewalulira ku nsi kyonna.”**
>
> **Bw’atyo Katonda n’atonda omuntu mu kifaananyi kye, mu kifaananyi kya Katonda mwe yamutondera; n’abatonda omusajja n’omukazi.**
>
> **Katonda n’abawa omukisa, n’abagamba nti, “Mwale mujjuze ensi, mugifugenga. Mufugenga ebyennyanja ebiri mu nnyanja, n’ebinyonyi eby’omu bbanga na buli kiramu ekitambula ku nsi.” (Oluberyeberye 1:26-28)**

Katonda teyayagala kukozesa bantu ng’abakase bukasi mu bwakabaka bwe obwo ku nsi. Yayagala omuntu okuba mu bwakabaka bwa Katonda yeeyagalidde. Era ky’ava akola etteeka mu bwakabaka obupya. Etteeka lyali ku ddembe ery’okwesalirawo. Okusalawo kuno kwe kwali kuyinza okulaga oba omuntu wa kusigala okubeera mu bwakabaka bwa Katonda oba nedda.

> **Mukama Katonda n’alagira omuntu nti, “Emiti gyonna egy’omu nnimiro olyangako.**
>
> **Naye omuti ogw’okumanya ekirungi n’ekibi ogwo togulyangako, kubanga lw’oligulyako tolirema kufa. (Oluberyeberye 2:16-17)**

Mu luberyeberye essuula eyookusatu, osobola okusoma emboozi ekwata ku kusalawo okukyamu okwakolebwa Adamu ne Kaawa.

Adamu ne Kaawa boonoonye, baafiirwa obusika bwabwe mu bwakabaka bwa Katonda. Baafiirwa obulamu obutaggwaawo n’ekifo ky’obwakabaka ekirungi.

Olw’ekibi, waliwo ebikolimo ebyajja eri Sitaani, ensi, n’omuntu. Osobola okusoma ku bikolimo bino mu oluberyeberye 3. Ensi yali tekyali kifo kituukiridde, kwali kwongerayo kwa bwakabaka bwa bw’eggulu obutaliimu lufunyiro. Omusajja yali takyalina buyinza eri ensi, era yali ayawuliddwa ku kubeerawo kw’obwakabaka bwa Katonda olw’ekibi.

Katonda yali yeewaddeyo okwongerayo obwakabaka bwe ng’ayita mu muntu, naye obwakabaka bwali bwagaanibwa. Omuntu yafiirwa obusika bwe Katonda bwe yali yamutegekera okuva ku musingi gw’ensi era ne Sitaani n’atwala obuyinza obw’ensi. Naye mu kaseera kano akazibu mwe muvva ekisuubizo kya Katonda okuzzaawo obwakabaka bwa Katonda eri omuntu. Katonda yagamba Sitaani;

**Nteeka obulabe wakati wo n'omukazi, ne wakati w'ezzadde lyo n'ezzadde ly'omukazi; ezzadde lye linaakubetentanga omutwe, naawe onoolibojjanga ekisinziiro. (Oluberyeberye 3:15)**

Kino ky'ekyali ekisuubizo kya Katonda ekyasooka nti olumu alidda n'asaanyawo omulabe Sitaani. Okuva mu mubiri gw'omukyala Kabaka Yesu mwalijjira. Okuyita mu kufa kwe, omuntu mwalitukuzibwa okuva mu kibi, azaalibwe mu bwakabaka bwa Katonda, afune obulamu obutaggwaawo asabe n'obusikaabwe obwaddala.

**ABANTU ABAALONDEBWA.**

Oluvannyuma lw'okulemererwa kw'omuntu, Katonda yalonda eggwanga mw'anayita okwongerayo obwakabaka bwe eri ensi yonna. Katonda kyeyava alonda Ibulayimu ng'omusajja anaasibukamu eggwanga lino. Yakola ebisuubizo bingi eri eggwanga lino erya Yisirayiri n'omulimu gwabwe mu kwongerayo obwakabaka bwa Katonda eri ensi yonna. Osobola okusoma emboozi ya Ibulayimu n'ebisuubizo ebyamuweebwa wamu n'eri eggwanga lya Yisirayiri mu; Oluberyeberye 12 ne 25

Eggwanga lya Yisirayiri lyalondebwa olw'ensonga so si bamuwendo. Tebalondebwa lwakuba nti baali basinga ku b'amawanga amalala oba nti Katonda yali abaagala nnyo. Baalondebwa lwa buvunaanyizibwa obwo bwali bwa kwongerayo obwakabaka bwa Katonda okweetooloola ensi yonna. Katonda yawa amateeka g'obwakabaka eri eggwanga lya Yisirayiri. Amateeka mangi ku gano gaawandikibwa mu kitabo eky'Okuva.

Bakabaka b'ensi nabo baalondebwa okuyambako mu kufuga obwakabaka bwa Katonda. Buli kiseera ng'eggwanga lyonoona nga lidda eri bakatonda bakyamu. Osobola okusoma ku kulemererwa kuno mu kitabo Ky'Abalamuzi mu ndagaano enkadde.

Katonda yagerageranya eggwanga lya Yisirayiri ku Muzabbibu nga bwe guli mu nsi ey'omubiri. Yisirayiri erondedwa okubala "ebibala" eby'obwakabaka bwa Katonda. Katonda n'akomekkereza ng'agamba Yisirayiri;

> **Isirayiri yali muzabbibu ogwagaagadde, ogwabala ebibala byagwo. Ebibala bye gye byeyongera obungi, naye gye yeeyongera okuzimba ebyoto; n'ensi ye gye yeeyongera okuba engagga, gye yeeyongera okulungiya empagi ze.**
>
> **Omutima gwabwe mulimba, era ekiseera kituuse omusango gubasinge. Mukama alimenya ebyoto byabwe, era alizikiriza empagi zaabwe.**
>
> **Olwo balyogera nti, "Tetulina kabaka kubanga tetwatya Mukama. Naye ne bwe twandibadde ne kabaka, yanditukoleddeyo ki?" (Kozesa 10:1-3)**
>
> **Songa nnali nkusimbye ng'oli muzabbibu omulungi, ensigo eteriimu kikyamu n'akatono, naye ate lwaki oyonoonese n'ofuuka ng'omuzabbibu ogw'omu nsiko? (Yeremiya 2:21)**

Olw'okugaana kwabwe eri obwakabaka bwa Katonda era n'okulemererwa okutuukiriza obuvuunanyizibwa bwabwe obwokwongerayo obwakabaka buno, Yisirayiri yatuuka ne yeeyawulamu amawanga agakola Yisirayiri ne Yuda, ku nkomerero ya byonna amawanga gano gakkakkana gafugiddwa amawanga amalala.

Wadde nga Yisirayiri yali eremereddwa, Katonda yasuubiza nti lumu obwakabaka bwe bulizibwawo ne bulabikako era Yisirayiri eriba kitundu ku bwo. Katonda ng'ayita mu bannabbi, yawa ebisuubizo bingi ku

Kabaka n'obwakabaka bwa Katonda bwebuliba mu biseera eby'omumaaso. Ebisuubizo byaweebwa Daudi (2 Samwiri 7:16, Zabbuli 22:27-28, 72:1-11, 89:1-4, 96 ne 98). Eri Yeremiya (Yeremiya 3:17-18, 23:5-6, 31:31-34). Nnabbi Isaaya (Isaaya 2:2-5, 33:20-22, 35, 62:1-2, 65:17-25). Ebisuubizo ebyaweebwa Ezeekyeri (Ezeekyeri 26:25-30, 37:22-28), Yoweeri (Yoweeri 2:28, Zaakaliya (Zaakaliya 8:20-23, 12:10, 14:9-17), Amosi (Amosi 9:15) ne Mikka (Mikka 4). Waliyo n'ebisuubizo ebirala ebyayongerezebwa ku ebyo ebikwata ku bwakabaka bwa Katonda.

Eggwanga lya Yisirayiri lyalindirira Masiya eyali ow'okutuukiriza ebisuubizo bino. Baalindirira Kabaka eyali ow'okubasumulula mu bufuge bw'amawanga amalala. Baalindirira obwakabaka obwali busaanyeewo okuba nga buddizibwawo mu ngeri erabikako.

**OBWAKABAKA OBWAYITA: ENDAGAANO EMPYA.**

Waliwo olunyiriri olukulu oluyunga ebyaliwo mu bwakabaka obw'endagaano enkadde n'empya.

> **Yokaana Omubatiza bwe yali nga tannabuulira, amateeka n'obubaka bwa bannabbi byabuulirwa. Naye okuva olwo obwakabaka bwa Katonda bubuulirwa, ne buli muntu ayitibwa abuyingiremu mu bwangu ddala. (Lukka 16:16)**

Obwannabbi mu ndagaano enkadde butulengeza ku bwakabaka ne Kabaka agenda okujja. Endagaano empya yetuukiriza ebirengerwa bino. Etteeka ery'endagaano enkadde lyakola ng'omusingi gw'ennono z'endagaano empya, ezirifuga obulamu mu bwakabaka. Yesu bwe yajja teyaggyawo tteeka naye yalituukiriza okusobola okwongerayo ennono z'obwakabaka ku musingi guno.

Yokaana omubatiza bwe yayimusa eddoboozi lye n'alangirira mu ddungu "obwakabaka obw'omu ggulu busembedde," yakozesa ebigambo ebyali bimanyikiddwa ku lunaku lwe. Ebigambo bino byategeerebwa eggwanga lya Yisirayiri, olw'okusuubira obwakabaka obwasuubizibwa ne Kabaka waabwo okwokebwa ku mutima gwa buli mu Yudaaya.

> **Mu nnaku ezo Yokaana Omubatiza n'ajja ng'abuulira mu ddungu ly'e Buyudaaya ng'agamba nti, Mwenenye, kubanga obwakabaka obw'omu ggulu bunaatera okutuuka."**
>
> **Oyo nnabbi Isaaya gwe yayogerako ng'agamba nti, "Mpulira eddoboozi ly'oyo ayogerera waggulu mu ddungu ng'agamba nti, 'Mulongoose oluguudo lwa Mukama, muluŋŋamye amakubo ge! (Matayo 3:1-3)**

**OMUNTU EYALONDEBWA.**

Mu ndagaano enkadde, Katonda yalonda omusajja ow'okwongerayo obwakabaka bwe eri ensi yonna. Adamu yalemererwa okukola obuvunaanyizibwa buno. Mu ndagaano empya, Katonda yatuma omwana we, Yesu okwongera obwakabaka buno eri ensi. Yesu yatuukiriza obuvunaanyizibwa bwe yabufuula ekigendererwa ky'obulamu bwe n'obuweereza bwe ekikulu.

Oluuvannyuma lw'okukusibwa n'okuttibwa kwa Yokaana omubatiza, Yesu yatandika okugabanagako obubaka bw'obwakabaka.

> **Oluvannyuma nga Yokaana Omubatiza amaze okusibwa mu kkomera, Yesu n'ajja mu Ggaliraaya okubuulira Enjiri ya Katonda,**
>
> **Ng'agamba nti, "Ekiseera kituukiridde, n'obwakabaka bwa Katonda busembedde! Mwenenye mukkirize Enjiri. (Makko 1:14-15)**
>
> **Okuva mu kiseera ekyo Yesu n'atandika okubuulira nti, "Mwenenye, kubanga obwakabaka obw'omu ggulu busembedde. (Matayo 4:17)**

Ng'ali mu buweereza bwe ku nsi, Yesu yalondayo abasajja abaali abayigirizwa be. Yabalagira bulagizi okugenda babuulire nga bwe bagamba nti; "obwakabaka obw'omu ggulu busembedde." (Matayo 10:7). Ekigambo "busembedde" kitegeeza ki? Weetegereze ebigambo by'ebimu ne Yesu bye yakozesa mu bifo eby'enjawulo.

> **Muzuukuke! Musituke tugende! Laba, omuntu agenda okundyamu olukwe wuuli ajja! (Matayo 26:46)**

Yesu bwe yayogera nti oyo eyali agenda okumulyamu olukwe nti yali "asembedde," yategeeza nti omuntu oyo (Yuda) yali atuuse. Ekiseera eky'okulibwaamu olukwe kyali "kisembedde." Yesu bwe yagamba nti obwakabaka bwa Katonda bwali "busembedde" kyali kitegeeza nti obwakabaka bwa Katonda bwali butuuse. Yesu mu bulamu bwe bwonna yabeeranga ategeeza abantu ng'obwakabaka bwe bwali buzze, ng'asomesa ennono z'okubeera mu bwakabaka, n'okunnyonnyola engeri abasajja n'abakazzi bwe bandiyingidde mu bwakabaka bwa Katonda.

Newaakubadde obwakabaka bwa Katonda bwali buzze, tebwajja mu ngeri erabibwa n'amaaso.

**Awo Abafalisaayo ne babuuza Yesu nti, "Obwakabaka bwa Katonda bulijja ddi? Yesu n'abaddamu nti, Obwakabaka bwa Katonda tebulabika nga bujja,**

**Era abantu tebagenda kugamba nti, 'Laba buubuno wano,' oba nti, 'Buubuli wali,' kubanga obwakabaka bwa Katonda buli mu mmwe. (Lukka 17:20-21)**

Engero za Yesu ku bwakabaka zaabulaga ng'ensigo eyasimbibwa, akaweke ka Kaladaali akaazikibwa mu ttaka, eky'obuggaga ekyakwekebwa, n'ebyakwekebwa eby'omuwendo. Mu ngero zino zonna obwakabaka bwali buzze naye nga tebulabibwa na maaso.

Yisirayiri yali esuubira obwakabaka bwa Katonda okujjira mu ngeri erabika, n'okweyoleka okw'ekitalo, nga bukulemberwa Kabaka ow'amaanyi alabibwako.

> **Awo nga bakyawuliriza ebyo, Yesu n'abagerera olugero olulala. Mu kiseera ebyo yali asemberedde nnyo Yerusaalemi, era abantu ne balowooza nti obwakabaka bwa Katonda bugenda kutandika mu kiseera ekyo. (Lukka 19:11)**

Olugero Yesu lwe yayogera lwali lwa musajja omukungu eyalaga mu nsi ey'ewala alyoke akomewo alye obwakabaka bwe. Yesu bwe yali anaatera okutuuka mu Yerusalemi, yali ateekeratekera bantu be eri obwakabaka obwali bugenda okujja. Okuyita mu lugero luno, yakiraga nti okulabika okw'obwakabaka kwali kwongeddwayo okutuusa walidda. Mu kudda kwe, bwali bwakuteekebwawo.

Yisirayiri yalowooza nti Kabaka omutuufu yali wakuzzaawo obwakabaka mu kitiibwa kyabwo kye bwalimu ku mulembe gwa Kabaka Daudi ekirabika. Katonda yali asuubiza Kabaka Daudi.

> **Oyo yalizimbira Erinnya lyange ennyumba, era ndinyweza entebe ye ey'obwakabaka bwe ennaku zonna. (2 Samwiri 7:13)**

Yesu bwe yayingira mu Yerusaleemi, abantu baalowooza nti yali agenda kutandikawo obwakabaka obulabikako nga Yerusaalemi ky'ekitebe kyabwo nga bwe kyali kirangiriddwa bannabbi ab'endagaano enkadde. N'olwekyo, kye baava bajaguza wamu n'omuwa ekitiibwa nga Kabaka bwe yayingira mu kibuga. Baaleekaana nti;

> **Atenderezebwe olw'okukomyawo obwakabaka bwa jjajjaffe Dawudi n'okubuwa omukisa!"**
>
> **"Ozaana! Ayi ali waggulu ennyo! (Makko 11:10)**

Naye obwakabaka tebwali bwakutandikawo mu ngeri erabibwa. Yesu yali yabawa dda olugero lwa olw'ekizimbulukusa ng'ekyokulabirako ku bwakabaka (Matayo 13:33). Bwali bwakujja mu kasirise, nga bukula bulungi ng'ekizimbulukusa bwe kibuna mu ŋŋaano.

Yesu yali amaze okuwa olugero lw'omukungu eyagenda mu nsi ey'ewala n'akomawo alye obwakabaka bwe. Naye Yisirayiri yali tetegedde ngero zino ez'obwakabaka. Kubanga Yesu teyatandikirawo bwakabaka buno nga bulabibwako, era mu bbanga ttono ddala, abantu bennyini abaali bamwanirizza be baamugaana. Baamwefulira era ne kimuviirako n'okufa ku musalaba olw'okukomererwa. Yesu bwe yajja ku nsi, obwakabaka bwa Katonda bwali "buzze," kubanga tebwajja nga bwe bwali busuubirwa. AbaYudaaya baagana obwakabaka ne Kabaka waabwo.

> **Yajja eri abantu be, naye abantu be ne batamusembeza.**
>
> **Naye bonna abaamusembeza, yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda; be bo abakkiriza erinnya lye.**
>
> **Abataazaalibwa musaayi, oba okwagala kw'omubiri, wadde okwagala kw'omuntu, naye abaazaalibwa okwagala kwa Katonda. (Yokaana 1:11-13)**

Olw'okugaanibwa kwe, Yesu yalangirira nti obwakabaka bwa Katonda buggiddwa ku Yisirayiri ne buweebwa abantu abanaabala ebibala eby'obutuukirivu.

> **Kyenva mbagamba nti, Obwakabaka bwa Katonda bulibaggyibwako ne buweebwa eggwanga eribala ebibala byabwo. (Matayo 21:43)**

Mu kino, Yesu yali ategeeza nti obubaka obw'obwakabaka bwali butwaliddwa eri bannamawanga (Amawanga amalala gonna agatali Yisirayiri), baali beetegefu okwaniriza n'okuddamu gye buli.

Yesu yagamba nti eggwanga lya Yisirayiri ne Yerusalemu, ekibuga kyabwe ekikulu, bajja kulamulwa.

> **Abamu balittibwa n'ekitala ky'omulabe, abalala balikwatibwa ne bawaŋŋangusibwa mu mawanga gonna amalala ag'oku nsi. Yerusaalemi kiriwangulwa bannaggwanga ne bakirinnyirira okutuusa ekiseera kyabwe eky'obuwanguzi lwe kirikoma mu kiseera Katonda ky'aliba ateesezza. (Lukka 21:24)**

Kubanga Yisirayiri yagaaana obwakabaka ne Kabaka, okuteekebwawo okw'obwakabaka obulabika mu ngeri ey'enkomeredde kwayongerebwayo okutuusa nga Kabaka azeemu okudda omulundi ogw'okubiri.

**ABANTU ABALONDEBWA.**

Mu ndagaano enkadde, Katonda yalonda eggwanga lya Yisirayiri ng'ekyokweyambisa kye mu kwongerayo obwakabaka bwe eri ensi yonna. Yisirayiri n'eremererwa okutuukiriza obuvunaanyizibwa buno. Mu ndagaano empya, Katonda yalonda kkanisa, abo abawulira ne bakola enjiri kyegamba, be beeyambisibwa okwongerayo obwakabaka.

Omutume Paulo eyalondebwa Katonda okubeera ng'ayongerayo enjiri y'obwakabaka eri bannamawanga yawandiika ebigambo bino;

> **Newaakubadde nga nze nsembayo wansi mu batukuvu bonna, naweebwa ekisa ekyo, okubuulira Abaamawanga emikisa egiri mu Kristo egitageraageraganyizika.**
>
> **Katonda eyatonda ebintu byonna yayagala nnyambe buli muntu okutegeera ebyekyama ebyali bikwekeddwa mu Katonda.**
>
> **Katonda yakigenderera atyo, ng'ayita mu kkanisa, alyoke yeeyoleke eri amaanyi n'obuyinza ebiri mu nsi ey'omwoyo eya waggulu, ng'abalaga nga bw'alina amagezi amangi ag'ebika eby'enjawulo.**
>
> **Katonda yakola bw'atyo ng'enteekateeka ye ey'emirembe n'emirembe bw'eri, gye yatuukiriza mu ebyo byonna Kristo Yesu Mukama waffe bye yakola. (Abaefeeso 3:8-11)**

Jjukira nti obwakabaka bwategekebwa Katonda ku lw'omuntu nga n'emisingi gy'ensi teginabaawo. Ekkanisa erondeddwa okubikula ekyama kino eky'obwakabaka eri amawanga g'ensi. Okuyita mu kino, ekiruubirirwa kya Katonda eky'olubeerera kijja kuba nga kiwedde.

> **Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo. Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abaefeeso 1:9-10)**

Ekkanisa gwe mubiri ogulabikako ogweyambisibwa okutuusa obwakabaka bwa Katonda eri ensi yonna. Weetegereze ekifaananyi kino.

Ekitongole ekyawamu ekitugatta----------------------→ Obwakabaka

Ekitongole omuyisibwa obwakabaka okweyongerayo----------------→ Ekkanisa

Abantu sekinoomu abakola ekkanisa-------------------→ Abakkiriza

Yesu yakolera ekkanisa obuvunaanyizibwa.

> **N'abagamba nti, "Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri abantu bonna.(Makko 16:15)**

Yawa abakkiriza amaanyi ag'okumaliriza omulimu:

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Ku nkomerero, ebintu byonna biribeera wansi wa Kabaka, Yesu oyo ajja kudda atandikewo obwakabaka obulabika.

**OBWAKABAKA OBULIWO.**

Yesu yasomesa nti "obwakabaka bwa Katonda buli mu ggwe." Eyo gy'ali era n'obuyinza bwe gye bwatwalibwa, obwakabaka bwa Katonda obwakati weebuli. Obwakabaka bwa Katonda yenkulungo y'okufuga kwa Katonda. Obwakabaka bwa Katonda mu nsi kati y'enkulungo obufuzi bwe buli kiseera mwe butwalibwa.

Jjukira nti okuva mu biro bya Sitaani mwe yalwanira mu ggulu, olutalo lubaddewo wakati w'obwakabaka bwa Sitaani n'obwakatonda. Ensi y'entabiro y'okulwanagana kuno. Okuyita mu kw'onoona kw'omuntu, ekikolimo kyajja eri ensi era kino Sitaani ky'akozesa okuzimba obwakabaka bwe obw'ekizikiza. Kyeraga lwatu nti afuga obwakabaka bw'ensi bwe yali akema Yesu:

> **Ate Setaani n'amutwala ku lusozi oluwanvu n'amulengeza ensi zonna n'obwakabaka bwamu n'ekitiibwa kyabwo kyonna,**
>
> **N'amugamba nti, "Bino byonna nnaabikuwa bw'onoovuunama n'onsinza."**
>
> **Yesu n'addamu nti, "Vvaawo, genda Setaani. Kyawandiikibwa nti, 'Osinzanga Mukama Katonda wo yekka, era gw'oweerezanga. (Matayo 4:8-10)**

Naye Katonda tarekeredde buyinza bwe nga Kabaka ne mu kulwanyisibwa kw'omuntu. Alangiridde ekiruubirirwa kye okusobola okukituukiriza.

> **Mu biro ebya bakabaka abo, Katonda w'eggulu alissaawo obwakabaka obutalizikirizibwa, so tebuliweebwa bantu balala. Bulizikiriza obwakabaka obwo bwonna, ne bubumalawo, naye bwo bulibeerera emirembe gyonna. (Daniel 2:44)**

Obwakabaka bwa Katonda nabwo weebuli ate kati. Si kintu ekirirabikako mu maaso oba kye tutayinza kulaba okutuusa nga kiteereddwawo mu ngeri erabika ku nkomerero y'ensi. Obufuzi bwa Kabaka kati bweraga era bwatulibwa mu mitima gy'abakkiriza. Obufuzi bwa Kabaka bwatulibwa mu kkanisa ya Kristo. Obwakabaka bubeerawo buli abantu we baba nga baagala Katonda, nga bazaaliddwa mu bwakabaka, nga bakwata ennono z'obwakabaka okutambulizaako obulamu bwabwe, era nga baatula obuyinza bwa Mukama waffe Yesu Kristo nga Kabaka.

Obwakabaka bugambibwa okuba "obwekyama" kati (Makko 4:11) kubanga tebulabibwa okusinziira ku ngeri eby'omubiri gye birabibwamu.

> **Awo Abafalisaayo ne babuuza Yesu nti, "Obwakabaka bwa Katonda bulijja ddi?" Yesu n'abaddamu nti, "Obwakabaka bwa Katonda tebulabika nga bujja." (Lukka 17:20)**

Obwakabaka buno ku nsi kati osobola kubumanya mu ngeri ya mwoyo yokka. Bubaddewo mu mwoyo, naye nga tosobola kubulaba na maaso go, nti buubwo. Obwakabaka bwa Katonda obulabibwako kati bukyali mu Ggulu. Bwe twogera ku ggulu, tetugeeza waggulu mu bbanga. Lino ly'eggulu Yesu gye yali nga tannajja ku nsi kuno (Yokaana 17:5). Eryo ly'eggulu mwe yadda ng'amaze okuzuukira mu bafu (Ebikolwa 1:9-11)

Eggulu ky’ekifo omubeera Katonda, Yesu ne Malayika nga balabibwako. Eggulu ky’ekifo Yesu mwalindiridde ekiseera ky’okudda kwe ku nsi okuteekawo obwakabaka obw’enkomeredde, obulabibwako. Ng’abwakyalindirira mu ggulu, Yesu akola ng’omwegayirizi. Atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda ne yeegayirira ku lw’abakkiriza abakyali ku nsi (Abaebbulaniya 7:25)

**OBWAKABAKA OBULIJJA.**

Newaakubadde Yesu yagamba abayigirizwa be nti obwakabaka bwe bwali buzze ng’era bwe bwali mu massekkati gaabwe, era yayogera ku bwakabaka obulijja ne bwe buliba. Yagamba abayigirizwa be basabe nti, “obwakabaka bujje” (Matayo 6:10)

Abayigirizwa baali basuubira Yesu okutandikawo obwakabaka buno “obujja” oba obulijja nga tanagenda Kalivaaliyo. Awo Yesu bwe yafa, essuubi ne libaggwamu. Ate bwe yazuukira, awo essuubi ne likomawo buto. Mu kiseera ekyo wakati w’okuzuukira kwe n’okuddayo mu ggulu, Yesu yayogereramu ebintu bingi ebikwata ku bwakabaka bwa Katonda. Kino kyasikuula abayigirizwa okubuuza nti, “Mukiseera kino mw’onoddizaawo obwakabaka bwa Yisirayiri?” (Ebikolwa 1:6), Yesu n’addamu nti;

> **Naye Yesu n’abaddamu nti, “Okumanya entuuko oba ebiro si kyammwe, kitange kye yateekateeka mu buyinza bwe. (Ebikolwa 1:7)**

Okujja kw’obwakabaka gy’ekuli, naye eky’ekiseera kyabwo okulabikako nga buzziddwawo kiri eri kitaffe. Yesu yagabanako ebintu bingi ku ebyo ebirina okubaawo ku nsi ng’obwakabaka tebunnateekebwawo mu ngeri erabibwako ey’enkomeredde. Obubonero buno bwatuweebwa okusobola okumanya ekiseera ekyo nga kisembedde. Osobola okusoma ku bubonero buno mu Matayo 24 ne 25, Makko 13 ne Lukka 17:20-37, 21:8-36. Yesu yagamba abayigirizwa be nti ebintu bino bwe biritandika okubaawo, nti bwe bubonero obulaga nti okuddizibwawo kw’obwakabaka bwa Katonda obulabika kusembedde.

> **Mu ngeri y’emu bwe muliraba ebintu nga bibaawo, nga mumanya nti obwakabaka bwa Katonda buli kumpi okutuuka. (Lukka 21:31)**

**ENJIRI ERI AMAWANGA GONNA ERAGA ENTANDIKWA Y’ENKOMERERO:**

> **Era Enjiri ey’obwakabaka eribuulirwa mu nsi yonna, nga bwe bujulirwa eri amawanga gonna n’oluvannyuma enkomerero n’eryoka etuuka. (Matayo 24:14)**

**YESU AJJA KUDDA KU NSI:**

> **Ne boogera nti, “Abasajja Abagaliraaya, lwaki muyimiridde wano nga mutunula waggulu mu ggulu? Yesu oyo abaggiddwako n’atwalibwa mu ggulu, agenda kukomawo mu ngeri y’emu nga bwe mumulabye ng’agenda mu ggulu. (Ebikolwa 1:11)**

**YESU AJJA KUWANGULA OBWAKABAKA BWONNA OBW’ENSI:**

> **Olwo enkomerero n’eryoka etuuka, Kristo n’akwasa Katonda Kitaawe obwakabaka; Kristo ng’amaze okuzikiriza obufuzi bwonna, n’obuyinza bwonna era n’amaanyi gonna.**
>
> **Kubanga Kristo agwanidde okufuga okutuusa bw’alissa abalabe be bonna wansi w’ebigere bye. (1 Abakolinso 15:24-25)**

**Awo malayika ow'omusanvu n'afuuwa ekkondeere lye, ne wabaawo oluyoogaano olunene ennyo mu ggulu nga lugamba nti,**

**Obwakabaka bw'ensi eno kati bufuuse bwa Mukama waffe ne Kristo we, era anaafuganga emirembe n'emirembe. (Okubikkulirwa 11:15)**

**SITAANI N'ABABEERA MU BWAKABAKA BWE BALIWANGULWA:**

**Awo Setaani eyabalimbalimba n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro eyaka ne salufa, omuli ekisolo ne nnabbi ow'obulimba era banaabonyaabonyezebwanga emisana n'ekiro emirembe n'emirembe. (Okubikkulirwa 20:10)**

**AMAWANGA GONNA GALIJJA MU BWAKABAKA:**

**Mbagamba nti bangi baliva ebuvanjuba n'ebugwanjuba ne batuula wamu ne Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo mu bwakabaka obw'omu ggulu. (Matayo 8:11)**

**ABANTU BONNA BALIFUNA OKUMANYA NTI YESU YE KABAKA:**

**Katonda kyeyava amugulumiza, n'amuwa erinnya erisinga amannya gonna;**

**Buli vviivi ery'abo abali mu ggulu n'abali ku nsi, era n'abali wansi w'ensi liryoke lifukaamirirenga erinnya lya Yesu,**

**Era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama,**

**Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa. (Abafiripi 2:9-11)**

**Ate ne mpulira oluyoogaano lw'abantu abangi olwawulikika ng'amayengo ag'ennyanja ennene, oba ng'eddoboozi ery'okubwatuka, ne boogera nti,**

**Aleruuya, kubanga Mukama Katonda waffe Ayinzabyonna y'afuga. (Okubikkulirwa 19:6)**

**ABANTU BONNA ABALAMU N'ABAFU BAJJA KULAMULWA KATONDA:**

**Nkukuutirira mu maaso ga Katonda ne Kristo Yesu, anaatera okusalira abalamu n'abafu omusango, era n'olw'okujja kwe, n'olw'obwakabaka bwe. (2 Timoseewo 4:1)**

**Ne ndaba abafu abeekitiibwa n'abatali baakitiibwa nga bayimiridde mu maaso g'entebe ey'obwakabaka. Ebitabo ne bibikkulwa, n'ekitabo ekirala ky'ekitabo eky'obulamu ne kibikkulwa. Abafu ne basalirwa omusango okusinziira ku ebyo ebyali biwandiikiddwa mu bitabo ebyo, buli omu ng'ebikolwa bye bwe byali.**

**Ennyanja zonna ne ziwaayo abafu abaali mu zo, n'okufa n'Amagombe nabyo ne biwaayo abafu abaabirimu. Buli omu n'asalirwa omusango, ng'ebikolwa bye bwe byali.**

**Era buli eyasangibwa ng'erinnya lye teriwandiikiddwa mu kitabo eky'obulamu, n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro. (Okubikkulirwa 20:12-13, 15)**

Yesu yayogera olugero ku bwakabaka okuba akatimba akasuuliddwa ku nnyanja ne kakuŋŋaanya eby'ennyanja ebyabuli kika. Akatimba bwe kaggibwa mu nnyanja, ebyennyanja ebirungi byayawulibwa mu ebyo ebibi. (Matayo 13:47, 48)

Era yayogera ku bwakabaka ng'eŋŋaano eyakulira awamu n'omuddo mu kiseera ky'ekimu. Naye ku nkomerero ya byonna, eŋŋaano ennungi yayawulibwa ku muddo (Matayo 13:24-30, 36-42). N'ekyokulabirako kino eky'omuddo ogwali mu ŋŋaano, Yesu yasomesa nti obwakabaka bwa Katonda bwali buzze, naye abantu aboonoonyi baali bakyaliwo. Okumala akaseera, bombi baakubeera wamu. Ku kulamulwa we bajja okwawulibwa.

Engero zino zombi ziraga ku kwawulibwa okulibeerawo mu kiseera eky'okulamulwa. Abo abaayingira obwakabaka nga bayita mu kuzaalibwa obupya, bajja kukkirizibwa mu bwakabaka obulabibwako obw'enkomeredde.

Abalala bonna bajja kusuulibwa okuva mu bwakabaka.

> **Era waliba okukuba ebiwoobe n'okuluma obujiji bwe muliraba Ibulayimu, ne Isaaka, ne Yakobo ne bannabbi bonna nga bali mu bwakabaka bwa Katonda, naye nga mmwe musuulibbwa ebweru. (Lukka 13:28)**

**OBWAKABAKA BWA KATONDA BUJJA KUTEEKEBWAWO MU NGERI ERABIBWAKO:**

> **N'aweebwa obuyinza, n'ekitiibwa, n'obwakabaka n'amaanyi agava waggulu; abantu bonna, n'amawanga gonna, n'abantu ab'ennimi zonna ne bamusinzanga. Okufuga kwe kwa mirembe na mirembe, tekuliggwaawo, n'obwakabaka bwe tebulizikirizibwa. (Danyeri 7:14)**

**ABAKKIRIZA ABATUUFU BAJJA KUFUGIRA WAMU NE YESU MU BWAKABAKA:**

> **Buli awangula ndimukkiriza okutuula ng'anninaanye, ku ntebe yange ey'obwakabaka, nga nange bwe nawangula ne ntuula ne Kitange ku ntebe ye. (Okubikkulirwa 3:21)**

**WAJJA KUBAAWO EGGULU EPPYA N'ENSI EMPYA:**


Osobola okusoma ku binnyonnyola eggulu n'ensi ebipya mu kubikkulirwa essuula 21 ne 22. Yerusaleemi yejja okuba Namulondo ya Mukama, era amawanga gonna mwe galikuŋŋaanira.

> **Ebbanga lyonna Yerusaalemi kiriyitibwa Entebe ya Mukama ey'Obwakabaka, amawanga gonna mwe ganaakuŋŋaaniranga okumugulumiza Mukama mu Yerusaalemi era tebaliddayo kugoberera mitima gyabwe minyoomi. (Yeremiya 3:17)**

**MU BUFUNZE.**

Kati katufunze ebyayita, ebiriwo, n’ebirijja mu bwakabaka bwa Katonda. Soma ekipande kino wammanga era osome n’ebifunziddwa ebiddako oluvannyuma lw’ekipande.

←------------------------**OBWAKABAKA BWA KATONDA MU GGULU**----------------------------------→



Obwakabaka bwa Katonda Okudda kwa Kabaka okutandikawo obwakabaka bwa Katonda

Ku nsi. Ebiro by’enkomerero obulabibwako.

Bwongerwayo--------------→ Muntu--------------------→Yisirayiri----------------→ Ekkanisa.

Weetegereze akasaze ak’obutonnyeze waggulu w’ekifaananyi. Kalaga nti obwakabaka bwa Katonda bwaliwo mu ggulu nga n’ensi tennatondebwa era bulibaawo olubeerera.

Weetegereze obubonero obusonga obuli ku nkomerero y’ekifaananyi. Katonda yatonda ensi okugaziya obwakabaka bwe obw’omu ggulu. Yalonda omuntu ng’ekikozesebwa okwongerayo obwakabaka bwe. Omuntu n’alemererwa mu buvunaanyizibwa buno.

Awo Katonda kyeyava alonda eggwanga mw’anaayita okwongerayo obwakabaka bwe. Naye Yisirayiri n’eremererwa mu kino. Baakyukira ba Katonda b’ensi era ne bakkiriza embeera z’ensi ne baleka ennono z’obwakabaka.

Awo Katonda n’atuma omwana we Yesu Kristo. Buli omuntu eyasooka (Adamu we yalemererwa, omuntu ono ow’okubiri, Yesu yawangulawo). Ye yaleeta obwakabaka bwa Katonda ku nsi. Yesu yatema ekkubo, omuyitwa okuddamu okuzaalibwa mu mwoyo, nti omuntu ono asobole okusigala mu bwakabaka bwa Katonda n’obwakabaka bubeere mu ye newaakubadde nga akyali mu nsi eno ey’omubiri.

Olwokubanga Kabaka n’obwakabaka bwe byagaanibwa, yasalawo okwongerayo enteekateeka y’okutandikawo obwakabaka obulabika okutuusa lwalidda omulundi ogw’okubiri.

Mu kwongerayo obubaka bw’enjiri y’obwakabaka, Katonda alonze ekkanisa. Ekkanisa ky’ekiriwo ng’ekikozesebwa okusobola okutuusa enjiri eri amawanga g’ensi gonna. Awo wonna abantu abaasooka okulondebwa ne Yisirayiri we baalemererwa, ekkanisa ejja kuwangulawo. Enjiri bw’eneemala okubuulirwa eri amawanga g’ensi gonna awo okujja kwa Kabaka okw’okubiri kunaalabikako. Obwakabaka bwa Katonda bujja kuteekebwawo mu ngeri yaabwo erabikako ey’enkomeredde. Obwakabaka bw’ensi obulala bwonna bujja kuba nga buwanguddwa.

**EKITUUFU KU BWAKABAKA BWA KATONDA.**

Oyize ku bwakabaka bwa Katonda obwayita, obuliwo n'obugenda okujja. Waliwo na bino ebituufu ku bwakabaka buno:

**BUFUGIBWA KATONDA NG'ALI KU NAMULONDO YE MU GGULU:**

> **Mukama anywezezza entebe ye ey'obwakabaka mu ggulu, n'obwakabaka bwe bufuga ensi yonna. (Zabbuli 103:19)**

**BUFUGIBWA KABAKA ATAKYUKAKYUKA:**

> **Yesu Kristo nga bwe yali jjo, ne leero bw'ali era bw'aliba emirembe n'emirembe. (Abaebbulaniya 13:8)**

**OBWAKABAKA BWA KATONDA BWA LUBEERERA:**

> **Mukama mukulu, wa kitiibwa, era asaanira okutenderezebwanga ennyo, n'obukulu bwe tebwogerekeka. (Zabbuli 145:13)**
>
> **Alifuga ennyumba ya Yakobo emirembe gyonna, era n'obwakabaka bwe tebulikoma. (Lukka 1:33)**
>
> **Naye ku Mwana ayogera nti, "Entebe yo ey'Obwakabaka, Ayi Katonda, ya lubeerera emirembe n'emirembe; obutuukirivu, gwe muggo ogw'obwakabaka bwo. (Abaebbulaniya 1:8)**
>
> **Obubonero bwe nga bukulu, n'eby'amagero bye nga byewuunyisa! Obwakabaka bwe bwa mirembe na mirembe; N'okufuga kwe tekuliggwaawo. (Danyeri 4:3)**

**OBWAKABAKA BWA KATONDA TEBUSOBOLA KUGGIBWAWO, KUNYEENYEZEBWA WADDE OKUSAANAWO:**

> **Kale, nga bwe twaweebwa obwakabaka obutanyeenyezebwa, tusinze Katonda nga bw'asiima nga tumussaamu ekitiibwa era nga tumutya. (Abaebbulaniya 12:28)**

**OBWAKABAKA BWA KATONDA BWATEGEKEBWA OKUVA KU NTANDIKWA:**

> **Awo Kabaka n'alyoka agamba abali ku mukono gwe ogwa ddyo nti, Mujje mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutondebwa kw'ensi. (Matayo 25:34)**

**KATONDA AYAGALA TUSIKIRE OBWAKABAKA BWE:**

> **Temutya, mmwe ekisibo ekitono, kubanga Kitammwe asiimye okubawa obwakabaka. (Lukka 12:32)**
>
> **Era kubanga Kitange ampadde obwakabaka, noolwekyo mbaatulira kati nti mbawadde ekifo. (Lukka 22:29)**

**OBWAKABAKA BWA MUKAMA:**

**Kubanga obwakabaka bwonna bwa Mukama, era y'afuga amawanga gonna. (Zabbuli 22:28)**

**Totuganya kukemebwa naye tulokole eri omubi. (Matayo 6:13)**

**Mukama alibeera kabaka ow'ensi zonna: ku lunaku olwo Mukama alibeera omu yekka n'erinnya lye liribeera erinnya lyokka. (Zaakaliya 14:9)**

**OBWAKABAKA BWA KATONDA BUSUKKULUMYE KU BWAKABAKA OBULALA BWONNA:**

**Mukama anywezezza entebe ye ey'obwakabaka mu ggulu, n'obwakabaka bwe bufuga ensi yonna. (Zabuuli 103:19)**

**OBWAKABAKA BWA KATONDA BULIMU ABANTU ABAVA MU MAWANGA AG'ENJAWULO:**

**Kubanga abantu baliva ebuvanjuba n'ebugwanjuba, ne bava ne mu bukiikakkono ne mu bukiikaddyo, ne batuula ku mmeeza mu bwakabaka bwa Katonda. (Lukka 13:29)**

**OBWAKABAKA BWA KATONDA SI BWE BWAKABAKA BW'ENSI ENO:**

**Yesu n'addamu nti, "Obwakabaka bwange si bwa mu nsi muno. Singa bubadde bwa mu nsi eno abaweereza bange bandirwanye ne siweebwayo mu Bayudaaya. Naye obwakabaka bwange si bwa mu nsi muno. (Yokaana 18:36)**

**OBWAKABAKA BWA KATONDA BUYIMIRIDDE KU NNONO EZ'OMWOYO:**

**Kyawandiikibwa nti, "Nkufudde jjajja w'amawanga amangi." Ye jjajjaffe mu maaso g'oyo gwe yakkiriza, Katonda azuukiza abafu, era alaba ebitaliiwo ng'ebiriwo, era atonda ebintu ebiggya. (Abaruumi 14:17)**

**Kubanga obwakabaka bwa Katonda tebuli mu kwogera bwogezi, wabula mu maanyi. (1 Abakolinso 4:20)**

**OBWAKABAKA BWA KATONDA TEBUSOBOLA KUSIKIRWA LWA MUBIRI NA MUSAAYI:**

**Abooluganda, kye ŋŋamba kye kino nti omubiri guno ogw'oku nsi, ogw'ennyama n'omusaayi, teguyinza kusikira bwakabaka bwa Katonda. Emibiri gyaffe egivunda tegisobola kuba gya lubeerera. (1 Abakolinso 15:50)**

**Yesu n'amuddamu nti, Ddala ddala nkugamba nti, Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwakubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda,**

**...Yesu kwe kumuddamu nti, "Ddala ddala nkugamba nti, Okuggyako ng'omuntu azaaliddwa amazzi n'Omwoyo tasobola kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda. (Yokaana 3:3, 5)**

**WALIYO EBISUMULUZO BY'OBWAKABAKA EBY'OMWOYO:**

**Era ndikuwa ebisumuluzo by'obwakabaka obw'omu ggulu; era kyonna ky'onoosibanga ku nsi, ne mu ggulu kinaasibwanga, na buli ky'onoosumululanga ku nsi, ne mu ggulu kinaasumululwanga. (Matayo 16:19)**

Ebisumuluzo by’obwakabaka bino bijja kunnyonnyolwa mu ssuula eddako.

**OKWEGEZAAMU:**

1. Wandiika olunnyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………….
2. Ku lupapula olulala, funza ebyafaayo ku bwakabaka bwa Katonda obwayita.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ku lupapula olulala, funza ebyafaayo ku bwakabaka bwa Katonda obulijja.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Ku lupapula olulala, funza ebyafaayo ku bwakabaka bwa Katonda obuliwo.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Ddamu weetegereze ebirala ebituufu ku bwakabaka bwa Katonda ebikuweereddwa mu ssomo lino, weegezese olabe bimeka by'oyinza okujjukirako.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'essuula eno.)

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Nga bw'oyize mu ssomo lino, waliyo obwakabaka obw'omwoyo bwa mirundi ebiri era buli muntu akyali omulamu alinako obumu kw'obwo mw'agwa. Oli mu bwakabaka bwa Sitaani oba obwa Katonda. Era ng'okyali ku nsi ojja kubeera mu bwakabaka obw'ensi. Ekiteegeza nti ojja kubeera mu ggwanga erifugibwa abantu.

Obufuzi obw'abantu bwateekebwawo Katonda okusobola okukwasisa amateeka ge. Katonda ye yalina okuba omufuzi assukulumye ku bufuzi bw'abantu era obufuzi buno bw'alina okutambulizibwa ku kigambo kye, enteekateeka ye n'ebiruubirirwa bye. Ky'eraga lwatu mu nsi nti abafuzi tebakulembeza nteekateeka ya bwa Katonda eyaliwo ku ntandikwa. Bafuuse babi era abatulugunya abalala. Obufuzi bwabwe tebutambulizibwa ku nnono za Katonda. Obufuzi n'abafuzi baamwo tebakyayatula nti Katonda gy'ali. Obufuzi buno bufuuse obwakabaka bw'ensi obufugibwa Sitaani.

Kubanga olina okubeera mu bufuge obw'omuntu, kikulu nnyo okumanya Baibuli ky'esomesa ku nsonga eno.

Obwakabaka bw'ensi:

1. Katonda y'ensibuko y'obufuzi.
   (A) Obufuzi bwatandikibwawo Katonda (Abaruumi 13:1)
   (B) Abakulembeze baweereza ba Katonda (Abaruumi 13:4, 6)
   (C) Katonda atandikawo era y'aggyawo obufuzi nga bwayagala (Danyeri 4:32, 4:21, Zabuli 75:7)

2. Enteekateeka ya Katonda eri obufuzi.
   (A) Enteekateeka ya Katonda eyasookera ddala yali ya bufuzi.
   -okubeezawo n'okutumbula embeera ennungi mu bantu (Abaruumi 13:3, 4)
   -okutambulira ku butuukirivu n'okwenenya ekibi (Abaruumi 13:3-4)

   (B) Obufuzi obutakoma n'enteekateeka ye.

   -okweyambisa obuyinza mu ngeri enkyamu okwetusaako bye baagala

   (1 Bassekabaka 21:7-14)

   -mu ngeri nti Katonda aleetawo okulamula eri abakulembeze (1 Bassekabaka 12:28-30)

3. Obuvunaanyizibwa bw'abafuzi eri abantu.

   (A). Tebaatekeddwa kutwala bantu mu kibi (1 Bassekabaka 12:28-30)

   (B). Bateekeddwa okutumbula embeera ennungi mu bantu (Abaruumi 13:1-5)

   (C). Bateekeddwa okunenya ekibi (Abaruumi 13:3-4)

   (D) Bateekeddwa okukuuma emirembe mu kitundu (1 Samwiri 30:21-24)

   (E). Bateekeddwa okukuuma eddembe ly'abantu (Ebikolwa 22:25-30)

3. Ennono okutambulizibwa obufuzi:

A. Omufuzi alina okuba omugezi. Oluberyeberye 41:33, Ekyamateeka 1:13

B. Omufuzi alina okukuuma n'okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu. Abaruumi 12:4, Zabuli 82:3-4

C. Omufuzi alina okwatula Katonda nti ye Katonda. Zabuli 2:10-11

D. Abafuzi abatamanyi Katonda baggibwako obuyinza:

- Nebukaduneeza. Danyeri 4
- Berusaaza. Danyeri 5
- Keerodde. Ebikolwa 12:21-23

E. Katonda ayinza okuteekawo omufuzi amugondera mu kifo ky'oyo atali mugonvu. 1 Bassekabaka 11:11

F. Katonda ayinza okuggyako amaka agali mu kifo ky'obuyinza olw'ekibi. 1 Bassekabaka 14:7-11

G. Ku lw'obutuukirivu obw'omuntu omu, Katonda ayinza okumuyamba n'alekawo omusika oba yenna aba alidde entebe. 1 Bassekabaka 11:13, Lukka 1:32

4. Enkolagana y'abantu n'obufuzi.

A. Abafuzi n'amateeka tebirina kugaanibwa. Abaruumi 13:2.
   1. Gonda ku lwa Mukama. 1 Peetero 2:13-14
   2. Okunyooma abufuzi kiba kibi eky'omubiri. 2 Peetero 2:10
   3. Abantu bateekeddwa okugondera amateeka. Makko 12:17

B. Olw'obugonvu obwo wabaawo okusaasira. Ebiragiro eri obufuzi tebirina kugonderwa bwe biba nga biri bweru w'amateeka n'ebiruubirirwa bya Katonda. Danyeri 3:18, Okuva 1:17, Ebikolwa 5:29

C. Abantu balina okuwa omusolo eri gavumenti. Abaruumi 13:6-7, Matayo 17:25-27

D. Katonda oluusi awa abantu eddembe ery'okwerondera gavumenti. 1 Samwiri 8:4-9

E. Abantu balina okusabira abafuzi. 1 Timoseewo 2:1-2

5. Gavumenti y'abantu y'akaseera. Era gavumenti zonna ku lunaku lumu zijja kuggwaawo. 1 Abakolinso 15:24

# ESSUULA EYOOKUNA.

## EBISUMULUZO BY'OBWAKABAKA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe.
- Okuzuula ebisumuluzo eby'obwakabaka.
- Okimanya nti okwenenya okuva mu kibi kyetaagisa okusobola okutuuka mu bwakabaka.
- Okukimanya nti okweyongera okukula mu mwoyo kyetaagisa okukakasa okuyingira mu bwakabaka.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Era ndikuwa ebisumuluzo by'obwakabaka obw'omu ggulu; era kyonna ky'onoosibanga ku nsi, ne mu ggulu kinaasibwanga, na buli ky'onoosumululanga ku nsi, ne mu ggulu kinaasumululwanga. (Matayo 16:19)**

**ENNYANJULA.**

Oyize ku kubeerawo kw'obwakabaka bwa Katonda obutaggwaawo ne Kabaka, Yesu Kristo. Mu ssuula eno, ojja kuzuula engeri gy'oyinza okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda bw'onoosoma, "Ebisumuluzo by'obwakabaka"

**OBWAKABAKA OBWAWEBWAYO.**

Nga Yesu tanndayo mu ggulu, yagamba abayigirizwa be;

> **Era kubanga Kitange ampadde obwakabaka, noolwekyo mbaatulira kati nti mbawadde ekifo (Lukka 22:29)**

Yesu yayogera ne ku kkanisa ye eyali ey'okwongerayo obubaka bw'obwakabaka eri ensi yonna.

> **Era nkutegeeza nti, Ggwe Peetero, olwazi, era ku lwazi okwo kwe ndizimba Ekkanisa yange, n'amaanyi gonna aga Setaani tegaligiwangula.**
>
> **Era ndikuwa ebisumuluzo by'obwakabaka obw'omu ggulu; era kyonna ky'onoosibanga ku nsi, ne mu ggulu kinaasibwanga, na buli ky'onoosumululanga ku nsi, ne mu ggulu kinaasumululwanga. (Matayo 16:18-19)**

Mu mboozi eno, Yesu yalaga nti Peetero yali wakubeera ejjinja ery'omusingi ogw'omwoyo ogw'ekkanisa eyasooka. Kino kyali kitegeeza nti yali wakubeera mpagi enkulu mu kuzimba n'okukulaakulanya. Erinnya lya Peetero liba litegeeza olwazi oba ejjinja.

Yesu kyeyava agamba nti, "Kyenaava nzimba ekkanisa yange ku lwazi luno." Ekyalaga nti ekkanisa yali yaakuva mu ye. Yali wakubeera olwazi ekkanisa kw'erizimbibwa. Waali waakubeerawo amayinja amalalala (Abantu abalinga Peetero), amayinja gano gaali gakubeera kitundu kikulu nnyo ku kkanisa. Naye Yesu yennyini ye yali ow'okubeera ejjinja ery'omunsonda okulizimbibwa ekkanisa.

Yesu kyeyava ayogera ebintu bino ku kkanisa;

- Ekisooka yagamba nti, “Emiryango gya geyeena tegirigirabako. Kino nga kitegeeza nti ekkanisa eriba n’abalabe abagirwanyisa, naye n’akakasa nti tebali giwangula.
- Eky’okubiri n’ekisinga obukulu mu kusoma kwaffe, Yesu yasuubiza okuwa ebisumuluzo by’obwakabaka bwe eri ekkanisa.

Mu nsi ey’omubiri, bw’oba olina ebisumuluzo by’ekizimbe, kitegeeza olina obuyinza. Obuyinza Yesu bweyali ayogerako bwe buyinza obw’omwoyo. Yawa ekkanisa ebisumuluzo by’enzigi ez’obwakabaka bwe. Yesu yagamba “Nze” njakubawa. Obuyinza n’amaanyi g’ekkanisa byalina kuva wa Yesu. Obukulu bw’ekigambo “nja” (kiseera ekirijja) kyategeeza nti ebisumuluzo byali tebinnaba kuweebwaayo mu kiseera Yesu mwe yayogerera. Amaanyi gano gaateebwa mu Bikolwa 2, ng’Omwoyo Omutukuvu aweereddwa abakkiriza.

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw’alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z’ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Ebisumuluzo by’obwakaba gegaali amaanyi ag’okusiba n’okusumulula. Okusiba ekintu kitegeeza okweyambisa ekintu n’onywereza ebintu awamu. Kiringa kuggulawo oluggi lwennyumba. Okusumulula ekintu kitegeeza okuta oba okufuula ow’eddembe. Ky’efaananyiriza n’okuggula oluggi lw’ennyumba.

Ekkanisa yandibadde n’ekifo ky’obuyinza. Yandibadde n’ebisumuluzo by’obwakabaka bwa Katonda, yandibadde ekikozesebwa enzigi z’omwoyo ez’obwakabaka mwe zandigguliddwa eri amawanga g’ensi. Peetero yeyandibadde asooka okukozesa ebisumuluzo by’obwakabaka bino. Ye yandigudde enzigi z’obuweereza eri bannamawanga abali mu nsi.

Ekkanisa yandibadde n’amaanyi okusumulula amaanyi ag’omwoyo amalungi wamu n’okusiba amaanyi g’omwoyo ag’omubi. Buli lwe wabeerawo obuzibu eri omukkiriza, ekisumuluzo ekituusa ku buwanguzi kwe kusiba n’okusumulula.

## ENGERI Y’OKUYINGIRA MU BWAKABAKA.

Ebisumuluzo eby’obwakabaka byaweebwa ekkanisa okuva eri Yesu. Mu ngeri ey’enjawulo, twandiyingidde tutya mu bwakabaka bwa Katonda?

Yokaana 3:1-12, alaga emboozi ya Nikodeemu, eyali omukulembeze w’eddiini mu biro by’obuweereza bwa Yesu. Yajja eri Yesu ng’ayagala okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda, era mu kukola kino, asikire obulamu obutaggwaawo. Yesu kyeyava amugamba nti;

> **Ddala ddala nkugamba nti, Omuntu bw’atazaalibwa mulundi gwakubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda. (Yokaana 3:3)**

Nikodeemu yatabulwa n’abuuza Yesu;

> **Omuntu ayinza atya okuzaalibwa bw’aba nga muntu mukulu? Ayinza okuyingira mu lubuto lwa nnyina omulundi ogwokubiri, n’azaalibwa? (Yokaana 3:4)**

Yesu kyeyava amunnyonnyola nti, “okuzaalibwa omulundi ogw’okubiri” kweyali ayogerako tekwali kwa mubiri. Okuyita mu kuzaalibwa okw’omubiri wazaalibwa eri obwakabaka obw’ensi eno ng’abatuuze b’eggwanga.

Mu kuzaalibwa okw’omubiri, osikira embala y’ekibi

> **Ddala, nazaalibwa mu kibi; kasookedde ntondebwa mu lubuto lwa mmange ndi mwonoonyi. (Zabbuli 51:5)**

Kubanga obwakabaka bwa Katonda bwa mwoyo, olina okuzaalibwa mu mwoyo okubuyingira. Oteekwa okukyuusa obutuuze bwo okuva mu bwakabaka bwa Sitaani n’odda eri obwakabaka bwa Katonda. Yesu yagamba;

> **Ekizaalibwa omubiri kiba mubiri, n’ekizaalibwa Omwoyo kiba mwoyo.**
>
> **Noolwekyo teweewuunya kubanga nkugambye nti kibagwanira okuzaalibwa omulundi ogwokubiri. (Yokaana 3:6-7)**

Paulo yannyonnyola nti tewandisobodde kuyingira bwakabaka lwa mubiri n’omusaayi.

> **Abooluganda, kye ŋŋamba kye kino nti omubiri guno ogw’oku nsi, ogw’ennyama n’omusaayi, teguyinza kusikira bwakabaka bwa Katonda... (1 Abakolinso 15:50)**

Muyingire mu bwakabaka bwa Katonda olwo mufuuke abasika b’obwakabaka okuyita mu kuddamu okuzaalibwa mu mwoyo. Ekkubo lyokka mw’oyita okuzaalibwa omulundi ogw’okubiri kwe kukkiriza nti Yesu yafa okusasula omutango gw’ebibi byo. Oteekeddwa okwatula ebibi byo, saba ekisonyiwo, era omuteekemu obwesige bwo bwonna.

> **Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw’atyo n’awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo.**
>
> **Kubanga Katonda teyatuma Mwana we mu nsi kugisalira musango, wabula ensi erokolebwe okuyita mu ye. (Yokaana 3:16-17)**

(Okwenenya okuva mu kibi n’okufuna okukkiriza mu Katonda biragibwa mu lusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa, “Emisingi gy’okukkiriza” bwoba nga tonnafuna kuzaalibwa kuno okw’omulundi ogw’okubiri, tukuzzaamu amaanyi okusoma olusoma luno, nokusingira ddala akatundu kano.)

> **Katonda eyatuwonya n’atuggya mu maanyi g’ekizikiza aga Setaani, n’atutwala mu bwakabaka bw’Omwana we omwagalwa. (Abakolosaayi 1:13)**

**OKWENENYA OBA OKWEGGUGUNGA?**

Yesu bwe yajja okwongerayo obwakabaka bwa Katonda ku nsi, abamu abaamuyitanga Kabaka baalowooza nti obwakabaka bwali bwakujja okuyita mu kweggugunga. Baalowooza nti waali wakubaawo akeegugungo eri abaali mu buyinzamu nsi. Naye Yesu n’asomesa nti ekisumuluzo ky’obwakabaka bwe tekyali kwegugunga wabula okwenenya.

> **Piraato n’amubuuza nti, “Amazima kye ki?” Piraato bwe yamala okwogera bw’atyo n’afuluma ebweru eri Abayudaaya n’abagamba nti, Omuntu ono talina musango. (Yokaana 18:36)**

**Oluvannyuma nga Yokaana Omubatiza amaze okusibwa mu kkomera, Yesu n'ajja mu Ggaliraaya okubuulira Enjiri ya Katonda,**

**Ng'agamba nti, Ekiseera kituukiridde, n'obwakabaka bwa Katonda busembedde! Mwenenye mukkirize Enjiri. (Makko 1:14-15)**

**Okuva mu kiseera ekyo Yesu n'atandika okubuulira nti, Mwenenye, kubanga obwakabaka obw'omu ggulu busembedde. (Matayo 4:17)**

Yesu bwe yali afa kumusaalaba, ababbi babiri baamuli kumpi ku musaalaba, omu ku bbo yeenenya n'asaba;

> **N'alyoka agamba nti, "Yesu, onzijukiranga bw'olijja mu bwakabaka bwo."**
>
> **Yesu n'amuddamu nti, Ddala ddala nkugamba nti olwa leero ojja kubeera nange mu Lusuku lwa Katonda. (Lukka 23:42-43)**

Okwenenya ly'ekkubo mwokka mw'oyita okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda. Yesu yalabula nti walibaawo enjigiriza enkyamu nnyingi ne bannabbi ab'obulimba abalyeteekawo ng'ekkubo erikutuusa mu bwakabaka.

> **Muyingirire mu mulyango omufunda! Kubanga ekkubo erigenda mu kuzikirira ddene n'omulyango mugazi, n'abalonda ekkubo eryo bangi.**
>
> **Kubanga omulyango mufunda, n'ekkubo eridda eri obulamu ffunda, era n'abaliraba batono. (Matayo 7:13-14)**

Waliwo ekkubo limu lyokka erikutwala mu bwakabaka era ye Yesu Kristo. Yesu yalabula nti olina okuyingira mu bulamu obutaggwaawo kati, kubanga olunaku lumu omulyango ogwo guliggalwa.

> **Mufube okuyingira mu mulyango omufunda kubanga mbagamba nti, bangi balyagala okuyingira naye tebalisobola.**
>
> **Nannyinimu bw'alisituka n'aggalawo oluggi, mugenda kubeera bweru nga mukonkona nga bwe mwegayirira nti, 'Mukama waffe, tuggulirewo.' Agenda kubaanukula nti, 'Sibamanyi, ne gye muva simanyiiyo. (Lukka 13:24-25)**

Kaakati omulyango gw'obwakabaka muggule. Osobola okuyingira nga weenenya ebibi byo. Mu biro Katonda mwanalamulira ensi, buliba buyise. Oluggi lujja kuba nga luggaddwa.

**ENGERO ESATU EZIKWATA KU KUYINGIRA.**

Yesu yannyumya engero ez'enjawulo mu Lukka 15:1-32. Ojja kwongera okuyiga ku ngero zino mu lusoma luno. Engero byabanga byakulabirako eby'omubiri Yesu bye yakozesanga okuggyayo amazima ag'omwoyo. Soma engero z'omu Lukka 15, ezikwata ku ndiga eyabula, ennusu eyabula, omwana eyazaawa. Zonna zikwata ku kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda;

- Olugero lw'omusumba eyali anoonya endiga ze lulaga engeri Katonda gy'anoonya abo abaabula mu mwoyo bakomewo mu bwakabaka bwe.
- Olugero lw'omukyala eyali anoonya ennusu eyabula lulaga obunyiikivu bw'olina okulaga ng'onoonya abo abaabulira mu kibi abaluŋŋamye eri obwakabaka.

- Olugero lw'omwana eyazaawa lulaga ennono y'okwenenya mw'oyinza okuyita okufuna ebifo by'obusika bwo eby'obwa Kabaka bwa Katonda ebituufu.

**OKWONGERA KU KUKKIRIZA.**

Kiba kuyita mu kukkiriza Katonda n'omwana we Yesu Kristo n'osobola okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda;

> **Mumpulirize, abooluganda abaagalwa, Katonda teyalonda abo ensi b'eyita abaavu, okuba abagagga mu kukkiriza, era okuba abasika ab'obwakabaka obw'omu ggulu, Katonda bwe yasuubiza abo abamwagala? (Yakobo 2:5)**

Omutume Peetero, n'olwekyo, ayogera ku bisaanyizo eby'omwoyo by'oyinza okunoonya okusobola by'oyinza okunoonya okusobola okukulaakulanya obulamu bwo oluvannyuma lw'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri;

**Noolwekyo mufubenga nnyo, okukkiriza kwammwe mukwongereko obulungi, ne ku bulungi mwongereko okutegeera.**

**Ne ku kutegeera mwongereko okwefuganga, ne ku kwefuganga mwongereko obugumiikiriza, ne ku bugumiikiriza mwongereko okutya Katonda.**

**Ne ku kutya Katonda mwongereko okufaayo ku booluganda abalala bonna ne ku kufaayo ku booluganda bonna abalala mwongereko okwagalananga.**

**Kubanga bwe muba n'ebyo ne byeyongera obungi, bibafuula ba mugaso era ababala ebibala olw'okutegeera Mukama waffe Yesu Kristo.**

**Oyo atalina ebyo muzibe wa maaso era awunaawuna, era yeerabidde bwe yanaazibwako ebibi bye eby'edda.**

**Kale, abooluganda mweyongerenga okunywerera mu kulondebwa kwammwe ne mu kuyitibwa kwammwe. Kubanga bwe munaakolanga bwe mutyo temulyesittala n'omulundi n'ogumu.**

**Era mulyaniririzibwa n'essanyu lingi nnyo mu bwakabaka bwa Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo. (2 Peetero 1:5-11)**

Ng'omaze okuyingira obwakabaka olw'okukkiriza, oteekeddwa okuba ng'obulamu bwo obutambuliza ku nnono ezifuga obwakabaka bwa Katonda. Bw'otokola kino, mangu ddala ojja kwerabira nti Katonda yakuggyako ebibi oddeyo mu bulamu bw'okonoona obukadde.

Peetero agamba nti bwe mweyongera okukula mu mwoyo, okuyingirakwo mu bwakabaka kujja kuba nga kukasibwa. Oluvannyumako era ojja kuyiga ku nnono z'okubeera mu bwakabaka bwa Katonda mu lusoma luno, ezinaakuyamba okufuna okukula kuno mu mwoyo.

**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandiika olunyiriri olukulu, ng'oluggya mu mutwe gwo.

………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………

2. Ani yaweebwa ebisumuluzo by'obwakabaka?

………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………

3. Ebisumuluzo by'obwakabaka bye biriwa?

………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………

4. Kikolwa ki ekyetaagisa omuntu ky'ateekwa okukola okusobola okuva mu bwakabaka bwa Sitaani n'adda mu bwakabaka bwa Katonda?

………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………

5. Yesu yagamba ki Nikodeemu okusobola okuba ng'ayingira obwakabaka bwa Katonda?

………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………

6. Emboozi eri mu 2 Peetero 1:5-11 esomesa ki? (Osobola okweyambisa Baibuli yo okusoma zino ennyiriri)

………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………

7. Kitegeeza ki okusiba ekintu?

………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………

8. Kitegeeza ki okusumulula ekintu?

………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu ku kwegezzaamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

**OKWEYONGERA OKUSOMA.**

Mu ssuula ewedde, osomye ku ebyo Yesu bye yasomesa ku bulamu ebyekuusa ku kabaka, obwakabaka, n'ennono ez'obwakabaka. Ebisomesebwa bimenyeddwa mu bitabo by'enjiri ebina omuli, Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana.

Kati ojja kusoma emu ku njiri ezo mu bulambulukufu. Ekitabo kya Matayo newaakubadde kyawandiikibwa eri abakkiriza bonna, kyatunuulira Bayudaaya kubanga be kyali kikwatako mu kusooka. Matayo yalaga Yesu nti ye yali Masiya eyasuubizibwa era n'alaga obukulu bwa Yesu nga Kabaka wa Bayudaaya. Matayo essira yaliteeka ku njiri y'obwakabaka nga Yesu bwe yasomesa. Olw'essira lino, Matayo ky'ekimu ku bitabo eby'ogera ennyo ku bwakabaka mu Baibuli. Ekigambo "obwakabaka" kikozesebwa emirundi egisoba mu makumi ataano (50) mu kitabo kya Matayo era akozesa n'enjogera eya "obwakabaka bw'eggulu" kumpi mu kitabo kyonna.

Weyambise bino wammanga osome ekitabo kya Matayo ku bikwata ku Kabaka, obwakabaka bwe, n'ennono z'obwakabaka.

Ekitundu ekisooka: olulyo lwa Kabaka (1:1-17)

1. Ennyanjula: 1:1
2. Abantu abali mu lulyo: 1:2-16
3. Enteekateeka y'olulyo: 1:17

Ekitundu eky'okubiri: okuzaalibwa kwa Kabaka (1:18- 2:23)

1. Okufuna olubuto lwa Kabaka: 1:18-23
2. Okuzaalibwa 1:24-25
3. Ebyaliwo mu kuzaalibwa kwa Kabaka: 2:1-23
   (a). Abasajja abagezigezi bakyala ewa Kerodde: 2:1-12
   (b). Okutwalibwa e Missiri: 2:13-15
   (c). Keerodde ng'awoolera: 2:16-18
   (d). okukomezebwawo mu maka ge Nazareesi: 2:19-23

Ekitundu eky'okusatu: Okwetegeka 3:1-4:11.

1. Okuteekeratekera okujja kwa Kabaka 3:1-17
   (a). Obuweereza n'obubaka bwa Yokaana omubatiza: 3:1-12
   (b). Okubatizibwa kwa Kabaka 3:13-17
2. Okuteekateeka okujja kwa Kabaka: 4:1-11
   (a). Ng'alumbibwa Sitaani ng'omuntu: 4:1-11
   (b). Ng'alumbibwa Sitaani mu mwoyo: 4:5-7
   (c). Alumbibwa Sitaani nga Mukama (4:8-11)

Ekitundu eky'okuna: Obuweereza bwa Kabaka e Galilaaya: 4:12-13:58

1. Okuyitibwa eri okwenenenya: 4:12-17
2. Abavubi abana bayitibwa okuba abayigirizwa 4:18-22

3. Okwanguwa okumanyika n'okutuuka ku buwanguzi: 4:23-25
4. Ennono ku nneeyisa yabali mu bwakabaka: 5:1-7:28
   (a). Endowooza abali mu bwakabaka ze bandibadde nazo: 5:1-12
   (b). Okumanyisibwa kw'abali mu bwakabaka. Ekitangaala n'omunnyo; 5:17-48
   (c). Ennono z'obwakabaka ezikwatagana n'amateeka wamu ne ku bannabbi: 5:17-48
      - Etteeka lya Katonda okutwaliza awamu: 15:17-20
      - Etteeka eppya: 15:21-48.
         - Okutta: 15:21-48
         - Obwenzi: 15:27-30
         - Okwawukana: 15:31-32
         - Ebirayiro: 15:33-37
         - Engeri y'okuyisaamu abalala: 15:38-4
5. Endowooza essatu ezidda eri okusinza mu bwakabaka: 6:1-18
   (a). Okuwaayo: endabika eyookukungula: 6:1-4
   (b). Okusaba: endabika eyawaggulu: 6:5-15
   (c). Okusiiba: Endabika eyoomunda: 6:16-18

6. Ebyamakulu eri abali mu bwakabaka: 6:19-23.

   (a). Ebikwata ku mpisa: 6:19-23

   (b). Ebikwata ku kuweereza: 6:22-24

   (c). Ebikwata ku byetaago ebikalu: 6:25-34

   (d). Ekyetaago ekirungi: Obwakabaka 6:33

7. Enneeyisa ennungi ey'abali mu bwakabaka.

   (a). Okulamula 7:1-5

   (b). Okufaayo eri ekyo ekitukuvu 7:6

   (c). Okusaba 7:7-12.

      - Ebika by'essaala ebisatu: okusaba, okunoonya, okukonkona: 7:7-8
      - Enjawulo eri wakati wa Taata ow'omubiri ne Taata ow'omuggulu: 7:9-11

8 Okulabulwa okw'enjawulo eri abali mu bwakabaka 7:13-29
   (a). Emiryango ebiri 7:13-14
   (b). Bannabbi ab'obulimba 7:15-20
   (c). Okukasibwa kw'omuntu wa Katonda: Okukola okwagala kwe: 7:21-23
   (d). Enjawulo wakati w'abantu abagezi n'abasirusiru 7:24-27

9. Ebyewunyisa ku njigiriza ya Yesu 7:28-29.

(A). Obuyinza ku ndwadde: 8:1-17

   (1) Okuwonya omugenge 8:1-4
   (2) Okuwomya omuddu w'omukulu w'ekitongole ky'abasirikale ekikumi 8:5-13
   (3) Okuwonyezebwa kwa Maama wa Peetero 8:14-15

(4) Okuwonya endwadde zonna 8:16-17
    (B) Obuyinza eri abayigirizwa be 8:18-22
    (C) Obuyinza ku bitonde by'ensi. 8:23-27
    (D) Obuyinza ku Dayimooni. 8:28-34
    (E) Obuyinza ku kibi: 9:1-8
    (F) Obuyinza ku bantu 9:9-17
        1) Okuyitibwa kwa Matayo 9:9
        2) Okulya n'ababi 9:10-13
        3) Okuddamu eri ebisoomooza: 9:14-17

(G). Obuyinza ku kufa: Muwala w'omufuzi: 9:18-19, 23-26

(H). Obuyinza ku mbeera z'omubiri 9:20-38

1) Omukyala ow'ekikulukuto: 9:20-22
2) Obuzibe 9:27-31
3) Okuba kiggala n'eziddayimooni: 9:32-34
4) Okusaasira kwa Yesu: 9:35-38

Okutumibwa Kabaka 10:1-42.

(A). Abaminsani ekkumi n'ababiri n'obuyinza bwabwe 10:1-4

(B). Ebiragiro ku lugendo 10:5-42.

1) Ew'okulaga: 10:5-6
2) Obuweereza 10:7-8
3) Ebiragiro kuby'obuggaga 10:9-15
4) Ebiragiro ku by'omwoyo: 10:16-42

Endowooza eri obwakabaka 11:1-30.

(A). Obutategeera bwakabaka 11:1-11

(B). Okukyusibwa kw'obwakabaka.

(C). Obwakabaka bugaanibwa 11:20-24

(D). Okukkirizibwa kw'obwakabaka 11:25-30

Okuwakanyizibwa Abafalisaayo: 12:1-14

(A). Okukungula ku Ssabbiiti: 12:1-8

(B). Okuwonga ku Ssabbiiti 12:9-13

(C). Ebivaamu: 12:14-21

Ekibi ekitasonyiyibwa: 12:22-37

Okuddamu kwa Kristo eri ebyetaago by'abafalisaayo: 12:38-45

Okusukkulumya enkolagana ey'omwoyo ku y'omubiri mu bwakabaka 12:46-50

Engero ez’obwakabaka: 13:1-53

A. Olugero lw’omusizi 13:1-9
B. Ensonga ey’okwogerera mu ngero 13:10-17
C. Okunnyonnyola olugero lw’omusizi: 13:18-23
D. Olugero lwe ŋŋaano y’omu nsiko: 13:24-30
E. Olugero lw’akasigo ka kalidaali: 13:31-32
F. Olugero lw’ekizimbulukusa: 13:33
G. Ekifunze ku ngero: 13:34-35
H. Okunnyonnyola olugero lw’eŋŋaano y’omunsiko 13:36-43
I. Olugero olw’ekyobuggaga ekyakwekebwa mu nnimiro 13:44
J. Olugero olw’amayinja ag’omuwendo omungi 13:45-46
K. Olugero lw’akatimba 13:47-50
L. Ebifundikira engero zino: 13:51-52

Okwanirizibwa kwa Kabaka mu kibuga ky’ewaabwe: 13:53-58

Ekitundu eky’okutaano: obuweereza mu bitundu eby’okumpi ne Galiraaya: 14:1-18:35

i. Okufa kwa Yokaana omubatiza: 14:1-12
ii. Okusaabala kwa Yesu ku nnyanja: 14:13-15:20
    A. Okuliisa enkumi ettaano 14:13-21
    B. Okugoberera olw’emigaati n’ebyennyanja 14:22-23
    C. Okutambulira ku nnyanja: 14:34-36
    D. Obuweereza mu Genesaleeti: 14:34-36
    E. Okuwakanyizibwa Abafalisaayo n’abannyonnyozi b’amateeka 15:1-20

Yesu agenda mu bitundu bye Ttuulo ne Sidoni: 15:21-28

(A). Abakazi b’eTtuulo ne Sidoni.

Yesu agenda ku njegoyego ze Dekapolisi: 15:29-31

A. Obuweereza bw’okuwonya okumpi nennyanja ye Ggaliraaya 15:29-30
B. Okuliisa enkumi ennya: 15:32-38

Obuweereza mu bitundu bye Magadaleni: 15:39-16:4

Okulabula abayigirizwa ku Bafalisaayo ne Abassedukaayo. 16:5-12

Okugenda e Kalisaliya ekya Firipo: 16:13-17:21

A. Okugezesa abayigirizwa: 16:13-20
B. Okulangirira okufa kwe, okuzuukira wamu n’okudda kwe : 16:21-28
C. Okufuusibwa: 17:1-13
D. Okuwonyezebwa kw’omusimbu 17:14-20

Akyalako e Ggaliraaya 17:22-18:35

A. Okujjukiza ku kufa kwe n'okuzuukira kwe 17:22-23
B. Okuwa omusolo gw'ekkanisa: 17:24-27
C. Essomo ly'obukulu: 18:1-6
D. Okulabulwa ku buzi bwemisango: 18:7-9
E. Olugero lw'endiga eyabula: 18:10-14
F. Engoonjoola y'emisango wakati w'abali mu bwakabaka: 18:15-35.
    (1) Engeri y'okugonjoola mu emisango: 18:15-17
    (2) Obuvunaanyizibwa n'ebirungi eri abali mu bwakabaka: 18:18-20
    (3) Ekibuuzo ku kusonyiyibwa: 18:21-22
    (4) Kabaka ne b'abanja: 18:23-35

Ekitundu eky'omukaaga: Obuweereza bwa Kabaka mu Pereya 19:1-20:34

Okuwonya enkuyanja mu Buyudaaya: 19:1-2

Ekibuuzo ekikwata ku kwawukana: 19:3-12

Yesu awa abaana omukisa: 19:13-15

Okubuuzibwa kw'omuvubuka omuggaga: 19:16-22

Okusaanawo kw'obuggaga: 19:23-30

Olugero lw'omupangisa: 20:1-16

Okweyoleka kw'okufa n'okuzuukira kwa Yesu 20:17-19

Okusaba kwa nnyina okw'okweyagaliza 20:20-28

Abazibe b'amaaso ababiri bawonyezebwa okumpi ne Yeriko: 20:29-34

Ekitundu eky'omusanvu: wiiki ya Kabaka essembayo: 21:1-27:31

Okuyingira mu Yerusaalemi okwekitiibwa: 21:1-11

Okulongoosa yeekaalu: 21:12-17

Okukolimira omuti omutiini: 21:18-22

Obuyinza bwa Yesu busomoozebwa: 21:23-32

Olugero lw'abalimi: 21:33-46

Olugero lw'embaga ey'obugole: 22:1-14

Okugezaako okuwakanya Yesu: 22:15-45

A. Ekibuuzo ku kusasula omusolo eri Kalisaayi: 22:15-22
B. Ekibuuzo ku kuzuukira: 22:23-33
C. Ekibuuzo ku tteeka ekkulu: 22:34-40

D. Ekibuuzo kya Yesu: 22:41-46

Okukubaganya ebirowooza ku bannyonnyozi b’amateeka n’abafalisaayo: 23:1-39

A. Befuula abalina obuyinza ku ddiini: 23:1-3
B. Batikka emiggugu: 23:4
C. Beeyagaliza okutenderezebwa: 235-7
D. Okuwabula abayigirizwa be 23:8-12
E. Okunakuwalirako abannyonnyozi b’amateeka n’abafalisaayo: 23:13-36
F. Omulanga eri Yerusaleemi: 23:37-39

Ebiseera by’obwakabaka ebirijja: 24:1-25:46

A. Okumenyebwa kwa Yeekaalu: 24:1-2
B. Obubonero bw’enkomerero: 24:3-14
C. Ekiseera ky’okubonyabonyezebwa: 24:15-22
D. Okudda kwa Yesu: 24:23-31
E. Olugero lw’omuti omutiini: 24:32-35
F. Olunaku lwa Mukama: 24:35-41
G. Ekiragiro ky’okulaba: 24:42-51
H. Engero ezikwata ku nnaku envannyuma: 25:1-46
    1) Abawala ekkumi: 25:1-13
    2) Olwa ttalanta: 25:14-30
    3) Olw’endiga n’embuzi: 25:31-46

Ebyaliwo ng’okuttibwa tekunatuuka: 26:1-27:31

A. Ekirango ng’anatera okufa: 26:1-2
B. Omupango gw’okutta Yesu: 26:3-5
C. Okufukibwako amafuta g’okuziikibwa 26:6-13
D. Yuda yeetesa okulya mu Yesu olukwe 26:14-16
E. Eky’ekiro ekisembayo 26:17-29
    1) Okuteekeratekera okuyitako 26:17-19
    2) Eky’ekiro ekisembayo: 26:20-29
    3) Okulabula kwa Yesu n’okwegulumiza kwa Peetero: 26:30-35
F. Gesisemeeni: 26:36-46
G. Okuliibwamu olukwe n’okukwatibwa: 26:47-56
H. Okugezesebwa kwa Yesu: 26:57-27:26

Ekitundu eky’omunaana: Okufa kwa Kabaka n’obuwanguzi bwe: 27:27-28:20

Okuttibwa n’okuziikibwa: 27:27-66

A. Okuyisibwamu amaaso Abaserikale 27:27-31
B. Ekkubo ly’okufa ne Kalivaaliyo: 27:32-54

C. Abakazi abeesigwa, okuziika n’okukuuma entaana: 27:55-56

Okuzuukira 28:1-15

Omulimu ogusinga obukulu: 28:16-20.

# ESSUULA EYOOKUTAANO.

## OKUSUULIBWA EBWERU W'OBWAKABAKA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okuzuula emboozi eziri mu Baibuli eziraga ebibi ebiremesa okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.
- Okuwa ekiri mu Baibuli ekinnyonnyola engeri y'okwewalamu ebibi ebiremesa okuyingira mu bwakabaka.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Si bonna abampita nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe,' be baliyingira obwakabaka obw'omu ggulu, wabula abo bokka abakola ebyo Kitange ali mu ggulu by'ayagala. (Matayo 7:21)**

**ENNYANJULA.**

Mu ssuula ewedde, oyize ku bisumuluzo eby'omwoyo ebikuwa obusobozi bw'okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda. Essuula eno, efudde nnyo ku bintu ebiremesa okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda. Efudde nnyo ku buzibu obwaddala nti abantu abamu bajja kusuulibwa ebweru w'obwakabaka.

**OKUSUULIBWA EBWERU W'OBWAKABAKA.**

Bangi nnyo bagamba nti bali mu bwakabaka naye ng'ekyamazima tebali mu bwakabaka. Baibuli eyogera ku bwakabaka okuba nga bujjudde ensigo ennungi n'omuddo oguva mu nsigo embi.

> **Ennimiro y'ensi, n'ensigo ennungi be baana b'obwakabaka, naye omuddo be baana ba Setaani.**
>
> **Omulabe eyasiga ensigo ez'omuddo ye Setaani, amakungula y'enkomerero y'ensi n'abakunguzi be bamalayika.**
>
> **Noolwekyo ng'omuddo bwe gwakuŋŋaanyizibwa ne gwokebwa mu muliro, bwe kityo bwe kiriba ku nkomerero y'ensi.**
>
> **Omwana w'Omuntu alituma bamalayika be mu bwakabaka bakuŋŋaanye ebintu byonna ebyesittaza, n'abajeemu,**
>
> **Babasuule mu nkoomi y'omuliro. Omwo mwe muliba okukaaba n'okuluma obujiji.**
>
> **Naye abatuukirivu balyakaayakana ng'enjuba mu bwakabaka bwa Kitaabwe. Alina amatu agawulira, awulire. (Matayo 13:38-43)**

Mu biseera bino, bangi bagamba bali mu bwakabaka nga bakyali mu kibi. Wajja kubaawo olunaku gye bujjako, Katonda lwaliramulirako era lw'aliyawulira abantu bano abatuufu abalina okubeera mu bwakabaka. Abo ababi bajja kusuulibwa ebweru w'obwakabaka bwa Katonda.

Baibuli era eyogera ku bwakabaka nti bulinga akatimba akaasuulibwa ku nnyanja ne kakwata buli kika kya kyennyanja.

> **Era obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana ng'akatimba akategebwa mu nnyanja ne kakwasa ebyennyanja ebya buli ngeri.**
>
> **Akatimba bwe kajjula ne bakawalulira ku lubalama ne balondamu ebirungi nga babikuŋŋaanyiza mu bisero, ebibi nga babisuula.**
>
> **Bwe kiriba bwe kityo ne ku nkomerero y'ensi, bamalayika balijja ne baawulamu abantu abatuukirivu n'ababi.**
>
> **Ababi balibasuula mu nkoomi y'omuliro eriba okukaaba n'okuluma obujiji. (Matayo 13:47-50)**

Baibuli eyogera ku lunaku olulijja nga;

> **Mbagamba nti bangi baliva ebuvanjuba n'ebugwanjuba ne batuula wamu ne Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo mu bwakabaka obw'omu ggulu. (Matayo 8:11)**

Naye Yesu alabula nti,

> **Era waliba okukuba ebiwoobe n'okuluma obujiji bwe muliraba Ibulayimu, ne Isaaka, ne Yakobo ne bannabbi bonna nga bali mu bwakabaka bwa Katonda, naye nga mmwe musuulibbwa ebweru. (Lukka 13:28)**

Ng'obwakabaka obw'enkomeredde tebunnateekebwawo, Katonda wakulamula abantu bonna, abo abalibeera abalamu ku kudda kwa Yesu wamu n'abali baafa edda.

> **Nkukuutirira mu maaso ga Katonda ne Kristo Yesu, anaatera okusalira abalamu n'abafu omusango, era n'olw'okujja kwe, n'olw'obwakabaka bwe. (2 Timoseewo 4:1)**

Ku lunaku lw'okulamulwa okw'enkomerero, wajja kubaawo okwawulibwa wakati w'abantu bonna. Abamu bajja kuyingira obwakabaka ate abalala basuulibwe ebweru waabwo.

> **Omwana w'Omuntu bw'alijja mu kitiibwa kye ne bamalayika bonna nga bali naye, alituula ku ntebe ey'ekitiibwa kye.**
>
> **Awo amawanga gonna galikuŋŋaanyizibwa mu maaso ge era aligaawulamu ng'omusumba bw'ayawulamu endiga n'embuzi. 33 Endiga aliziteeka ku mukono gwe ogwa ddyo n'embuzi ku gwa kkono.**
>
> **Awo Kabaka n'alyoka agamba abali ku mukono gwe ogwa ddyo nti, Mujje mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutondebwa kw'ensi. (Matayo 25:31-34)**

## OKUFUNA OBUTUUZE OBW'ENKOMEREDDE.

Olw'okuba nti Bayibuli ekiraga nti abantu abamu bajja kusuulibwa ebweru w'obwakabaka, kikulu nnyo okutegeera engeri yokufunamu obutuuze obw'enkukunala mu bwakabaka bwa Katonda, Yesu yagamba;

> **Si bonna abampita nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe,' be baliyingira obwakabaka obw'omu ggulu, wabula abo bokka abakola ebyo Kitange ali mu ggulu by'ayagala. (Matayo 7:21)**

Okwatula obwatuzi nti Yesu ye Mukama si kyekikakasa obutuuze bwo obwenkukunala mu bwakabaka bwa Katonda. Yesu yagamba nti okwatula obwatuzi tekimala, oteekeddwa okukola okwagala kwa Katonda. Kwagala kwa Katonda ggwe weenenye ebibi byo ofune Yesu ng'omulokozi wo:

> **Mukama waffe taludde kutuukiriza ekyo kye yasuubiza ng'abamu bwe balowooza. Wabula ye akyabagumiikiriza, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna beenenye. (2 Peetero 3:9)**

Bw'omala okukkiriza Yesu ng'omulokozi, oteekwa okweyongerayo okole okwagala kwa Katonda. Oteekwa okubeera ku nnono z'obwakabaka obupya z'oyingidde. Ennono zino zijja kuba nga zinnyonnyolwa gye bujjako mu ssuula eno.

Okufuuka omutuuze w'obwakabaka kikwetaagisa okussuka ku kwatula obwatuzi. Mubaamu okukyusa mu ndowooza wamu n'engeri gy'okolamu ebintu. Oteekeddwa okufuna enneeyisa empya mu bulamu bwo etambula era ekwatagana obulungi n'ennono z'obwakabaka bwa Katonda.

Obukulu bw'okukola okwagala kwa Katonda bulagibwa mu mboozi ennyumizibwa Yesu mu Matayo 21:28-32. Soma emboozi eno mu Baibuli yo. Eraga nti kyetaagisa omuntu okuddamu eri enjiri. Okwatula obwatuzi tekimala, oteekeddwa okubaako ky'okola.

## EBIBI EBIREMESA OKUYINGIRA.

Ekibi kiremesa okuyingira obwakabaka bwa Katonda, ekibi kwe kumenya etteeka lya Katonda:

> **Buli muntu akola ebibi aba mujeemu, era ekibi bwe bujeemu. (1 Yokaana 3:4)**

Waliwo ebibi bingi ebizuuliddwa mu ndagaano empya. Mu lusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa "Emisingi gy'okukkiriza,'' mulimu ebibi bino nga birambikiddwa bulungi.

Ebitundu bya mirundi ebiri biraga ebibi ebiziyiza okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda:

> **Oba temumanyi ng'abatali batuukirivu tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda? Temulimbibwanga. Abakaba, newaakubadde abasinza bakatonda abalala, newaakubadde abenzi, newaakubadde abasajja abeeyisa ng'abakazi, newaakubadde abalya ebisiyaga.**
>
> **Newaakubadde ababbi, newaakubadde aboomululu, newaakubadde abatamiivu, newaakubadde abajerega, newaakubadde abanyazi tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda. (1 Abakolinso 6:9-10)**
>
> **Ebikolwa by'omubiri bya lwatu, bye bino: obwenzi, obukaba, obugwenyufu.**
>
> **Okusinza bakatonda abalala, obufumu, obulabe, okuyomba, obuggya, obusungu, okwekuluntaza, okweyawula, okwesalamu**
>
> **Ettima, obutamiivu, ebinyumu, n'ebirala ebiri ng'ebyo. Ka mbategeeze nate nga bwe nasooka okubabuulira nti buli akola ebyo talina mugabo mu bwakabaka bwa Katonda. (Abaggalatiya 5:19-21)**

Ebibi ebimu biragibwa mu bitundu bino nga buli kitundu mulimu ebibi ebitalagiddwa mu kitundu ekirala.

**Ebibi bino wammanga byogerwako mu Bakolinso ne mu Abaggalatiya;**

**OBUTALI BUTUUKIRIVU.**

Ekitundu ekisooka okulagibwa mu Bakolinso, kiraga nti abatali batuukirivu tebajja kusikira bwa Kabaka bwa Katonda. Abaggalatiya akaddamu nti abatali batuukirivu si basika ba bwakabaka. Obutuukirivu tebusobola kufunibwa mu kugondera tteeka lyonna, bufunibwa ng'oyita mu kkukiriza Yesu. Omuntu ono aba akkiriza Yesu, afuuka ekyo Katonda ky'aba ayagala abeere n'ekyo kyonna ky'atandisobodde kubeera ku lulwe.

> **Kubanga oyo ataamanya kibi, yafuuka ekibi ku lwaffe, tulyoke tufune obutuukirivu obuva eri Katonda mu Yesu. (2 Abakolinso 5:21)**

Abannyonnyozi b'amateeka n'abafalisaayo, abakulembeze b'eddiini mu biro bya Kristo ng'akyali mu buweereza bwe obwo ku nsi, baagezaako okwetuukiriza nga bayita mu enkola ez'eddiini. Naye Yesu n'abalabula;

> **Naye mbalabula nti Okuggyako ng'obutuukirivu bwammwe businga obw'Abafalisaayo n'obw'abawandiisi, temuliyingira mu bwakabaka bwa mu ggulu. (Matayo 5:20)**

Yesu yagamba abakulembeze b'eddiini;

> **Zibasanze mmwe Abawandiisi, nammwe Abafalisaayo. Bannanfuusi mmwe! Muziyiza abantu abalala okuyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu, ate nammwe ne mutayingira. (Matayo 23:13)**

Oyo yenna anywerera ku nzikkiriza ez'eddiini, enkola, amateeka oba ebiragiro okugezaako okufuna obutuukirivu ali mu lusse lwe lumu olw'abawandiisi n'abafalisaayo. Ebintu ebyo biba butuukirivu butaliimu. Bifa ku kugondera mateeka kungulu naye so si okwomu mutima munda. Omuntu yenna bw'asomesa enkola ezo ng'engeri z'okufuna obutuukirivu, awo nno baba baziyiza abalala okuyingira mu bwakabaka.

Ebinnyonnyolwa bino "obutali butuukirivu" "n'obutali bulongoofu" bizimbiddwa wamu ddala. Newaakubadde ebibi byonna ebizuuliddwa mu kigambo kya Katonda tebimenyeddwa mu bitundu bya Abbagalatiya ne Abakolinso, ebinnyonnyolwa bino byombi byoleka ekibi kyonna. Akiyita "butali butuukirivu" ekiri nti okuba nga toli mutuukirivu mu mpisa ne mu mwoyo.

Amwanga g'ensi mangi galina enkola nti, omuntu bwafa, asobola okuwa ebintu bye eri abalala. Abantu ababitwala be bayitibwa "abasika." Bw'oba omusika w'ekintu kitegeeza olina okukkisikira era kiba kintu ekikuwereddwa okuva ku mulala.

Naye okusobola okubifuna, oteekwa okusooka okuba n'ebisaanyizo ebimu, oteekeddwa okuba omusika atuukiridde okusinziira ku mateeka g'eggwanga.

Oli musika w'obwakabaka bwa Katonda, Yesu yakufuula omusika mu kiseera ky'okufa kwe. Ng'afiiririra ebibi byo, osobola okuyingira mu bwakabaka. Naye okufuuka omusika omutuufu, olina kusooka kusonyiyibwa ebibi byo byonna ebyayita, okwesiga Yesu okukyusa obulamu bwo, ebiroowo, n'ebikolwa byo, olwo nno otandike okubeera mu butuukirivu. Bino by'ebyetaago ebitereddwa mu byawandiikibwa.

Ekigambo "obutuukirivu" kitegeeza okuba ow'amazima, omutuufu era omutukuvu. Kitegeeza okunywerera ku kwagala kwa Katonda nga bwe kulagibwa mu Kigambo kye ekyawandiikibwa wamu n'obutukuvu mu ndowooza, ekigambo n'ekikolwa.

Buli muntu abeera mu butali butuukirivu obw'ekibi, tajja kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda. Jjukira nti ekitundu mu Bakolinso, kirabula nti, "Temulimbibwalimbibwa." Okukkiriza osobola okubeera nga bw'oli n'oyingira obwakabaka bwa Katonda, buno buba bulimba bwa Sitaani.

**ABAKABA:**

Obukaba kwe kwetaba mu bikolwa eby'okwegatta wakati wabantu ababiri naye nga si bafumbo. Ekibi kino mulimu obwenzi, ekitegeeza okwegatta kw'omuntu omufumbo, n'oyo atali mubeezi we mu bufumbo. Obukaba era mulimu okwegatta wakati w'abantu abatali bafumbo. Mulimu ebibi ng'okulya ebisiyaga (ekitegeeza okwegatta n'omuntu ow'ekikula ekimu), n'okukola ebyambyone (okwegatta n'owoluganda lwo)

**ABASINZA EBIFAANANYI:**

Okusinza ebifaananyi kitegeeza okusinza ebintu ebirala ebitali Katonda. Kino tekitegeeza kusinza bintu nga mayinja, bibajje, oba ebyuma by'omuwendo. Ekifaananyi kiba kintu kyetutwala nga kyamugaso nnyo okusinga Katonda.

Abasinza ebifaananyi be bakola ebikolwa eby'okugulumiza ebintu ebirala okusinga Katonda omutuufu. Okusinza ebifaananyi kwe kuba nga toyatula kifo kya Katonda ekituufu mu bulamu bwo.

**ABENZI.**

Obwenzi kwe kwegatta kw'omuntu omufumbo n'omuntu omulala atali mubeezi we mu bufumbo.

**ABATAMIIVU:**

Mu kitundu ekiri mu Baggalatiya, ekibi kino kiyitibwa ettamiiro. Y'embeera y'okuba ng'obwongo n'omubiri bikoseddwa oluvannyuma lw'okunywa eky'okunywa ekyamaanyi, ebiseera ebisinga emyenge.

Ebibi bino bye biragibwa mu kitundu kya Bakolinso mwokka.

**OKWEKAZIWAZA:**

Kino tekikola ku bakazi bokka abaaka, wabula n'abo abalumirizibwa ekibi ky'obukaba mu mibiri gyabwe.

**ABEEYONOONESA.**

Kino kitegeeza okuyisa obubi omulala oba okumweyambisa mu bubi, abantu abeeyisiza obubi ku balala bakola kibi nnyo eri abantu abo. Bwe bakola batyo nabo baba beekosa mu mibiri gyabwe.

**ABABBI:**

Ababbi be bantu abatwala ebitali byabwe. Batwala ebintu by'abantu abalala nga tebabiwadde oba nga tebamanyi. Era oluusi bano bayitibwa banyazi.

**OKWEYAGALIZA.**

Bw'oba nga weeyagaliza obeera nga weeyagaliza ekintu, nga weelowooleza singa ekintu ekyo tekiba kya muntu mulala wabula nga kikyo. Osobola okweyagaliza essente z'omuntu, ebintu ebikulu, ekifo oba amaanyi. Osobola okweyagaliza omusajja oba omukazi w'omuntu.

**OKUNYAGA:**

Kino kitegeeza okutwala ekintu ky'omulala n'amaanyi, okuleetera omuntu okukuwa ekintu olw'amaanyi oba ng'omukase.

**ABAJEREZI:**

Kino kitegeeza okwogera ekintu nga tofuddeyo, nga kinyigiriza omulala oba okwogera n'omuntu mu ngeri embi.

Ebibi bino wammanga biragiddwa mu kitundu kya Abaggalatiya mwokka;

**OBUGWENYUFU:**

Kino ky'ekibi eky'okwaka, ebikolwa ebibi, ebitaliimu nsa era okuba nga bw'obikola tofuna kuswala.

**OBULOGO:**

Kuno kwe kukola ebintu bye ddogo, omuli obufuusa obw'abeeru n'abaddugavu, okuloga ng'okozesa eddagala oba ebintuntu. Mulimu ebikolwa bya Sitaani byonna n'okumusinza.

**OBUKYAYI:**

Kino kyekikontana n'okwagala. Kuba kwolesa bukyayi oba obutaba na kwagala eri omuntu.

**OBUTAKKAANYA:**

Kino kitegeeza okulemererwa okutuuka kunzikirizigannya ku nsonga yonna. Kyefananyiriza n'okukontana.

**OKUKOPEREZA:**

Kino kitegeeza okwagala okukoppera ddala ebyo abalala bye bakola, okubenkana oba okubayitako. Luno luba lutalo lwa mwoyo era nga kiba kika kya buggya.

**OBUSUNGU:**

Kino kitegeeza obusungu obwamaanyi, ekikolwa eky'obukambwe oba effubitizi.

**AKAVUVUNŋŋANO:**

Kino kitegeeza oluyombo oba obutakkaanya. Kitegeeza okukontana oba enkayaana.

**OBUTEESONYIWA:**

Kino kitegeeza obuteeresa kukola kintu, oba okweyisa obubi.

**OKWESALAMU.**

Kino kitegeeza ekintu ekyo ky'okkiriza ekitali kigambo kya Katonda. Kuba kweteesa kwa muntu mu ngeri enkyamu era bireetawo enjawukana mu kkanisa.

**ETTIMA:**

Kino kitegeeza obuggya eri omuntu aba alina kyatuseeko. Okubanyigira nga bafunye omukisa mu by'ensimbi, ogw'omwoyo oba ebintu ebikalu.

**OBUTEMU:**

Kino kitegeeza kuggyawo bulamu bw'omulala ng'okikola otegeera mu ngeri enkyamu. Omutemu si y'omu n'oyo aba yerwanako oba atta nga tagenderedde.

**EBINYUMU:**

Kino kitegeeza okwetaba mu bintu by'obulamu bw'ensi mu ngeri y'okubusanyukiramu mu by'okola.

**OKULEMESEBWA OKUYINGIRA**.

Okwongera ku bibi ebiragiddwa, waliyo ebintu ebirala ebiragibwa mu Baibuli ebireetera okulemesebwa okuyingira mu bwakabaka.

**OMUBIRI N'OMUSAAYI:**

Paulo yalabula;

> **Abooluganda, kye ŋŋamba kye kino nti omubiri guno ogw'oku nsi, ogw'ennyama n'omusaayi, teguyinza kusikira bwakabaka bwa Katonda. Emibiri gyaffe egivunda tegisobola kuba gya lubeerera. (1 Abakolinso 15:50)**

Kino kyefaananyiriza ku bisumuluzo by'obwakabaka ebinnyonnyoddwa mu ssuula ewedde. Obwakabaka bwa Katonda, bwakabaka bwa mwoyo, tosobola kubuyingira na mubiri oba omusaayi. Nga wekyannyonnyoddwa mu ssuula ewedde, oteekeddwa okukola okusalawo mu mwoyo okuyingira obwakabaka ng'olokoka.

> **Yesu n'amuddamu nti, "Ddala ddala nkugamba nti, Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwakubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda.**
>
> **...Yesu kwe kumuddamu nti, "Ddala ddala nkugamba nti, Okuggyako ng'omuntu azaaliddwa amazzi n'Omwoyo tasobola kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda. (Yokaana 3:3 ne 5)**
>
> **Era mulyanirizibwa n'essanyu lingi nnyo mu bwakabaka bwa Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo. (2 Peetero 1:11)**

**OBUTABA NAKUKKIRIZA NG'OKWOMWANA OMUTO:**

Yesu yagamba;

> **N'abagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti bwe mutakyuke kufaanana ng'abaana abato temugenda kuyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu. (Matayo 18:3)**
>
> **Ddala ddala mbagamba nti omuntu yenna atakkiriza bwakabaka bwa Katonda ng'omwana omuto, tagenda kubuyingira n'akatono. (Makko 10:15)**

Kyetaagisa okuba ng'omwana omuto okusobola okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda. Kino tekitegeeza nti olina kulowooza oba kukola bya kyana kito, era tekiri nti bw'ozaalibwa omulundi

ogw'okubiri, oddayo noyingira mu lubuto lwa nnyoko. Kitegeeza okuyingira mu bwakabaka mu ngeri ennyangu nga bw'olaba okukkiriza kw'omwana omuto bwe kuli. Bw'otokola kino, tosobola kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.

**OBUGAGGA.**

Olumu mu biro eby'obuweereza bwa Yesu ku nsi, omu ku bakulembeze yayagala amugoberere afuuke omu ku bayigirizwa be (Kisomeeko mu Lukka 18:18-25). Omukulembeze ono yali musajja mutuukirivu naye Yesu yagamba;

> **Yesu bwe yawulira ebyo, n'amugamba nti, "Okyabulako ekintu kimu. Genda otunde ebibyo byonna, ensimbi z'onoggyamu ozigabire abaavu, olibeera n'obugagga mu ggulu, olyoke ojje ongoberere."**
>
> **Naye bwe yawulira ebigambo ebyo n'agenda ng'anakuwadde nnyo, kubanga yali mugagga nnyo. (Lukka 18:22-23)**

Omukulembeze teyasobola kugoberera Yesu kubanga eby'obugagga bye byamusingira Mukama;

> **Yesu bwe yamulaba ng'anakuwadde nnyo, n'ayogera nti, Nga kizibu omugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda (Lukka 18:24)**
>
> **Yesu n'amutunuulira ng'agenda, n'alyoka akyukira abayigirizwa be, n'abagamba nti, "Nga kizibu nnyo abagagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda!"**
>
> **Kino ne kibeewuunyisa nnyo. Yesu n'ayongera n'abagamba nti, Abaana abaagalwa, nga kizibu abo abeesiga obugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda!**
>
> **Kyangu eŋŋamira okuyita mu nnyindo y'empiso okusinga omugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda. (Makko 10:23-25)**

Yesu yali tategeeza nti obugagga bujja kusibira abantu ebweru w'obwakabaka. Kwali kwagala nnyo bugagga nti kwe kusibira abantu ebweru w'obwakabaka kubanga;

> **Kubanga okululunkanira ensimbi y'ensibuko y'ebibi byonna, era olw'okululunkana okwo abamu bawabye, ne bava mu kukkiriza, ne beereetera obulumi bungi mu mitima gyabwe. (1 Timoseewo 6:10)**

Eby'obugagga bwe biba bisinga okugoberera Yesu, awo nno biba bikulemesa okuyingira mu bwakabaka.

**EKIGGYAWO EKIBI.**

Bw'oba ng'olumirizibwa ekibi, waliwo ekiggyawo ekibi kimu, kwe kusonyiyibwa okuyita mu Yesu Kristo. Paulo yagamba nti;

> **Era abamu ku mmwe mwali nga bo, naye ebibi byammwe byanaazibwa era mwatukuzibwa era mwaweebwa obutuukirivu mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo n'Omwoyo wa Katonda waffe. (1 Abakolinso 6:11)**

Tofaayo ku byewakola edda, n'ebyo byewakakola osobola okusonyiyibwa;

> **Bwe twogera nti tetulina kibi, twerimba ffekka, era n'amazima tegaba mu ffe.**

**Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. (1 Yokaana 1:8-9)**

Bw'oba otukuziddwa mu butali butuukirivu bwonna, osonyiyiddwa ebibi byonna ebikulemesa okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda,

**KYEKUTULEKO.**

Bikkula Baibuli yo mu Makko 9:43-48. Mu kitundu kino, Yesu asomesa nti bweguba ng'omukono gwo, oba ekigere bikuletera okwonoona, obisaleko, bwe liba nga liiso lye likikola, likuulemu.

**Era obanga eriiso lyo likwesittaza, liggyeemu! Kisinga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda ng'oli wa liiso limu okusinga okubeera n'amaaso go gombi. (Makko 9:47)**

Yesu ategeeza nti buli kintu ekikuleetera okwonoona mu bulamu bwo kyeggyeeko nebwekiba ng'ekintu ekyo kirabika okuba nga kyamuwendo nnyo gy'oli, oteekwa okukyegyako. Yeyambisa eky'okulabirako eky'omukono, ekigere n'eriiso. Ku mubiri gw'omuntu, ebitundu bino byamugaso nnyo. Naye Yesu agamba nti, bwe biba nga bikuletera okw'onoona, kisingako okubyeggyako okusinga okukulemesa okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.

Teriiyo kintu kyonna, teriiyo kibi, masanyu oba by'olina byenkana na mpeera ey'okuba ng'osuulibwa ebweru w'obwakabaka.

**OKWEGEZAAMU:**

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Menyayo ebijulira ku bibi ebiziyiza abantu okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ssoma buli kiragiddwa wammanga. Bwe kiba nga kituufu, teekawo (T) mu kabanga akalekeddwa ku ntandikwa, bwe kiba kikyamu oteekewo (F) mu bbanga eryo.
   (a)_________________ Bw'obeera omuggaga, tosobola kuyingira bwa Kabaka bwa Katonda.
   (b)_________________ Omubiri n'omusaayi tebisobola kusikira bwakabaka bwa Katonda.
   (c)_________________ Yesu yalaga nti oteekeddwa okuggyamu buli ekiri mu bulamu bwo ekiyinza okukulemesa okuyingira obwakabaka bwa Katonda.
   (d)_________________ Yesu yagamba nti oteekeddwa okuba ng'omwana omuto okusobola okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.
   (e)_________________ Oteekeddwa okutwala Yesu ng'omulokozi wo okusobola okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.
   (f)_________________ Ky'olina okukola kiri kimu, kugamba nti, "Yesu ye Mukama," awo onookakasibwa okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.
   (g)________________ Wajja kubaawo essaawa envannyuma ey'okulamulirako era waliwo abantu abajja okusuulibwa ebweru w'obwakabaka.

   4. Leeta ebiragibwa mu Baibuli nga binnyonnyola engeri ey'okweggyako ebibi ebiziyiza okulemesa okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.

   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Soma olukalala lw'ebibi ebiziyiza okuyingira mu bwakabaka ebiragiddwa mu katundu akasooka. Era soma n'ebinnyonnyola ekibi ekiragiddwa mu kookubiri. Wandiika ennamba entuufu eriko ekinnyonnyola ekibi ekiragiddwa mu bbanga erirekeddwa awali ekibi ekyo. Ekisooka kikuweereddwa nga kyakulabirako ky'oyinza okweyambisa ng'okola ebiddako.

| **Ekitundu ekisooka.** | **Ekitundu eky'okubiri.** |
|---|---|
| __2_ a. Obutali butuukirivu | 1. Okubeera ow'ensi n'ebikolwa ebyakavuyo. |
| ____b. Abakaba | 2. Muno mulimu buli kibi. |
| ____c. Abasinza ebifaananyi. | 3. Obuggya eri abatuuse ku buwanguzi. |

| | |
|---|---|
| ___d. Abenzi | 4. Okutta omuntu. |
| ___e. Abatamiivu. | 5. Okwegatta n'omuntu atali mubeezi wo mu bufumbo. |
| __f. Okwekaziwaza. | 6. Okukubibwa eby'okunywa ebyamaanyi. |
| __g. Abeeyonoonesa. | 7. Abantu ababba. |
| __h. Ababba. | 8. Okwogera obubi n'omuntu. |
| __i. Okweyagaliza | 9. Okusinza ebifaananyi. |
| __j. Okunyaga. | 10. Abasajja abegatta mu ngeri enkyamu. |
| __k. Abalasana. | 11. Okwegatta n'omuntu atali mwagalwa wo. |
| __l. Okwegwanyiza. | 12. Boononesa emibiri gyabwe. |
| __m. Obulogo | 13. Okweyagaliza ekintu ky'omulala. |
| __n. Obukyayi | 14. Okutwala ekintu n'amaanyi. |
| __o. Obutakkaanya. | 15. Embeera enkyamu. |
| __p. Okukkopereza. | 16. Obusungu obw'ettumbiizi |
| __q. Obusungu. | 17. Enzikiriza ezitali ku kigambo kya Katonda. |
| __r. Akavvuvuŋŋano. | 18. Obukyayi obw'amaanyi. |
| __s. Obuteesonyiwa. | 19. Obutakaanya, obutaba bateefu. |
| __t. Olugambo. | 20. Okwagala okukopa abalala okubenkana, oba okubayitako. |
| __u. Effutwa. | 21. Okuyomba n'okulwana. |
| __v. Abatemu. | 22. Okusiikuula oluyombo. |
| __w. Okwenyumiriza. | 23. Ebikolwa eby'okweroza. |

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.)

**OKWEYONGERA OKUSOMA.**

Weyongere okusoma ku bwakabaka bwa Katonda, omale ofunze ennono z'obwakabaka ezisomesebwa mu kitabo kya Makko.

1:14-15 ________________________________________________________________________

3:24 ___________________________________________________________________________

4:11, 26, 30 ______________________________________________________________________

9:1, 47 _________________________________________________________________________

10:14-15, 23-25 ___________________________________________________________________

11:9-10 _________________________________________________________________________

13:8 ____________________________________________________________________________

14:25 ___________________________________________________________________________

15:43 ___________________________________________________________________________

# ESSUULA EYOMUKAAGA.

## ENKOLA N'ENNONO: ENNYANJULA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola ekigambo "enkola"
- Okunnyonnyola amakulu ga "Enkola ya Baibuli."
- Okunnyonnyola amakulu ga "Ennono ya Baibuli."
- Okunnyonnyola amakulu ga "Enkola n'ennono" z'obwakabaka.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Awo Dawudi n'ayogera nti, "Ebyo byonna biri mu buwandiike, kubanga omukono gwa Mukama gwali wamu nange, era yampa okukitegeerera ddala.(1 Ebyomumirembe 28:19)**

**ENNYANJULA.**

Mu ssuula ewedde wayize ku bisumuluzo eby'omwoyo ebikuwa ekkubo eri obwakabaka bwa Katonda. Bw'oyingira mu bwakabaka bwa Katonda, olina okuyiga enkola n'ennono z'okubeeramu. Kyefaananyiriza ddala n'okuyiga embeera z'ensi empya mwoba osengukidde.

Bayibuli ky'ekiwandiikiddwa ekiraga enkola n'ennono okutambulizibwa obwakabaka bwa Katonda. Nga tonnasoma nnono eziri mu ssuula eno, oteekwa okutegeera obukulu bwazo.

**ENKOLA N'ENNONO.**

Enkola kiba kintu ekiteereddwawo oba ekibagiddwa okubeeranga kigobererwa nga bwe kiri. Ky'ekintu ekiteekebwawo okuba nga kikoppebwa oba okugeegeenyezebwa abalala. Okugeza mu mawanga ag'ebugwanjuba, ebyambalo birina engeri gye bikolebwamu. Ekiteeteeyi kirina olugoye mwe kikolebwa era ne kisalibwa okusinziira ku ngeri gye kirina okukolebwamu. Ebiteeteeyi bingi ebiyinza okukolebwa mu nkola y'emu era ne biba nga bifaanagana olw'okuba nga byakolebwa mu ngeri y'emu.

Ennono ge mazima, engeri oba ekiragiro okwesigamizibwa ebikolwa oba enneeyisa. Ge mazima ageetongodde okwetooloolera amazima amalala. Amazima gefaananyirizibwa ku mazima ageetongodde. Eky'okulabirako, ennono okwesigamizibwa Ssemateeka wa America kwe kuwa abantu eddembe ly'okwennyonnyolako. Amazima amalalala mulimu eddembe ly'okuwandiika, n'okwogera awatali kukubwa ku mukono, okukuba enkuŋŋaana ezigoberera amateeka, okwolesa enzikiriza n'ebirala.

**ENKOLA N'ENNONO ZA BAIBULI.**

Enkola eya Baibuli ky'ekitegekeddwa eky'omwoyo oba eky'okulabirako ekiri mu byawandiikibwa nga ekigendererwa kwe kuba nga kikoppebwa. Okugeza obulamu bwa Kristo, buweebwa ng'enkola oba ekyesigamizibwako abakkiriza kye balina okugoberera.

Ennono ya Baibuli ge mazima g'omwoyo agasomesebwa mu byawandiikibwa. Ennono bweziti zitera okuzingira awamu ennono endalalala ezikozesebwa mu mbeera endala nnyinji ez'enjawulo.

Eby'okulabirako, emu ku nnono za Baibuli ezisomesebwa Yesu kwe "Gaba naawe onoofuna." Amazima amalala gakola ku kuwaayo ssente, ebintu ebyamaguzi, omukwano n'ebirala. Mu buli kimu ku bino, ebirungi eby'omwoyo bifunibwa oluvannyuma lw'ekikolwa eky'okugaba.

**OMUGASO GW'ENKOLA WAMU N'ENNONO.**

Soma Ezeekyeri 43:7-12. Ekitundu kino kiggyayo omugaso gw'enkola n'ennono. Katonda yateekawo enkola ez'enjawulo ezinaagobererwa eggwanga lya Yisirayiri nga mwe mwali, enkola ez'omwoyo mu nneeyisa wamu n'enkola ez'ekwata ku bintu ebikalu eri ebifo byabwe gye basinziza.

Naye aba Yisirayiri ne beeterawo enkola ezaabwe. Mu kino Katonda kyabategeeza bw'agamba nti, "Bwe baliraanya omulyango gwabwe okumpi n'ogwange era n'emifuubeeto gyabwe okumpi n'egyange." Kubanga Yisirayiri yeeterawo enkola zaayo, baateekayo ekisenge wakati waabwe ne Katonda ekyakomya okukka kw'amaanyi ga Katonda. Kyalemesa okusinza n'okuweereza kwabwe okuba nga bakkirizibwa Katonda.

Nnabbi Ezeekyeri yagamba abantu beekalirize enkola za Katonda era boogerere enkola z'obulamu bwabwe mu ngeri eyo;

> **Omwana w'omuntu, abantu ba Isirayiri bannyonnyole endabika ya yeekaalu, bakwatibwe ensonyi olw'ebibi byabwe. (Ezeekyeri 43:10)**

Abantu bwe beeteerawo enkola zaabwe mu nneeyisa, ebiwayi, eddiini oba ebikolebwa mu buwangwa, bateekawo ekigero ekikyamu, batandika okubisomesa ng'enjigiriza eza Baibuli naye nga biragiro byabwe ng'abantu.

Yesu yagamba abantu abalinga abo;

> **Okusinza kwabwe kwa bwereere. Kubanga bayigiriza amateeka abantu ge beekoledde. (Matayo 15:9)**

Kikulu nnyo okutegeera enkola n'ennono za Baibuli, bwe kitaba bwe kityo, wandyekanga nga Katonda omusinziza bwereere.

Waliyo ebigera by'ensi bingi. Waliyo enkola z'ensi ez'enjawulo n'obuwanguzi abantu bwe beekolera. Abantu beegeraageranyiza ku bannaabwe so si ku bigera bya Katonda. Omutume Paulo yawandiika;

> **Ffe tetwaŋŋanga kwebalira wadde okwegeraageranya n'abamu ku abo abeetendereza, naye bo bwe beepimamu bokka na bokka, ne beegeraageranya bokka na bokka tebaba na kutegeera. (2 Abakolinso 10:12)**

Musa bwe yaweebwa ekiragiro ky'okuzimba ensiisira, yalagirwa okukola buli kintu okusinziira ku nkola eyamuweebwa Katonda.

> **Mukole Eweema ya Mukama eyo entukuvu n'ebigibeeramu byonna nga bwe nnaabalagirira.**
>
> **Weegendereze, byonna obikole ng'ogoberera ekifaananyi kye nkulaze wano ku lusozi. (Okuva 25:9, 40)**

**Kye bakola kifaananako bufaananyi era kisiikirize ky'ebyo ebikolebwa mu ggulu. Musa kyeyava alabulwa, bwe yali ng'anaatera okumaliriza weema, Mukama n'amugamba nti, "Bw'oba ng'ozimba, goberera entegeka yonna eyakulagirwa ku lusozi. (Abaebbulaniya 8:5)**

Kabaka Daudi yali mwegendereza mu kugoberera enkola ya Katonda bwe yali ateekateeka okuzimba yeekaalu.

**Awo Dawudi n'ayogera nti, "Ebyo byonna biri mu buwandiike, kubanga omukono gwa Mukama gwali wamu nange, era yampa okukitegeerera ddala. (1 Ebyomumirembe 28:19)**

Abasajja bano baali begendereza mu kugoberera enkola ya Katonda mu nsi ey'omubiri. Kale obwegendereza obwamaanyi bwe bwetaagisa mu kugoberera enkola n'ennono ez'omwoyo nga bwe ziri mu Baibuli.

**EBY'OKULABIRAKO KU NKOLA YA BAIBULI.**

Yesu kyali kyakulabirako kirungi abakkiriza kwe banditambuliza obulamu bwabwe.

**Mbalaze ekyokulabirako, mukolenga nga Nze bwe mbakoze. (Yokaana 13:15)**

Obulamu bw'abasajja n'abakazzi ba Katonda bwawandiikibwa mu Baibuli ng'enkola ze tuyinza okugoberera.

**Ebintu bino ebyabatuukako bitulabula obuteegomba bibi nga bo bwe baakola. (1 Abakolinso 10:6)**

**Ebyo byonna byabatuukako ng'ekyokulabirako gye tuli, era byawandiikibwa olw'okutulabula ffe abaliwo abatuukiddwako enkomerero. (1 Abakolinso 10:11)**

Ebiragibwa ku Baibuli ku mawanga nabyo bikola ng'ekyokulabirako ekirungi eri amawanga amalala okugoberera n'ebyokulabirako ebibi bye gayinza okwewala;

**Era yasalira omusango abaali mu bibuga by'e Sodomu n'e Ggomola bwe yabazikiriza, ne bisirikka mu muliro, bw'atyo n'alaga ebyo ebigenda okutuuka ku buli atatya Katonda. (2 Peetero 2:6)**

Abakulembeze b'obukristaayo balina okubeera eky'okulabirako eri abagoberezi baabwe;

**Mulundenga ekisibo kya Katonda ekiri mu mmwe, mukiriisenga nga mukirabirira n'okwagala so si na kwemulugunya, nga mukolerera amagoba ag'obukuusa wabula olw'okujjumbira Katonda.**

**Be mukulembera temubakambuwaliranga wabula mubakulemberenga nga mubalaga ekyokulabirako ekirungi. (1 Peetero 5:2-3)**

Omutume Paulo yawandiika;

**Kale, abooluganda, mwegatte n'abo abangoberera era mugobererenga abo abatambulira mu ebyo bye twabalaga. (Abafiripi 3:17)**

**Si kubanga tetwalina buyinza okubagamba mmwe okutuliisa, naye twayagala mutulabireko nga bwe kibagwanidde okukolanga. (2 Abasessaloniika 3:9)**

Abakkiriza balina okubeera enkola y'omwoyo bo bennyini. Balina okulaga eky'okulabirako ekirungi eky'omwoyo eri abalala okugoberera;

> **Waleme kubaawo muntu n'omu akunyooma olw'obuvubuka bwo, naye mu kwogera ne mu bikolwa, ne mu kwagala, ne mu kukkiriza, ne mu bulongoofu beeranga kyakulabirako eri abakkiriza. (1 Timoseewo 4:12)**
>
> **Ne mubeera ekyokulabirako eri abakkiriza bonna ab'omu Makedoniya ne Akaya. (1 Abasessaloniika 1:7)**
>
> **Mu bintu byonna, ng'obeera ekyokulabirako ekirungi mu byonna by'okola, ng'oli mwesimbu era assaayo omwoyo mu kuyigiriza kwo. (Tito 2:7)**

Bw'oba waakulaga enkola ey'omwoyo ennungi eri abalala, awo nno oteekwa okutegeera era n'otambuliza wamu ennono za Baibuli mu bulamu bwo.

## EBY'OKULABIRAKO BY'ENNONO ZA BAIBULI.

Mu Abaebbulaniya 5:12, Paulo ayogera ku "Ennono ezisooka ez'ebiragiro bya Katonda." Mu Abaebbulaniya 6:1-3, amenya ennono zino. Olw'omugaso gwazo, ennono zino zonna ziragiddwa mu lusoma lwa "Harvestime International Institute" lwonna oluyitibwa "Emisingi gy'okukkiriza."

Wandibadde ofuna olusoma lwa "Emisingi gy'okukkiriza" obitambulize wamu n'olusoma luno. Kinnyonnyola mubulambulukufu ku nnono enkulu eza Baibuli. Ennono enkulu ziraga omusingi gw'omwoyo ogukwanaganya enkola n'ennono z'obwakabaka mu bulamu bwo.

## ENKOLA N'ENNONO Z'OBWAKABAKA.

Mu ssuula eddako, ojja kuyiga ku nkola n'ennono ezifuga obulamu bw'obwakabaka bwa Katonda singa oba osomye "empisa y'obwakabaka"

Enkola zino zanjawulo ku kigera ky'ensi wamu n'enkola ku nnono ez'obwakabaka obuli ku nsi.

**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
2. Nnyonnyola ekigambo "Enkola"
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
3. Nnyonnyola ekigambo "Ennono"
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
4. "Enkola za Baibuli" kitegeeza ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………\
5. "Ennono za Baibuli" kitegeeza ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
6. "Enkola n'ennono z'okubeera mu bwakabaka" kitegeeza ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

**OKWEYONGERA OKUSOMA.**

Mu ssuula endala entonotono eziddako, ojja kusoma ku nnono enkulu ezifuga obulamu mu bwakabaka bwa Katonda. Ennono zino zeesigamiziddwa ku biragiro ebyaweebwa Yesu. Soma ku biragiro ebyo nga weeyambisa ebikuwereddwa wammanga.

**EBIRAGIRO BYA KABAKA.**

**OKWENENYA.**

- Weenenye — Matayo 4:17, Okubikkulirwa 2:5
- Jangu gyendi — Matayo 11:28
- Sooka onoonye Katonda n'obutuukirivu bwe — Matayo 6:33
- Sonyiwa bw'oba olina ensonga ku mulala — Matayo 11:25
- Weerese — Matayo 16:24
- Saba… noonya… konkona. — Matayo 7:7
- Fuba okuyingira mu mulyango omunene — Lukka 13:24

**Enzikiriza:**

- Kkiriza njiri — Makko 1:15
- Bw'okkiriza Katonda, kkiriza nange — Yokaana 14:1
- Kkiriza mu oyo gwe yatuma — Yokaana 6:28-29
- Kkiriza mu nze nti ndi ne Kitange era naye mu nze — Yokaana 14:11
- Kkiriza emirimu gy'enkola — Yokaana 10:37-38
- Nga bw'olina ekitangaala, kkiriza mu kitangaala — Yokaana 12:36
- Kkiriza nti ofunye — Makko 11:24

**Obulamu obupya:**

- Oteekeddwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. — Yokaana 3:7
- Sooka weerongoose — Matayo 23:26
- Leka omuti gubeere mulungi, n'ebibala bye bibeere birungi — Matayo 12:33
- Mubeere mu nze nange mbeere mu mmwe. — Yokaana 15:4
- Mu beere n'omunnyo mu mmwe. — Makko 9:50
- Mujaguze, amannya gammwe gali mu ggulu. — Lukka 10:20
- Kolerera ekyo ekibeerera. — Yokaana 6:27

**Okufuna Omwoyo Omutukuvu.**

- Mufune Omwoyo Omutukuvu. — Yokaana 20:22
- Leka abaana bajjuzibwe. — Makko 7:27
- Omuntu yenna alumwa ennyonta ajje gyendi. — Yokaana 7:37-39

| | |
|---|---|
| - Kuuma ebiragiro byange | Yokaana 14:15-17 |
| - Saba n’obuwombeefu | Yokaana 16:24, Lukka 11:5-13 |
| - Weeweeyo okutuusa lw’ofuna amaanyi. | Lukka 24:49 |
| - Omubeezi ajja kunjulira nammwe. | Yokaana 15:26-27 |

**Okugoberera Yesu.**

| | |
|---|---|
| - Ngoberera | Yokaana 12:26 |
| - Batizibwa | Matayo 3:13-15, 28:19 |
| - Kino mukikole olw’okunzijukira | Lukka 22:17-19 |
| - Muteekwa okunaazaggana ebigere byammwe | Yokaana 13:14-15 |
| - Omuntu yenna bw’ajja gy’endi yeetikke Omusaalaba gwe | Lukka 9:23 |
| - Muyigire ku nze | Matayo 11:29 |
| - Mweyongereyongere mu kwagala kwange. | Yokaana 15:9 |

**ESSAALA:**

| | |
|---|---|
| - Ssaba bulijjo | Lukka 21:36 |
| - Saba oleme okukemebwa | Lukka 22:40-46 |
| - Saba… Katonda w’amakungula ku lw’abakozi. | Lukka 10:2 |
| - Ssabira abo abakweyambisa | Lukka 6:28 |
| - Saba eri kitange mu linnya lyange | Yokaana 16:24-26 |
| - Mu ngeri eno musabenga | Matayo 6:9-13 |
| - Temuddiŋŋananga bigambo nga musaba. | Matayo 6:7-8 |

**OKUKKIRIZA:**

| | |
|---|---|
| - Kkiriza mu Katonda | Makko 11:22 |
| - Tobeera nga tokkiriza | Yokaana 20:2 |
| - Toba na kubusabuusa | Lukka 12:29 |
| - Teweerowooleza | Matayo 6:25-34 |
| - tokeŋŋentererwa | Yokaana 14:1-27 |
| - Beera n’essanyu | Matayo 14:27 |
| - Teweeraliikirira | Makko 5:36, Lukka 12:4-7 |

**BEERA N’OKUKKIRIZA OKUTUUSA OKUFA.**

| | |
|---|---|
| - Ggwe beera n’okukkiriza okutuusa okufa | Okubikkulirwa 2:10 |
| - Nyweza ekyo ky’olina | Okubikkulirwa 3:11 |
| - Abantu bwe bakutulugunnya beera musanyufu | Matayo 5:11-12, Lukka 6:23 |
| - Bwe bakutulugunya mu kibuga, genda mu kirala. | Matayo 10:23 |

- Tolowooza ky'onoyogera. Matayo 10:19
- Temwemulugunyanga Yokaana 6:41-43
- Muyimuse amaaso n'emitwe gyammwe waggulu Lukka 21:28

**OKUBUULIRA ENJIRI.**

- Mubuulire enjiri buli kitonde kyonna. Matayo 10:7, Makko 16:13
- Okwenenya kuteekeddwa okubuulirwa Mu linnya lya Yesu Lukka 24:46-47

- Mubatize mu busatu Matayo 28:19
- Mubasomese byonna byembalagidde Matayo 10:27
- Ky'enkugamba ky'oba oyogera Matayo 10:27, Makko 4:22
- Liisa endiga zange Yokaana 21:15-17
- Muwonge abalwadde Matayo 10:8

**OKULULUNKANA.**

- Mwekuume mulemenga okululunkananga Lukka 12:15
- Totereka bya muwendo byo ku nsi. Matayo 6:19-20
- Muwa ebimu eby'ekkumi ne mulaggajjalira ebirala Matayo 23:23
- Waayo by'olina Matayo 11:41
- Akusabye muwe Matayo 5:42
- Bwotegeka ekijjulo yita ne ku baavu. Lukka 14:12-13

**OBUNNAANFUUSI.**

- Mwegendereze ekizimbulukusa ky'Abafalisaayo. Lukka 12:1
- Mwegendereze abannyonnyozi b'amateeka Lukka 20:46-47
- Temugoberera mirimu gyabwe Matayo 23:2-3
- Temufuula nnyumba ya kitange katale. Yokaana 2:16
- Towaayo bantu bakulabe. Matayo 6:1-4
- Yingira mu kisenge kyo osabe mu kyama. Matayo 6:5-6
- Bw'osiiba tokiraga balala. Matayo 6:16-18

**OBUGONVU.**

- Weetikke ekikoligo kyange Matayo 11:29
- Temuzitowereza bannammwe bukulu nga Bannamawanga bwe bakikola Matayo 20:25-26
- Buli mufuzi anaabanga muweereza wa bonna. Makko 10:43-44

| | |
|---|---|
| - Toyitibwanga muyigiriza | Matayo 23:8 |
| - Totuula wansi mu kisenge ekyawaggulu | Lukka 14:8-11 |
| - Temusanyuka nnyo kubanga ba ddayimooni Babagondera | Lukka 10:20 |
| - Mugambe, “ffe abaddubo abatagwanira,” | Lukka 17:10 |

**OKWAGALA ABOOLUGANDA.**

| | |
|---|---|
| - Yagala mugandawo nga bwenkwagadde | Yokaana 15:12 |
| - Temunyooma abakyali abato. | Matayo 18:10-14 |
| - Mubeere n’emirembe nabuli muntu, mukwatagane | Matayo 5:23-24, Makko 9:50 |
| - Musonyiwaganenga. | Matayo 18:15-17 |
| - Sonyiwa muganda wo emirundi musanvu olunaku. | Matayo 18:21-22, Lukka 17:3-4 |
| - Tolamula lwandabika. | Matayo 17:1-5, Yokaana 7:24 |
| - Tonenyanga. | Lukka 6:37 |

**OKWAGALA OKUTUUKIRIDDE.**

| | |
|---|---|
| - Naye mmwe kibaggwanira okubeera abatuukirivu. | Matayo 5:48 |
| - Tunda ebibyo ogabire abaavu. | Matayo 19:21, Lukka 12:32-33 |
| - Mwagale abalabe bammwe. | Matayo 5:44, 26:52 |
| - Muyise bulungi ababakyawa. | Lukka 6:27-28 |
| - Muwole nga temusuubira kusasulwa. | Lukka 6:35 |
| - Temuwakananga na mubi. | Matayo 5:39-41 |
| - Bwe muligumiikiriza muliwonya obulamu bwammwe. | Lukka 21:19 |

**OKWAGALA KATONDA OKUSUKKULUMYE.**

| | |
|---|---|
| - Era yagalanga Katonda n’omutima gwo gwonna, N’emmeeme, n’amagezi, n’amaanyi go gonna. | Makko 12:30 |
| - Okuweerezanga Mukama Katonda yekka. | Matayo 4:10 |
| - Sinza kitaawo mu mwoyo ne mu mazima. | Yokaana 4:23-24 |
| - Era temuyitanga muntu yenna ku nsi, kitammwe. | Matayo 23:9 |
| - Tokemanga Mukama Katonda wo. | Matayo 4:7 |
| - Tya Katonda. | Lukka 12:5 |
| - Abantu bonna basengamu Omwana ekitiibwa. | Yokaana 5:22-23 |

**OMULIMU GWO ERI KATONDA N’OMUNTU.**

| | |
|---|---|
| - Ebya Kayisaali bibeere bibye. | Makko 12:17 |
| - Teweerayiriranga. | Matayo 5:34-37 |

- Katonda kyagase wabulewo n'omu akyawula. Matayo 19:5-6
- Tegeeragananga mangu n'oyo akuwaabira. Matayo 5:25
- Temuziyizanga bagoba ddayimooni Makko 9:38-40
- Mulye ekibateereddwa mu maaso. Lukka 10:38
- Mukuŋŋaanye obutundu tundu tuleme okufiirwa. Yokaana 6:12

**OMULIMU GWO ERI MULIRAANWA WO.**

- Yagala muliraanwa wo nga gwe bwe weyagala: Matayo 19:17-19
- Tottanga Matayo 19:18
- Toyendanga. Matayo 19:18
- Tobbanga. Matayo 19:18
- Towayirizanga. Matayo 19:18
- Kitaawo ne nnyoko bassengamu ekitiibwa. Matayo 19:19
- Kola abalala nga bwoyagala naawe bakukole. Lukka 6:31

**AMAGEZI.**

- Mubeere bagezigezi ng'emisota era abataliiko Kyakunenyezebwa ng'amayiba. Matayo 10:16
- Mwekuume abantu. Matayo 10:17
- Muleke abakulembeze b'abazibe b'amaaso. Matayo 15:12-14
- Temuddiranga bintu bitukuvu ne mubiwa embwa Oba embizzi. Matayo 7:6
- Alina ensawo eterekebwamu ensimbi agitwale. Lukka 22:35-36
- Munoonyeko oyo asaanidde musule eyo. Matayo 10:11-13, Lukka 10:5-7
- Bwemutayanirizibwa mwekunkumuleko enfuufu Ku bigere byammwe. Lukka 9:5, 10:10-11

**OKUNOONYA EBYAWANDIIKIBWA.**

- Noonya ebyawandiikibwa Yokaana 5:39
- Mujjulire kye nabagamba. Yokaana 15:20
- Muwulirize nnyo kyeŋŋenda okubagamba. Lukka 9:44
- Mwegendereze nga muwuliriza. Lukka 8:18
- Mwekuume ekizimbulukusa ky'Abafalisaayo. Matayo 16:6-12
- Naye mwegendereze ebyo bye mbayigiriza. Makko 4:24
- Mwekuume abayigiriza ab'obulimba. Matayo 7:15-17

**EKITANGAALA KYAMMWE KYAKAYAKANE.**

- Mwakire abantu bonna Matayo 5:16

| | |
|---|---|
| - Mwekuume ekizikiza, kireme okugoba omusana | Lukka 11:35 |
| - Mugende mubale ebibala. | Yokaana 15:16 |
| - Mubeerenga ba kisa. | Lukka 6:36 |
| - Buulira ebintu ebirungi byonna Mukama byakukoledde. | Makko 5:19 |
| - Muyimuse amaaso gammwe mutunuulire ennimiro. | Yokaana 4:35 |
| - Mutambule nga mukyalina omusana. | Yokaana 12:35 |

**OKUDDA KWA KRISTO OKW'OKUBIRI.**

| | |
|---|---|
| - Munyweze nnyo kye mulina. | Okubikkulirwa 2:25, 3:2-3 |
| - Mubeere beetegefu omwana w'omuntu ajja. | Lukka 12:40 |
| - Mubeere beetegefu mu buweereza, era mukuume N'ettabaaza zammwe nga zaaka. | Lukka 12:35-36 |
| - Mwekuume emitima gyammwe gireme okweralikirira. | Lukka 21:34 |
| - Mujjukire mukyala wa Lutti. | Lukka 17:31-32 |
| - Mwekuume muleme okulimbibwalimbibwanga. | Makko 13:5-6, Lukka 21:8 |
| - Mutunule. | Makko 13:34-37 |

# ESSUULA EYOOMUSANVU.

## EMPISA Y'OBWAKABAKA:

## ENNONO Z'OBWAKABAKA. EKITUNDU EKISOOKA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola omugaso gw'okumanya ennono z'obwakabaka bwa Katonda.
- Okuzuula omusingi okwasimbibwa ennono z'obwakabaka.
- Okuwa amateeka g'obwakabaka abiri okwasimbibwa ennono endala zonna.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Era kubanga Kitange ampadde obwakabaka, noolwekyo mbaatulira kati nti mbawadde ekifo (Lukka 22:29)**

**ENNYANJULA.**

Enjiri y'obwakabaka y'eyita omuntu okuddayo mu bulamu bwa Katonda bweyagenderera ku ntandikwa. Naye Katonda tateekawo kigero kya mpisa oba okugamba nti bw'ozifuna olyoke oyingire mu bwakabaka bwa Katonda. Waliwo ekisaanyizo eky'okuyingira kimu kyokka. Okwenenya okuva mu kibi ekiretera okuddamu okuzaalibwa mu mwoyo. Okuyita mu kwenenya n'okukkiriza mu Yesu Kristo ng'omulokozi wo, ozaalibwa mu bwakabaka n'ofuuka omutuuze wobwakabaka.

Okubeera mu bwakabaka kikwetaagisa embeera y'obulamu empya efugibwa amateeka g'obwakabaka. Obulamu obw'obwakabaka obw'omwoyo bukola kinene ku mutindo gw'obulamu obulabibwako ku nsi.

Obulamu bw'obwakabaka bwa Katonda bukontanira ddala n'obulamu obw'obwakabaka bw'ensi. Bwanjawulo mu nkola n'ennono zaabwo. Bwoyingira mu bwakabaka bwa Katonda, oba nga asengukidde mu nsi endala. Oteekeddwa okuyiga obuwangwa obulala.

Mu nsi ey'omubiri, "obuwangwa" z'empisa okutambulizibwa obulamu bw'abantu mu kitundu. Mu ssuula eno n'eddako, ojja kuyiga ku buwangwa obw'obwakabaka bwa Katonda.

Mu ssuula ejja mumaasoko, mulimu amazima agongereza ku bwakabaka okuyita mu ngero ezinaakulagibwa.

**OMUGASO GW'ENNONO Z'OBWAKABAKA.**

Kikulu nnyo okumanya ennono ezifuga obulamu mu bwakabaka bwa Katonda, kubanga;

**OTEEKEDDWA OKUKKIRIZA OLW'ENNONO OKUSOBOLA OKUKUUMA OBUTUUZE BWO.**

Newaakubadde okwenenya ky'ekyetaago ky'okuyingira mu bwakabaka kyokka, waliyo ebyetaago ebirala bingi ebikuyamba okukuuma obutuuze bwo. Yesu yagamba;

> **Si bonna abampita nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe,' be baliyingira obwakabaka obw'omu ggulu, wabula abo bokka abakola ebyo Kitange ali mu ggulu by'ayagala. (Matayo 7:21)**

Okwagala kwa Katonda, okwatubikkulirwa Yesu Kristo, kwali nti abakkiriza babeere nga bafugibwa mateeka ag'obwakabaka.

**YESU YAGAMBA ENNONO Z'OBWAKABAKA ZA MUGASO.**

Mu Lukka 12:22-31, Yesu yayigiriza nti obwakabaka bwe bwandibadde ntabiro y'obulamu. Yamaliriza n'enjogera eno;

> **Naye munoonye obwakabaka bwe, n'ebintu ebyo mulibyongerwako. (Lukka 12:31)**

Bw'osooka okunoonya obwakabaka bwa Katonda, ennono zaabwo, obulamu bwabwo, olwo ebintu ebirala byonna bijja kukuweebwa.

**EBIBALA BY'OBWAKABAKA KY'EKIGERO KY'OKUBUFUNA.**

Yesu yagamba Abayudaaya nti, ekigezo ky'okufuna obwakabaka kwali kubala bibala (Matayo 21:43). N'olwekyo, ekibala ky'obwakabaka kyekyo kyolabika naye nga kisibuka munda mu ggwe, ng'ekibala ky'omuti ogwabulijjo. Ky'ekyo ekifuluma okuva mu bulamu bwagwo obw'omunda. Bw'oba ng'oli mu bwakabaka bwa Katonda, kijja kweraga bulungi mu bulamu bwo obulabikako.

Buli kintu Yesu kyeyasomesa kyali kikwata ku njiri ey'obwakabaka. Mu lusoma olwa "Harvestime International Institute," oluyitibwa "Engeri z'okusomesa." Kiraga enjigiriza za Yesu zonna ku buli nsonga ze yategeka. Oweebwa amagezi okusoma ekitabo ekyo, kubanga ebikirimu tebiteereddwa mu kitabo kino. Omuyizi era asobola okuyiga ku bino nga yeeyambisa Baibuli ey'ennukuta emyufu. Eno ye Baibuli erimu buli Yesu kyeyayigiriza mu bwino omumyufu, ng'ate kkyo ekijjukiza ekyawandiikibwa kisangibwa mu bwino omuddugavu.

**OKUFUGA MU BWAKABAKA OBULIJJA OTEEKEDDWA OKUMANYA ENNONO ZAABWO.**

2 Timoseewo 2:12, alaga nti abakkiriza balifugira wamu ne Yesu mu bwakabaka bwa Katonda obulijja. "Okufuga" kitegeeza "okukulembera mu maanyi n'obuyinza" bw'oba wakufuga naye, oteekeddwa okumanya amateeka agafuga obwakabaka.

**OMUSINGI GW'ENNONO Z'OBWAKABAKA.**

Omusingi mu nsi ey'omubiri kwe kutuula ekizimbe kyonna ekiba kizimbibwa. Ng'abantu baakuzimba ekizimbe kyonna, bateekwa kusooka kuzimba musingi omunywevu. Omusingi gwe guwanirira ekizimbe ekirungi oba ekizimbe ekirabwako.

Omusingi gw'obwakabaka bwa Katonda n'ennono ezibufuga bwe butuukirivu.

> **Naye ku Mwana ayogera nti, "Entebe yo ey'Obwakabaka, Ayi Katonda, ya lubeerera emirembe n'emirembe; obutuukirivu, gwe muggo ogw'obwakabaka bwo. (Abaebbulaniya 1:8)**

Ddamula gwe muggo oba omuti ogukwatibwa mu ngalo ng'akabonero akalaga obuyinza n'amaanyi. Obuyinza oba amaanyi g'obwakabaka bwa Katonda bwe butuukirivu. Tebuba butuukirivu bwakwefubako oba eddiini. Yesu yagamba;

**Naye mbalabula nti Okuggyako ng'obutuukirivu bwammwe businga obw'Abafalisaayo n'obw'abawandiisi, temuliyingira mu bwakabaka bwa mu ggulu. (Matayo 5:20)**

Abannyonnyozi b'amateeka n'abafalisaayo be baali abakulembeze b'eddiini mu biro eby'obuweereza bwa YESU ku nsi. Obumanyirivu bwabwe mu mwoyo bwalabikira mu ngeri nti beefubako nnyo okubeera abatuukirivu. Baalina amateeka n'ebiragiro wamu n'obuwangwa obwali bufuga mu buli kanyomero k'obulamu bwabwe.

Obutuukirivu okuzimbibwa obwakabaka, kwe kuzimbibwa kubutuukirivu bwa Katonda. Tugambibwa;

**Naye musooke munoonye obwakabaka bwa Katonda n'obutuukirivu bwe, ebyo byonna mulibyongerwako. (Matayo 6:33)**

Omusingi gw'obwakabaka bwa Katonda guyimiridde ku butuukirivu, n'abantu abali mubulamu obutuukiridde.

**Kyokka omusingi Katonda gwe yateekawo mugumu, era gulina akabonero kano: Mukama amanyi ababe. Era nti: Buli ayatula erinnya lya Mukama ave mu butali butuukirivu. (2 Timoseewo 2:19)**

Kino kiragibwa mu kifaananyi kino wammanga.

**Omusingi gw'obwakabaka bwa Katonda.**

Omusingi ogw'obwakabaka bwa Katonda---→Mukama amanyi ababe

Okubeera mu bulamu obutuukirivu----------→ Buli ayatula erinnya lya Mukama ave mu butali butuukirivu.

Gino gy'emitendera ebiri egy'okwewaayo eri obutuukirivu. Era gyeyoleka bulungi mu kitundu ekiddako.

**Awo omuntu omu n'amusemberera n'amubuuza nti, "Omuyigiriza, nkole ki ekirungi okufuna obulamu obutaggwaawo?"**

**Yesu n'amuddamu nti, "Lwaki ombuuza ebikwata ku birungi? Omulungi ali omu, naye bw'obanga oyagala okuyingira mu bulamu, ggondera amateeka. Omuvubuka oyo n'amuddamu nti, "Ebyo byonna nabikwata dda, ate kiki ekimpeebuuseeko?"**

**Yesu n'amugamba nti, "Obanga oyagala okuba omutuukirivu genda otunde ebibyo, ensimbi ozigabire abaavu, kale oliba n'obugagga mu ggulu, olyoke ojje ongoberere."**

**Naye omuvubuka bwe yawulira ebyo n'agenda ng'anakuwadde kubanga yali mugagga. (Matayo 19:16-17, 20-22)**

Waliyo omutendera ogwetaagisa "ogw'okuyingira mu bulamu." Buno bwe butuukirivu obuva mu kuzaalibwa okupya ng'omuntu aggiddwako ekibi n'atandika okutambulira ku mateeka ga Katonda.

Naye waliwo n'omutendera omulala ogw'obutuukirivu oguyitibwa "okutuukirira" (Okukula mu mwoyo). Okufuna okutuukirira kuno, kikwetaagisa okweresa empisa, embeera oba eby'omuwendo by'olina eby'ensi.

Kino tekitegeeza nti tulina okwetundako byonna bye tulina nti tubiwe abaavu. Yesu yalaba nga kyetaagisa eri omusajja ono kubanga obuggaga bwe bwali bwa mugaso nnyo gyali okusinga Katonda. Tewali kintu mu nsi kiyinza kubeera kya mugaso nnyo okusinga Kabaka. Okufuna obutuukirivu, tulina okweresa ennono z'ensi tukole ennono z'obwakabaka bwa Katonda.

**ENNONO EBBIRI EZ'OBWAKABAKA EZISINGA.**

Waliyo ennono bbiri ezisinga mu bwakabaka, ennono endala zonna kwe zisinziira. Bweyabuzibwa nti amateeka amakulu ge galiwa? Yesu n'amuddamu;

> **…Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna.**
>
> **Eryo ly'etteeka ery'olubereberye era lye lisingira ddala obukulu.**
>
> **N'eryokubiri eririfaananako lye lino nti, 'Yagalanga muliraanwa wo nga gwe bwe weeyagala wekka.**
>
> **Amateeka amalala gonna gasinziira mu mateeka ago gombi ne bya bannabbi. (Matayo 22:37-40)**

Makko yalaga ekintu ky'ekimu mu ngeri eno;

> **Yesu n'amuddamu nti, Ery'olubereberye lye lino nti, Wulira, Isirayiri! Mukama Katonda waffe, Mukama ali omu yekka.**
>
> **Era yagala Katonda wo n'omutima gwo gwonna n'omwoyo gwo gwonna, n'amagezi go gonna, n'amaanyi go gonna.**
>
> **N'eryokubiri lye lino nti, 'Oyagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka. Tewaliiwo mateeka malala gasinga ago bukulu. (Makko 12:29-31)**

Yesu yagezesa etteeka ery'okubiri mu ngeri endala;

> **Noolwekyo ebintu byonna bye mwagala abantu okubakoleranga, nammwe mubibakoleranga, kubanga ebyo bye biri mu mateeka ne mu bunnabbi. (Matayo 7:12)**
>
> **Kye mwagala abantu okubakoleranga, nammwe mubibakoleranga bwe mutyo. (Lukka 6:31)**

Okufunza ennono ebbiri ezisinga ez'obwakabaka ze zino;

1. Okwagala Katonda n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'ebirowoozo byo byonna, n'amaanyi go gonna.
2. Okwagala abalala nga bwe weeyagala wekka n'ebyo by'oyagala abalala bakukole.

Ennono endala zonna ez'obwakabaka ziyimirira ku nnono zino ebbiri enkulu. Buli nnono ey'obwakabaka ekwatagana ku nkolagana yo ne Katonda oba abalala.

**OBWAKABAKA BWANJULIBWA.**

Okuviira ddala ku biro ebyayanjulirwamu obwakabaka, kyeraga bulungi nti enkula y'obwakabaka buno si y'emu n'eyobwakabaka obw'ensi. Awo nga Malayika amaze okulabikira Maliyamu, n'emugamba nti yali

okuba maama wa Kabaka, Maliyamu yatendereza Katonda. Ebigambo mwe yasinziza byali bya bunnabbi era nga biranga ebiribaawo mu nsi empya ey'obwakabaka bwa Katonda;

**Kubanga Owaamaanyi ankoledde ebikulu; N'erinnya lye ttukuvu.**

**N'okusaasira kwe kwa mirembe na mirembe eri abo abamutya.**

**Akoze eby'amaanyi n'omukono gwe. Asaasaanyizza ab'emitima egy'amalala.**

**Awanudde abafuzi ku ntebe zaabwe ez'obwakabaka n'agulumiza abawombeefu.**

**53 Abali mu kwetaaga abakkusizza ebirungi.Naye abagagga n'abagoba nga tabawaddeeyo kantu. (Lukka 1:49-53)**

Ab'amalala n'abamaanyi mu nsi bajja kukkakkanyizibwa, atte abo abakkakkamu, bajja kusitulibwa. Abayala baali ba kkukusibwa, atte abagagga baali baakusindikibwa nga tebalina kantu.

Yokaana ng'amaze okwanjula obwakabaka bwa Katonda, engeri eno yennyini yalagibwa;

**Buli kiwonvu kirijjuzibwa, na buli lusozi n'akasozi birisendebwa, na buli ekyakyama kirigololwa, n'obukubo obulimu obugulumugulumu bulifuuka enguudo ez'omuseetwe.**

**Abalina omubiri bonna baliraba obulokozi bwa Katonda. (Lukka 3:5-6)**

Ekyamagero Yesu kye yasooka okukola kwe kufuula amazzi enviinnyo, kino kyali kiraga nti amateeka agaali gafuga obwakabaka gaali gaawukanako ku g'obwakabaka obw'ensi.

**ENNONO ENKULU: OBUWANGWA BW'OBWAKABAKA.**

Ennono enkulu okutambulizibwa obwakabaka bwa Katonda zaawukanira ddala ku ndowooza y'omuntu ey'abulijjo n'enkula ey'obwakabaka bw'ensi obukkirizibwa. Ennono zino mulimu;

**ENNONO ENKULU:**

Yesu yatandikawo ennono y'obwakabaka enkulu, "Naye tekisaanye kuba bwe kityo mu mmwe."

**Yesu kwe kubayita n'abagamba nti, "Mumanyi ng'abakulembeze b'abamawanga babazitoowereza embeera, n'abakulu baabwe babafuza lyanyi.**

**Naye tekisaanye kuba bwe kityo mu mmwe. Buli ayagala okubeera omukulu mu mmwe, abeerenga muweereza wa banne.**

**Na buli ayagala okuba omwami mu mmwe aweerezenga banne ng'omuddu waabwe.**

**Mube nga Omwana w'Omuntu atajja kuweerezebwa wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe ng'omutango okununula abangi. (Matayo 20:25-28)**

**Naye mu mmwe tekisaanira kuba bwe kityo. Oyo asinga ekitiibwa mu mmwe asaana yeeyisenga ng'asembayo, n'omukulembeze mu mmwe asaana abeere ng'omuweereza wammwe. (Lukka 22:26)**

**Naye mu mmwe si bwe kiri bwe kityo. Yenna ayagala okuba omukulembeze mu mmwe, asaanira abeerenga muweereza wa banne.**

> **Ne buli ayagala okuba omwami mu mmwe, asaana abeere muddu wa banne bonna. (Makko 10:43-44)**

Newaakubadde Yesu yali akutte ku nsonga ey'obukulembeze ey'amaanyi wano, era yateekawo ennono y'obwakabaka enkulu, "Naye tekisaanye kuba bwe kityo mu mmwe." Newaakubadde omutindo gw'ensi n'obwakabaka obw'ensi bukkiriza ennono ezimu, ennono z'obwakabaka bwa Katonda za njawulo, "…Naye tekisaanye kuba bwe kityo mu mmwe."

**ENNONO Y'OBUMU.**

Waliwo obwakabaka obw'ensi bungi, bwonna bweyawudde ku bunnaabwo. Mu bwakabaka buno obw'ensi, mulimu n'enjawukana eziviirako entalo n'obutabanguko. Obwakabaka bwa Katonda bwa Kabaka obuli awamu. Bunnyonnyolwa ng'omubiri ogumu ogulina ebitundu eby'enjawulo.

> **Kuba omubiri nga bwe guli ogumu, ne guba n'ebitundu bingi, ate ebitundu byonna ne byegatta ne biba omubiri gumu, kale, ne Kristo bw'ali bw'atyo.**
>
> **Bwe tutyo ffenna twabatizibwa mu Mwoyo omu, ne tufuuka omubiri gumu, oba Bayudaaya, oba baamawanga, oba baddu, oba ba ddembe, era ne tunywa ku Mwoyo oyo omu.**
>
> **Kubanga omubiri tegulina kitundu kimu, naye gulina ebitundu bingi. (1 Abakolinso 12:12-14)**

Abatuuze b'obwakabaka bwa Katonda bali bumu mu Katonda ne Yesu.

> **Bonna babeere bumu, nga ggwe Kitange bw'oli mu Nze, nange nga ndi mu ggwe, nabo babeerenga mu ffe, ensi eryoke ekkirize nga ggwe wantuma.**
>
> **Mbawadde ekitiibwa kye wampa, balyoke babeere bumu nga ffe bwe tuli obumu.**
>
> **Nze nga ndi mu bo, era naawe ng'oli mu Nze balyoke bafuukire ddala omuntu omu. Ensi eryoke etegeere nga ggwe wantuma era nti obaagala nga bw'onjagala. (Yokaana 17:21-23)**

Obwakabaka bwa Katonda tebulina nkolagana na bwakabaka bwa Sitaani;

(Matayo 12:25-28, Laba ne Makko 3:23-36 wamu ne Lukka 11:17-20)

Obumu ku bukulu bw'obumu mu bwakabaka bwa Katonda, ge maanyi ge buleeta. Yesu yasuubiza;

> **Era ddala ddala mbagamba nti bwe munaabanga babiri mu nsi ne mukkiriziganya ku ekyo kye mwagala okusaba, Kitange ali mu ggulu alikibakolera.**
>
> **Kubanga abantu ababiri oba abasatu bwe banaakuŋŋaananga mu linnya lyange, nange nnaabeeranga awo wakati waabwe. (Matayo 18:19-20)**

Kubanga abatuuze b'obwakabaka bwa Katonda bakyali mu mubiri, enjawukana zisobola okubaawo buli kaseera. Yesu yawa ebiragiro ku ngeri y'okukwatamu enjawukana zino mu Matayo 18:15-35

**ENNONO Y'OKUYINGIRA.**

Obwakabaka bwa Katonda bwakuyingira mu nsi mu ngeri bbiri, ng'ekitangaala era ng'omunnyo.

> **Mmwe muli munnyo gwa nsi. Naye kale bwe guggwaamu obuka, guliba munnyo nate? Olwo gukasukibwa ebweru ne gulinnyirirwa n'ebigere, nga tegukyalina mugaso gwonna.**

**Mmwe muli musana gwa nsi. Ekibuga tekikwekebwa ku lusozi.**

**Era omuntu takoleeza ttabaaza ate n'agisaanikirako ekibbo, wabula agiteeka ku kikondo n'emulisiza bonna abali mu nju.**

**Kale nammwe ebikolwa byammwe ebirungi byakirenga abantu bonna, babirabenga, bagulumize Kitammwe ali mu ggulu. (Matayo 5:13-16)**

**Omuntu takoleeza ttaala n'agikweka, oba n'agivuunikako ekibbo! Naye agiwanika ku kikondo ky'ettaala n'emulisiza bonna abayingira basobole okulaba.**

**Eriiso y'ettabaaza y'omubiri gwo. Eriiso bwe liba eddamu, n'omubiri gwo gwonna guba gujjudde omusana. Naye eriiso bwe liba eddwadde, omubiri gwo gujjula ekizikiza.**

**Noolwekyo weekuume ekizikiza kireme kugoba musana oguli mu ggwe.**

**Singa omubiri gwo gwonna gujjula omusana, ne gutabaamu kizikiza n'akatono gujja kwakaayakana nga gwe bamulisizzaamu ettaala. (Lukka 11:33-36)**

**Omunnyo mulungi, naye singa guggwaamu ensa, guzibwamu gutya obuka bwagwo?**

**Guba tegukyalina mugaso n'akamu mu ttaka wadde ne mu bigimusa, noolwekyo gusuulibwa bweru. Alina amatu agawulira awulire. (Lukka 14:34-35)**

**Awo Yesu n'ababuuza nti, "Waliwo omuntu akoleeza ettaala n'agivuunikako ekibbo oba n'agiteeka wansi w'ekitanda? Naye omuntu bw'akoleeza ettaala tagiteeka ku kikondo waggulu? (Makko 4:21)**

**Omunnyo mulungi, naye bwe guggwaamu ensa, guzzibwamu gutya obuka bwagwo? Noolwekyo mube n'omunnyo mu mmwe era mubeerenga n'emirembe buli muntu ne munne. (Makko 9:50)**

Mu nsi ey'omubiri, omunnyo gukola mu ngeri ya kimpowooze, gukozesebwa okukuuma emmere nga nnamu, okuwonya ebiwundu n'okwongera ekirungo. Omunnyo omutono gukyusa emmere ennyingi.

Mu nsi ey'omwoyo, abali mu bwakabaka balina okutuuka eri ensi ng'omunnyo. Balina okukuuma okukuuma empisa n'omutindo gw'obwakabaka mu ngeri ennungi ddala. Ng'omunnyo, basobola okukyusa enkuyanja ya bantu. Mu kitundu ekirala, Yesu yageraageranya okuyingira mu bwakabaka ku kizimbulukusa (Matayo 13:33). Ng'omunnyo, ekizimbulukusa kitono ddala ekikola mu ngeri ey'ekimpowooze mu mugaati.

Mu nsi ey'omubiri, ekitangaala kimalawo ekizikiza. Kiraga ekkubo mu kizikiza. Ekitangaala mu kizikiza tekisobola kubula nga tekirabiddwa. Oyo yenna ali mu bwakabaka alina okubeera ekitangaala eky'omwoyo eri ensi. Aliwo kwoleka na kulaga kkubo erifulumya mukizikiza. Talina kuganya kintu kyonna mu bulamu bwe ekiyinza okusiikiriza obwakabaka bwa Katonda. Abakkiriza balina okubeera mu bulamu bw'obwakabaka mu ngeri erabika nga bayingira mu bwakabaka obw'ensi n'enjiri y'obwakabaka.

**ENNONO Z'ESSAALA.**

Essaala mu bwakabaka yeesigamizibwa ku nnono ssatu: okusaba, okunoonya, n'okukonkona.

> **Musabe, munaaweebwa. Munoonye, munaazuula. Era mukonkone munaggulirwawo.**
>
> **Kubanga buli asaba aweebwa, n'oyo anoonya, azuula, n'oyo akonkona aggulirwawo. (Matayo 7:7-8)**

Buli mutendera gw'essaala gulina eddaala kwe gukukasuka mu kunoonya Katonda.

Yesu naye yawa eky'okulabirako ky'essaala eri abo abaali mu bwakabaka bwe. Osobola okukisomako mu Matayo 6:9-11, ne mu Lukka 11:2-4

**ENNONO Z'OKUSINZA.**

Ennono enkulu ez'okusinza mu bwakabaka ziragibwa mu Matayo 6:1-18, soma ekitundu kino mu Baibuli yo. Ennono z'okusinza enkulu mulimu;

- Okuwaayo: eky'okungulu ekirabika Matayo 6:1-4
- Okusaba: ekyawaggulu ekirabika Matayo 6:5-15
- Okusiiba: eky'omunda ekirabika Matayo 6:16-18

Ebitundu by'okusinza bino ebisatu byonna birina kukolebwa mu kyama okusobola okufuna omukisa gwa Katonda.

**ENNONO Y'OKUBA N'OKWOLESEBWA OKUMU.**

Okwolesebwa okw'obumu okuli mu bwakabaka kwe kusooka okunoonya obwakabaka bwa Katonda. Soma Matayo 6:19-34 era obigerageranye ne Lukka 12:22-34;

- Yesu ayogera ku mutima ogumu mu Matayo 6:19-21
- Ayogera ku kwolesebwa okumu mu Matayo 6:22-23
- Ayogera obumu mu kwewaayo mu Lukka 16:13
- Ayogera ku kuweerezaokumu mu Matayo 6:44 ne Lukka 9:60 ne 62
- Ayogera ku bumu mu ndowooza mu Matayo 6:25-32 ne 34

Olunyiriri luno lufunza bulungi ennono y'okwolesebwa okumu;

> **Naye musooke munoonye obwakabaka bwa Katonda n'obutuukirivu bwe, ebyo byonna mulibyongerwako. (Matayo 6:33)**

**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Musingi ki okwesigamizibwa ennono z'obwakabaka endala zonna?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Mateeka ki abiri ag'obwakabaka okwesigamizibwa ennono endala zonna?
   Erisooka……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   Ery'okubiri…………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Wa ensonga nnya eziraga omugaso oguli mu kumanya ennono z'obwakabaka.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Osobola okukozesa Baibuli yo okukwanaganya olunyiriri n'ennono gye lusomesa. Weetegereze olunyiriri mu kibinja ekisooka. Awo olonde ennono enkulu okuva mu kibinja eky'okubiri esomesebwa mu lunyiriri olwo. Wandiika ennamba yaalwo okuva mu biri mu kibinja ekisooka. Era ekisoose kikozese nga kyakulabirako nga bw'onookola.

| **Ekibinja ekisooka.** | **Ekibinja eky'okubiri.** |
|---|---|
| A ___2____ Matayo 5:13-16 | 1. Ennono y'obumu. |
| B_________ 1 Abakolinso 12:12-14 | 2. Ennono y'okuyingira. |
| C_________ Matayo 20:26 | 3. Ennono z'essaala. |
| D_________ Matayo 7:7-12 | 4. Ennono enkulu: ennono z'obwakabaka zaawukana n'ezensi |
| E_________ Matayo 6:1-18 | 5. Okwolesebwa okumu |
| F________ Matayo 6:19-34 | 6. Ennono z'okusinza |

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

**OKWEYONGERA OKUSOMA.**

Funza ennono z'obwakabaka nga bwe zisengesebwa mu kitabo kya Lukka;

Lukka 1:33______________________________________________________________________

Lukka 4:43______________________________________________________________________

Lukka 6:20 ______________________________________________________________________

Lukka 7:28 ______________________________________________________________________

Lukka 8:1, 10 ______________________________________________________________________

Lukka 9:2, 11, 27, 60 ____________________________________________________________

Lukka 10:9-11 ____________________________________________________________________

Lukka 11:2, 17-20 _________________________________________________________________

Lukka 12:31-32____________________________________________________________________

Lukka 13:18-29 ___________________________________________________________________

Lukka 14:15 ______________________________________________________________________

Lukka 16:16 ______________________________________________________________________

Lukka 17:20-21 ___________________________________________________________________

Lukka 18:16-29 ___________________________________________________________________

Lukka 19:11-15 ___________________________________________________________________

Lukka 21:10, 31 ___________________________________________________________________

Lukka 22:16-30 ___________________________________________________________________

Lukka 23:42, 50-51 ________________________________________________________________

# ESSUULA EYOOMUNAANA.

## EMPISA Z'OBW'OBWAKABAKA:

## ENNONO Z'OBWAKABAKA: EKITUNDU EKY'OKUBIRI.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okuzuula ebitakwatagana ebiri mu nkula y'obwakabaka bwa Katonda n'obwakabaka obw'ensi.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Mumpulirize, abooluganda abaagalwa, Katonda teyalonda abo ensi b'eyita abaavu, okuba abagagga mu kukkiriza, era okuba abasika ab'obwakabaka obw'omu ggulu, Katonda bwe yasuubiza abo abamwagala? (Yakobo 2:5)**

**ENNYANJULA.**

Mu ssuula eno, ojja kwongera okuyiga ku buwangwa obwobwakabaka bwa Katonda nga bwe weyongera okuyiga ku nnono z'obwakabaka. Ojja kuyiga ennono ez'enjawulo ez'obwakabaka buno obw'omwoyo ezeesigamizibwa ku nnono enkulu eyakulagiddwa mu ssuula eyoomusanvu.

**EBITAKWATAGANA EBY'ENJAWULO: OBUWANGWA BW'OBWAKABAKA.**

Kati leka tuyige ku nnono z'obwakabaka ez'enjawulo ezeesigamizibwa ku nnono enkulu eyawedde okunnyonnyolwa. Ebitakwatagana bino eby'enjawulo bisangibwa mu Matayo 5-7, ne mu Lukka 6. Soma essuula zonna nga tonneeyongerayo kusoma.

Ebitundu bino biri kitundu ku njigiriza ya Yesu ebimanyikiddwa nga "Okuyigiriza ku lusozi." Kubanga yasooka kubisomesa ku luuyi lw'olusozi mu Yisirayiri. Okuyigiriza kulimu ennono z'obwakabaka nnyingi. Okuyigiriza tekwamalawo kibaawo mu bulamu, naye ennono zibiggyayo. Zitandikawo enkula n'empisa mu buli mbeera.

Ekitundu eky'okuyigiriza ekisooka, Matayo 5:1-12 ekimanyikiddwa nga "Eby'omukisa," era kikutte ne ku ndowooza z'obwakabaka ezireeta omukisa gwa Katonda. Abalina omukisa tebakyusakyusa mpisa ya Kitundu. Ekigambo "omukisa," ekikozeseddwa mu kitundu kino, kitegeeza okuba ng'okkirizibwa Katonda. Waliwo enjawulo wakati w'okuba n'omukisa n'okuba omusanyufu. Okuba n'omukisa kyekuusa ku Katonda era tekiziyizibwa mbeera. Okuba omusanyufu kisinziira ku mbeera eriwo mu bulamu.

Bino by'ebimu ku bikontana ebiri mu buwangwa obw'obwakabaka bwa Katonda;

**OBWAKABAKA BW'ABO ABAAVU MU MWOYO:**

> **Balina omukisa abaavu mu mwoyo, kubanga abo Obwakabaka obw'omu ggulu bwe bwabwe. (Matayo 5:3)**

Ensi eggulumiza abo abalina obugagga obw'ebintu. Katonda alonda abaavu mu bintu by'ensi n'abafuula abagagga mu kukkiriza;

> **Mumpulirize, abooluganda abaagalwa, Katonda teyalonda abo ensi b'eyita abaavu, okuba abagagga mu kukkiriza, era okuba abasika ab'obwakabaka obw'omu ggulu, Katonda bwe yasuubiza abo abamwagala? (Yakobo 2:5)**

Awo Yesu n'atunuulira abayigirizwa be enkaliriza n'agamba nti,

> **Mulina omukisa abaavu, kubanga obwakabaka bwa Katonda bwammwe. (Lukka 6:20)**

**ABAAVU BAGAGGA ATE ABAGAGGA BAAVU.**

Ensi essira eriteeka ku nnono ey'okwefubako, okweyogerako n'okwelongoosa. Naye Katonda assukulumya abo abaavu mu mwoyo, abakakasa nti tebalina busobozi bwa kwerokola, bafune bye beetaaga mu mwoyo oba okumaliriza ebizibu byabwe.

> **Naye zibasanze mmwe abagagga, kubanga mufunye essanyu lyammwe erijjuvu. (Lukka 6:24)**

**ENNAKU EREETA ESSANYU.**

Waliyo ebika by'ennaku bibiri. Ennaku y'ensi eva mu kibi, eno eba nnaku ejja ng'ekibonerezo eky'okukola ekibi. Naye ennaku eno ereeta nkyukakyuka mu bulamu. Ennaku eno eba ejja lwa kibi. Ennaku y'obwakatonda ereetawo okwenenya.

> **Naye abafumbo mbawa etteeka eriva eri Mukama waffe: omukazi tanobanga ku bba. (1 Abakolinso 7:10)**

Katonda assukulumya ennaku eyo. Agamba nti abo abagiraba bajja kufuna okusonyiyibwa;

> **Balina omukisa abali mu nnaku, kubanga abo balisanyusibwa. (Matayo 5:4)**
>
> **Mulina omukisa abalumwa enjala kaakano, kubanga mulikkusibwa. Mulina omukisa abakaaba kaakano, kubanga muliseka. (Lukka 6:21)**
>
> **Ddala ddala mbagamba nti mmwe mulikaaba, mulikuba ebiwoobe, naye ensi yo erisanyuka. Mmwe mulinakuwala naye okunakuwala kwammwe kulifuuka essanyu eritagambika bwe mulindabako nate. (Yokaana 16:20)**

Mu bwakabaka, abo abanakuwala, basanyusibwa era ennaku ereeta essanyu. Essanyu eri abali mu bwakabaka obw'ensi lifuulibwa ennaku;

> **Zibasanze mmwe abalya ne mukkuta kaakano, kubanga mulirumwa enjala. Zibasanze mmwe abaseka kaakano, kubanga mulikungubaga, ne mukaaba. (Lukka 6:25)**

**ABEETOOWAZE BE BAWANGUZI.**

Okwetoowaza sibwe bunafu oba okubeera luyongoyongo. Okubeera omwetoowaze kwe kuba n'embala ey'obukkakkamu, nga si kyangu kukyokoozebwa, ng'ate oli mukkakkamu, kino kyanjawulo ku nnono z'ensi eziwabula nti, "Olemereko ggwe, olwanirire eddembe lyo." Obwetoowaze si mbala y'abo abakolera mu mubiri. Kino kye kimu ku bibala by'obwakabaka eby'omwoyo.

> **Naye ebibala eby'Omwoyo bye bino: okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa,**
>
> **Obuwombeefu, okwefuga; awali ebyo tewali tteeka libiwakanya. (Abaggalatiya 5:22-23)**

Embala zino ziteekwa okulabisibwa eri buli muntu ali mu bwakabaka. Bibala bya mwoyo ebiviira ddala mukujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu (Zino zongera okunnyonyolwa mu kitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa "Obuweereza bw'omwoyo Omutukuvu."

Ensi tetwala beetowaze ng'abawanguzi, naye Katonda asuubiza abeetoowaze nti balisikira ensi;

> **Balina omukisa abeetoowaze, kubanga abo balisikira ensi. (Matayo 5:5)**

**ABAYALA BAKUSIBWA.**

Abantu mu bwakabaka bw'ensi balumwa enjala olw'ebintu bingi. Balumwa enjala olw'amaanyi, obugagga, obuwanguzi n'essanyu. Abali mu bwakabaka tebalina kulumwa njala lwa bintu ebikalu. Balina okunoonya obutuukirivu nga bw'eri ennono y'obwakabaka enkulu.

> **Balina omukisa abalumwa enjala olw'obutuukirivu kubanga abo balikkusibwa. (Matayo 5:6)**
>
> **Mulina omukisa abalumwa enjala kaakano, kubanga mulikkusibwa. Mulina omukisa abakaaba kaakano,kubanga muliseka. (Lukka 6:21)**

Abakkiriza abamu bava mu nkuŋŋaana ez'eddiini ne bagenda okunoonya "emikisa" ewa Katonda. Bano tebalikkusibwa mu mwoyo. Mu nnono eno ey'obwakabaka, Yesu alaga nti abo bokka abalumwa enjala olw'obutuukirivu be bajja okujjuzibwa mu Mwoyo. Bw'oba olumwa enjala mu nsi ey'omubiri, totuula wansi nolinda bulinzi mmere. Obaako ky'okola okwemalako enjala eyo ng'ofuna emmere n'ogifumba. Mu nsi ey'omwoyo tosobola kutuula n'olinda Katonda akukkuse mu mwoyo. Oteekwa okwenyigira mu kunoonya emmere y'omwoyo ng'oyogera ne Katonda mu ssaala n'okusoma ekigambo kye yawandiika.

Abayala bakusibwa mu bwakabaka bwa Katonda. Abasigala mu bwakabaka bw'ensi balekebwa nga bayala;

> **Zibasanze mmwe abalya ne mukkuta kaakano, kubanga mulirumwa enjala. Zibasanze mmwe abaseka kaakano, kubanga mulikungubaga, ne mukaaba. (Lukka 6:25)**

**AB'EKISA BAKWATIRWA EKISA.**

Ennono z'ensi zirabula nti bw'obeera n'ekisa ekingi eri abalala, bajja kukujooga. Bw'olaga okusaasira okungi, bajja kukweyambisa nnyo. Ennono z'obwakabaka zisomesa kirala. Nti bw'olaga ekisa, naawe okwatirwa ekisa so si kujoogebwa.

**Balina omukisa ab'ekisa, kubanga abo balikwatirwa ekisa. (Matayo 5:7)**

**OKUYIGIRIZA KU BY'OMUNDA SO SI EBY'OKUNGULU.**

Abakulembeze b'eddini mu mulembe gwa Yesu bayigirizanga okukuuma amateeka n'obuwangwa kungulu nga kirabika so si okugakwasisa munda mu mutima gwo. Baakumanga nnyo Ssabbiiti, baasibanga bulijjo, baasabanga mu lwatu, n'okuwa abaavu, naye Yesu n'ayigiriza enkola ey'omunda ey'omutima so si ssaddaaka ezookungulu. Yagamba;

**Balina omukisa abalina omutima omulongoofu, kubanga abo baliraba Katonda. (Matayo 5:8)**

Si abo abalaga obubonero bw'okungulu obw'eddiini nti be baliraba Katonda. Wabula abo bokka abalongoofu mu mwoyo.

**EMIREMBE MU KIFO KY'OKULWAGANA.**

Okulwanagana y'enkola ereetawo enkyukakyuka mu bwakabaka obw'ensi. Abaleetawo emirembe be baleetawo enkyukakyuka mu bwakabaka bwa Katonda. Yesu yagamba;

**Balina omukisa abatabaganya, kubanga abo baliyitibwa baana ba Katonda. (Matayo 5:9)**

Emirembe si kwe kudduka ebizibu oba obutaba na lutalo oba akavuvyŋŋano. Emirembe Yesu gye yayogerako gya njawulo ku gy'ensi.

**Oyo atanjagala tagondera bigambo byange. Ate ebigambo bye njogera si byange ku bwange wabula bya Kitange eyantuma. (Yokaana 14:27)**

Mu mirembe gy'ensi mulimu okutya. Banayinza okukuuma endagaano ey'emirembe? Banaasobola okukola ekisuubizo kyabwe? Mu mirembe gya Katonda temuli kutya. Asuubiza okukumira abakkiriza mu mirembe egituukiridde. Basobola okuba n'emirembe gya Katonda ne bwe baba mu mbeera z'akavuyo mu bwakabaka bw'ensi.

**ABAYIGANYIZIBWA BAFUNA EMPEERA.**

Ennono y'obwakabaka eraga omukisa eri abo ababonaabona olw'ensonga ezitali zimu:

Olw'obutuukirivu.

**Balina omukisa abayigganyizibwa olw'obutuukirivu kubanga abo obwakabaka obw'omu ggulu bwe bwabwe. (Matayo 5:10)**

**Mulina omukisa bwe babakyawa, ne babeewala, ne babavuma, ne basiiga erinnya lyammwe enziro, olw'Omwana w'Omuntu."**

**Musanyukanga ku lunaku olwo ne mujaguza, kubanga empeera yammwe nnene mu ggulu, kubanga ebintu ebyo bajjajjammwe baabikola bannabbi abaabasooka. (Lukka 6:22-23)**

**Zibasanze mmwe abantu bonna bwe babawaana,**

**kubanga bwe batyo bajjajjammwe bwe baayisa bannabbi aboobulimba. (Lukka 6:26)**

Si kyamukisa eri bonna ababonaabona, kubanga abantu abamu babonaabona olw'ensobi zaabwe;

**Kale kitiibwa ki kye mufuna bwe mugumiikiriza mu kubonaabona olw'okukola ekibi? Naye Katonda abasiima bwe mugumiikiriza nga mubonyaabonyezebwa olw'okukola obulungi. (1 Peetero 2:20)**

Waliwo okubonaabona okuleetebwa ekibi:

**Waliwo omulwadde mu mmwe? Kirungi atumye abakulembeze b'Ekkanisa, bamusabire, era bamusiige amafuta, nga bwe basaba Mukama amuwonye.**

**Era okusaba kwabwe nga kuweereddwayo n'okukkiriza, kugenda kumuwonya, kubanga Mukama awonya. Singa obulwadde bwe bwava ku kibi kye yakola, Mukama agenda kumusonyiwa.**

**Noolwekyo mwatulireganenga ebibi byammwe, era buli omu asabirenga munne, mulyoke muwonyezebwe. Okusaba n'omutima omumalirivu ogw'omuntu omutuukirivu, kubeera n'obuyinza bungi, era n'ebivaamu biba bya ttendo. (Yakobo 5:14-16)**

**ALISEMBAYO YE W'AMAANYI.**

Mu nsi ow'amaanyi asukkulumizibwa. Abantu batwalibwa okuba ab'amaanyi nga batuuse ku buwanguzi, bamanyikiddwa, nga balina obugagga obungi n'eryanyi. Mu bwakabaka bwa Katonda, abo ab'amaanyi baba balamu era basomesa ennono z'obwakabaka. Bayinza n'okutwalibwa ng'abasembayo wansi mu bwakabaka obw'ensi, naye nga baba b'amaanyi mu bwakabaka bwa Katonda.

**Noolwekyo oyo amenya etteeka erisembayo obutono, n'ayigiriza n'abalala okukola bwe batyo, y'alisembayo mu bwakabaka obw'omu ggulu. (Matayo 5:19)**

**ABEETOOWAZA BALIGULUMIZIBWA:**

**Kubanga buli muntu eyeegulumiza alitoowazibwa; n'oyo eyeetoowaza aligulumizibwa. (Lukka 14:11)**

**Naye buli alyegulumiza alikkakkanyizibwa, na buli alyetoowaza aligulumizibwa. (Matayo 23:12)**

**ABAWEEREZA BAKULEMBEZE.**

Obwakabaka bw'ensi buwa n'abakulembeze ekitiibwa ekya waggulu. Baweebwa ekitiibwa eky'awaggulu era bagulumizibwa. Balindirirwa abaweereza era batwalibwa okuba n'ebifo eby'amaanyi ku balala.

Mu bwakabaka bwa Katonda, okukulembera olina kusooka kuba muweereza;

**Yesu kwe kubayita n'abagamba nti, "Mumanyi ng'abakulembeze b'abamawanga babazitoowereza embeera, n'abakulu baabwe babafuza lyanyi.**

**Naye tekisaanye kuba bwe kityo mu mmwe. Buli ayagala okubeera omukulu mu mmwe, abeerenga muweereza wa banne.**

**Na buli ayagala okuba omwami mu mmwe aweerezenga banne ng'omuddu waabwe.**

**Mube nga Omwana w'Omuntu atajja kuweerezebwa wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe ng'omutango okununula abangi. (Matayo 20:25-28)**

**Naye mu mmwe tekisaanira kuba bwe kityo. Oyo asinga ekitiibwa mu mmwe asaana yeeyisenga ng'asembayo, n'omukulembeze mu mmwe asaana abeere ng'omuweereza wammwe. (Lukka 22:26)**

**Naye mu mmwe si bwe kiri bwe kityo. Yenna ayagala okuba omukulembeze mu mmwe, asaanira abeerenga muweereza wa banne.**

**Ne buli ayagala okuba omwami mu mmwe, asaana abeere muddu wa banne bonna. (Makko 10:43-44)**

**Oyo ayagala abantu okumussaamu ekitiibwa. Asaana abeere muweereza waabwe. (Matayo 23:11)**

**AB'OLUVANNYUMA BE B'OLUBERYEBERYE.**

Ab'oluberyeberye mu bwakabaka bw'ensi be b'oluvannyuma mu bwakabaka bwa Katonda;

**Bangi abooluberebery e, abaliba abooluvannyuma, n'ab'oluvannyuma ne baba abooluberebery e. (Matayo 19:30)**

**Kale nno bwe kityo bwe kiriba abooluvannyuma ne baba abooluberebery e, n'abooluberebery e ne baba abooluvannyuma. (Matayo 20:16)**

**Era laba, abooluvannyuma baliba abooluberebery e, n'abooluberebery e baliba abooluvannyuma. (Lukka 13:30)**

**EKITONO KIFUUKA EKY'AMAANYI.**

Yesu yalaga ennono eno nga yeeyambisa akasigo ka kalidaali ng'ekyokulabirako eky'omubiri, ekizimbulukusa n'akata ka Namwandu.

**N'abagerera olugero olulala ng'agamba nti, "Obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana ng'akaweke ka kaladaali, omusajja ke yasiga mu nnimiro.**

**Kaladaali kaweke katono nnyo okusinga ensigo endala zonna. Naye bwe kasimbibwa ne kakula kavaamu omuti omunene ennyo, n'ennyonyi ez'omu bbanga ne zijja ne zibeera ku matabi gaagwo."**

**N'abongerayo olugero olulala nti, "Obwakabaka obw'omu ggulu buyinza okugeraageranyizibwa n'ekizimbulukusa omukazi kye yakweka mu buwunga bw'eŋŋaano, n'apima ebigero bisatu okutuusa lwe bwazimbulukuka bwonna. (Matayo 13:31-33, Laba ne mu Makko 4:30-32)**

**Awo Yesu bwe yayimusa amaaso n'alaba abantu abagagga nga bateeka ebirabo byabwe mu ggwanika mu Yeekaalu.**

**N'alaba nnamwandu omwavu ng'awaayo busente bubiri.**

**N'agamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti nnamwandu oyo omwavu agabye okusinga bali abagagga bonna.**

**Kubanga bagabye kitono nga bakiggya ku bugagga bwe bafisizzaawo, naye nnamwandu mu bwavu bwe awaddeyo kyonna ky'alina. (Lukka 21:1-4)**

**EKIGULUMIZIBWA KY'EKYOMUWENDO OMUTONO.**

**N'abagamba nti, Mmwe mweraga mu bantu, naye Katonda amanyi emitima gyammwe. Okwerimbalimba kwammwe kubaweesa ekitiibwa mu maaso g'abantu, naye nga kya muzizo eri Katonda. (Lukka 16:15)**

**ABAKULU BAFUUKA NG'ABATO.**

Mu bwakabaka bwa Katonda, abakulu bajja kufuuka ng'abaana. Ekitegeeza nti bajja kwaniriza enjiri y'obwakabaka ng'abaana abato, mu kukkiriza;

**Mu kiseera ekyo abayigirizwa ba Yesu ne bajja gy'ali nga bagamba nti, "Ani asinga obukulu mu bwakabaka obw'omu ggulu?"**

**Yesu n'ayita omwana omuto n'amussa mu makkati gaabwe.**

**N'abagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti bwe mutakyuke kufaanana ng'abaana abato temugenda kuyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu.**

**Noolwekyo buli eyeetoowaza ng'omwana ono omuto y'aliba asinga obukulu mu bwakabaka obw'omu ggulu. (Matayo 18:1-4)**

**Naye Yesu abaana n'abayita, n'agamba nti, "Muleke abaana abato bajje gye ndi, temubagaana, kubanga abali nga bano be b'obwakabaka bwa Katonda.**

**Ddala ddala mbagamba nti atayaniriza bwakabaka bwa Katonda ng'omwana omuto, talibuyingiramu n'akatono. (Lukka 18:16-17)**

**FIIRWA OBULAMU BWO BULOKOLEBWE.**

**Ddala ddala mbagamba nti empeke y'eŋŋaano bw'egwa mu ttaka efa, bwe tefa ebeera yokka, naye bw'efa ebala ebibala bingi. (Yokaana 12:24)**

**Kubanga buli eyeemalira ku bulamu bwe, alibufiirwa. Naye oyo awaayo obulamu bwe ku lwange ne ku lw'Enjiri alibuwonya. (Makko 8:35)**

**Ne bamuddamu nti, "Tusobola." Yesu n'abagamba nti, "Okunywa ku kikompe kyange mugenda kukinywako era mulibatizibwa ne mu kubatizibwa kwange. (Matayo 10:39)**

**Ofiirwa obulamu bwo nga weeresa amasanyu n'enkola z'ensi n'osobola okugoberera Kabaka.**

**Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, Omuntu bw'ayagala okungoberera asaana yeefiirize yekka, yeetikke omusaalaba gwe alyoke angoberere.**

**Kubanga buli agezaako okuwonya obulamu bwe alibufiirwa, oyo alifiirwa obulamu bwe ku lwange alibuwonya. (Matayo 16:24-25)**

**KY'AWA OBULAMU MU KIFO KY'OKUBWAGALA.**

> **Buli eyeemalira ku bulamu bwe alibufiirwa, naye oyo akyawa obulamu bwe mu nsi eno, alibusigaza mu bulamu obutaggwaawo. (Yokaana 12:25)**

**GABA OFUNE.**

> **Mugabenga nammwe muliweebwa. Ekigera ekirungi ekikattiddwa, ekisuukundiddwa, eky'omuyiika kiribakwasibwa. Kubanga ekigera kye mugereramu nammwe mwe muligererwa. (Lukka 6:38)**

**EBITASOBOKA BISOBOKA.**

> **Yesu n'addamu nti, "Ebitayinzika eri abantu, biyinzika eri Katonda."(Lukka 18:27)**
>
> **Yesu n'abatunuulira enkaliriza n'abagamba nti, "Eri abantu tekiyinzika. Naye Katonda, ayinza byonna." (Matayo 19:26)**
>
> **Yesu n'abatunuulira enkaliriza n'abaddamu nti, "Eri abantu tekiyinzika. Naye eri Katonda, buli kintu kyonna kisoboka. (Makko 10:27)**

**ABATALABA BALABA, ABALABA BE BATALABA.**

> **Awo Yesu n'agamba nti, Najja mu nsi okusala omusango, abatalaba balabe, ate naabo abalaba babe bazibe ba maaso. (Yokaana 9:39)**

Yesu yajja kuwa kulaba okw'omwoyo eri abo abaabulira mukizikiza eky'omwoyo. Abo abaalowooza nti baali balaba mu mwoyo nga bayita mu nkola ez'eddiini be baali abazibe.

**WEETIKKE EKIKOLIGO OFUNE EKIWUMMULO.**

Ekikoligo ky'ekyuma ekyeyambisibwa okugatta ensolo ebbiri okusika enkumbi. Kiba kitegeeza kufuba. Omugugu gw'ekintu ekisutulibwa. Kiba kizito. Yesu yagamba;

> **Mujje gye ndi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza.**
>
> **Musitule ekikoligo kyange, muyigire ku nze, kubanga ndi muwombeefu era omuteefu mu mutima, n'emyoyo gyammwe girifuna ekiwummulo.**
>
> **Kubanga ekikoligo kyange kyangu, n'omugugu gwange teguzitowa." (Matayo 11:28-30)**

Ofuna ekiwummulo ekituufu ng'osibibwa wamu n'ekikoligo kya Yesu ositule omugugu gwe. Omugugu gwe y'enjiri y'obwakabaka okuba ng'eyongerwayo eri amawanga g'ensi.

**EBY'OMUWENDO EBY'EGGULU BISSIBWAKO ESSIRA OKUSINGA EBY'ENSI.**

> **Temweterekeranga byabugagga wano ku nsi kwe biyinza okwonoonebwa ennyenje n'obutalagge, n'ababbi kwe bayinza okubibbira.**
>
> **Naye mweterekerenga obugagga bwammwe mu ggulu gye butayinza kwonoonebwa nnyenje wadde obutalagge, n'ababbi gye batayinza kuyingira kububba.**
>
> **Kubanga obugagga bwo gye buli n'omutima gwo gye gunaabeeranga. (Matayo 6:19-21)**

Yesu yagerageranya abo abateeka essira ku by'omuwendo by'ensi ku muntu omusirusiru.

**Bwe kityo bwe kiriba eri buli muntu eyeeterekera, so nga mwavu eri Katonda. (Lukka 12:21)**

**OKUNOONYA EKITIIBWA EKY'EGGULO SO SI EKY'ENSI.**

**Ayogera ku bubwe anoonya kitiibwa kye, naye oyo anoonya ekitiibwa ky'oyo eyantuma wa mazima so n'obutali butuukirivu tebuba mu ye. Musa teyabawa amateeka. (Yokaana 7:18)**

**Kale muyinza mutya okukkiriza nga munoonya kusiimibwa bantu bannammwe, so nga temunoonya kusiimibwa Katonda oyo Omu yekka. (Yokaana 5:44)**

**Yesu n'addamu nti, "Singa Nze neegulumiza okwegulumiza kwange tekubaamu nsa, angulumiza ye Kitange mmwe gwe muyita Katonda wammwe. (Yokaana 8:54)**

**EBIVAAMU BYAWUKANYA SO SI MIREMBE.**

Yesu gy'emirembe. Bwe yajja mu nsi mu mubiri, emirembe gyajja ku nsi. Naye Yesu yaleetawo enjawukana mu bwakabaka bw'ensi so si mirembe. Bwe yajja mu nsi mu mubiri, emirembe gyajja ku nsi. Naye Yesu yaleetawo enjawukana mu bwakabak bw'ensi so si mirembe. Amaka, obwakabaka, ebibuga byayawulibwa ku lulwe. Abamu abaamukkiriza nga Kabaka, bafuuka batuuze ab'obwakabaka okuyita mu kuddamu okuzaalibwa mu mwoyo. Abalala tebaamukkiriza era nebatayingira mu bwakabaka bwe. Kino ky'ekyaleetawo enjawukana;

**Mulowooza nti najja kuleeta mirembe ku nsi? Mbategeeza nti sajja kuleeta mirembe wabula okwawukana.**

**Okuva kaakano amaka gajjanga kwawukanamu, ag'abantu abataano, abasatu ku bo nga bawakanya ababiri, n'ababiri nga bawakanya abasatu.**

**Kitaawe w'omwana alyawukana ne mutabani we, n'omwana n'ayawukana ne kitaawe, ne nnyina w'omwana alyawukana ne muwala we n'omuwala n'ayawukana ne nnyina, ne nnyazaala balyawukana ne muka mwana we ne muka mwana n'ayawukana ne nnyazaala we. (Lukka 12:51-53)**

**Abalabe b'omuntu banaabanga ba mu nju ye. (Matayo 10:36)**

**EBYAKWEKEBWA BIBIKKULIDDWA:**

**Noolwekyo temubatyanga. Teri kyakisibwa ekitalimanyibwa, era tewali kyakwekebwa ekitalizuulibwa.**

**Buli kye mbabuulira mu kizikiza mukyogereranga mu musana, na buli kye mbagamba mu kaama, nakyo mukyasanguzanga waggulu ku nnyumba. (Matayo 10:26-27)**

**OBWAKABAKA BWAWEEBWAYO ERI ABOONOONYI SO SI ABATUUKIRIVU;**

**Mugende muyige amakulu g'Ekyawandiikibwa kino nti, 'Ssaddaaka zammwe n'ebirabo byammwe si bye neetaaga, wabula neetaaga mubeerenga ba kisa.' Najjirira kuyita boonoonyi, so sajjirira abo abeerowooza nti batuukirivu. (Matayo 9:13)**

**ESSIRA LITEEKEBWA KU BYA MWOYO SO SI EBY'OMUBIRI.**

> **Kubanga obwakabaka bwa Katonda si kulya na kunywa, wabula butuukirivu na mirembe, na ssanyu mu Mwoyo Omutukuvu. (Abaruumi 14:17)**
>
> **Kubanga obwakabaka bwa Katonda tebuli mu kwogera bwogezi, wabula mu maanyi. (1 Abakolinso 4:20)**

**EBIRALA EBIRAGA ENJAWULO.**

Weeyambise ekipande kino wammanga oyongere okuyiga ku njawulo eziri wakati w'obwakabaka bwa Katonda n'obwensi.

| | |
|---|---|
| Amakubo abiri ne wankaaki bbiri. | Matayo 7:13-14 |
| Bannabbi babiri | Matayo 7:15 |
| Emiti ebiri | Matayo 7:17-20, Lukka 6:43-44 |
| Ebyogerwa ebibiri | Matayo 7:21-23 |
| Ennyumba ebbiri | Matayo 7:24-27, Lukka 6:46-49 |

**OKWEGEZAAMU:**

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Wandiika ekigambo ekituufu omaleyo sentensi ezikuwereddwa wammanga.
Ennono z'obwakabaka ez'enjawulo:

a) Abaavu be______________________________________________________________
b) Ennaku ereeta____________________________________________________________
c) Abayala be_______________________________________________________________
d) Abeetoowaze be___________________________________________________________
e) Ab'ekisa bafuna__________________________________________________________
f) Eby'omunda so si_________________________________________________________
g) Okwawula so si___________________________________________________________
h) Abatulugunyizibwa be______________________________________________________
i) Abatono be_______________________________________________________________
j) Abakkakkamu be___________________________________________________________
k) Abaweereza be____________________________________________________________
l) Ekitono kifuuka__________________________________________________________
m) Ab'oluvannyuma be_________________________________________________________
n) Abagulumizibwa be_________________________________________________________
o) Abakulu bafuuke__________________________________________________________
p) Ffa eri__________________________________________________________________
q) Fiirwa obulamu bwo eri___________________________________________________
r) Kyawa obulamu bwo eri____________________________________________________
s) Waayo eri________________________________________________________________
t) Ebitasoboka bye_________________________________________________________
u) Abatalaba_______________________________________________________________
v) Twala ekikoligo n'omugugu okusobola_______________________________________
w) Ebbyeggulu so si______________________________ebyomuwendo bissibwako essira
x) Ekibikkiddwa kye_________________________________________________________

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

**OKWEYONGERA OKUSOMA.**

Weyongera okusoma ku njawulo eziri ku bwakabaka bwa Katonda soma ebiri mu 2 Abakolinso 6:8-10 era obirage wano wammanga.

_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________________

# ESSUULA EYOOMWENDA.

## EMPISA Z'OBW'OBWAKABA:

## ENNONO Z'OBWAKABAKA- EKITUNDU EKY'OKUSATU.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola oluganda oluli wakati w'amateeka g'endagaano enkadde n'ennono z'obwakabaka ez'endagaano empya.
- Okunnyonnyola ennono z'endagaano empya ezaagaziyizibwa okuva mu mateeka ag'endagaano enkadde.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Naye ebibiina bwe baakitegeera ne kimugoberera. Yesu n'abaaniriza, n'abayigiriza ebigambo ebikwata ku bwakabaka bwa Katonda, n'abaali abalwadde n'abawonya. (Lukka 9:11)**

**ENNYANJULA.**

Essuula eno eyongera okunnyonnyola ku buwangwa bw'obwakabaka bwa Katonda nga yeekenneenya oluganda oluli wakati w'amateeka ag'endagaano enkadde n'ennono z'endagaano empya.

**EBY'OGUGGA EBIKADDE N'EBIPYA.**

Ekimu ku by'obulabirako Yesu kye yawa ku bwakabaka bwa Katonda kyogera ku kugatta ebipya n'ebikadde mu nnono z'obwakabaka.

> **Kyeyava abagamba nti, "Noolwekyo omuwandiis eyayiga obulungi amateeka g'Ekiyudaaya ate n'afuuka omuyigiriza w'obwakabaka obw'omu ggulu, ali ng'omusajja nnyini nnyumba, aggyayo mu tterekero lye ebipya n'ebikadde. (Matayo 13:52)**

Ennono z'obwakabaka ezaasomesebwa Yesu mwalimu empya n'enkadde. Yesu yaziyita eby'obugagga ebipya n'ebikadde. Etteeka Katonda lye yawa Musa lyawandiikibwa mu, Okuva, Ebyabaleevi, n'ekyamateeka, byafuuka omusingi gw'ennono empya mu bulamu bw'obwakabaka. Etteeka ery'endagaano enkadde lyali lifaayo nnyo ku bikolwa eby'okungulu. Ennono z'obwakabaka empya ezaasomesebwa Yesu zaali zikola ku byonna era nga zisinga kufaayo nnyo mu ndowooza eyoomunda.

Enjigiriza za Yesu tezaggyayo tteeka, wabula okulituukiriza;

> **Temulowooza nti Najja okuggyawo amateeka ga Musa oba ebya bannabbi. Sajja okubiggyawo wabula okubituukiriza.**
>
> **Ddala ddala mbagamba nti Eggulu n'ensi biyinza okuggwaawo, naye ennukuta emu wadde akatonnyeze akamu mu mateeka tebirivaawo okutuusa byonna lwe birituukirira. (Matayo 5:17-18)**

> **N’abagamba nti, “Nabategeeza nga nkyali nammwe nti ebintu byonna ebyampandiikibwako mu mateeka ga Musa, ne mu bya bannabbi, ne mu Zabbuli, byali biteekwa okutuukirira.” (Lukka 24:44)**

Yesu yalambulula ennono z’obwakabaka ezaali ku musingi ogw’endagaano enkadde. Teyasuulirira nnono nkadde. Kye yakola kwe kuzanjuluza nga bwe zaali ezookungulu mu ngeri y’eddiini ezaaleetawo okulemererwa okutuuka ku butuufu bw’obwakabaka obwomunda.

Enjigiriza ya Yesu yali ekwatagana bulungi n’endagaano enkadde, naye teyakwatagana bulungi n’abakulembeze b’eddiini abaaliwo mu biro ebyo. Abannyonnyozi b’amateeka n’abafalisaayo beeteramu empisa zaabwe n’enzivvunula yaabwe mu mateeka ga Katonda. Baafangayo nnyo “ku buwandiike bw’etteeka’’ nga mu kino baakumanga buli kyali mu tteeka, nga kw’ottadde empisa zaabwe wamu n’enzivvunula eyaabwe. Yesu essira yaliteeka “ku mwoyo gw’etteeka,” ennono enkulu ezaali emabega w’amateeka.

**EKIKADDE TEKYASOBOLA KUBEERA NGA KIPYA.**

Ennono zino ezaasomesebwa Yesu zaali tezisobola kubeera mu nkola y’eddiini ey’endagaano enkadde. Yesu yayogera obuboozi buno obwakiranga obulungi. Yayogera ku byambalo ebikadde n’ebipya.

> **Tewali muntu atunga kiwero kiggya mu lugoye lukadde, kubanga, ekiwero bwe kyetugga kiyuza olugoye olukadde, n’ekituli ne kigaziwa. (Matayo 9:16)**
>
> **Teri muntu atunga kiwero kiggya mu lugoye olukadde kubanga ekiwero ekiggya kiyuza olugoye olukadde, n’ekituli ne kyeyongera okugaziwa. (Makko 2:21)**
>
> **Awo Yesu n’abagerera olugero nti, “Tewali ayuza kiwero mu lugoye oluggya alyoke azibise ekituli mu lugoye olukadde. Bw’akikola, ekiwero ekiggya kiyuza olukadde, n’ekiwero ekiggya tekijja kugendera wamu na lugoye olukadde. (Lukka 5:36)**

Era yayogera ne ku mwenge omukadde n’omupya.

> **Yesu bwe yasituka n’abayigirizwa be okugenda mu maka g’omukulu w’ekkuŋŋaaniro. (Matayo 9:17)**
>
> **Teri muntu ateeka mwenge musu mu nsawo z’amaliba nkadde kubanga omwenge omusu gwabya ensawo enkadde, omwenge ne guyiika, n’ensawo ne ziyulika. Naye omwenge omusu baguteeka mu nsawo mpya.”(Makko 2:22)**
>
> **Era tewali ateeka wayini omusu mu nsawo enkadde ez’amaliba ga wayini, kubanga wayini omusu ajja kuziyuza ayiike.**
>
> **Naye wayini omusu ateekebwa mu nsawo za maliba empya.**
>
> **Era tewali anywa ku wayini omukadde ate ayagala okunywa ku wayini omusu. Kubanga agamba nti, ‘Omukadde ye asinga omusu. (Lukka 5:37-39)**

Enkola ey’eddiini enkadde yali tesobola kubeera wamu na “mwenge mupya” ogw’ennono z’obwakabaka. Omwenge omupya gwali gulina kufukibwa mu bibya ebipya. Era y’ensonga lwaki okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda kyalina kuba kuddamu kuzaalibwa mu mwoyo. Kyetaagisa

okuwa enkola z'eddiini obudde okukyuka kubanga abo abaali bazifunye bandigambye, "Enkadde esinga."

Yesu teyasaanyawo nkola ya ddiini enkadde. Yagiganya okuba ng'ekuumibwa nga bwayongeramu n'omwenge omupya. Mu bibya by'abantu ebyomwoyo nga bwe baddamu okuzaalibwa mu Kristo Yesu. Yawa obudde okuleetawo enkyukakyuka okuva mu nkadde okudda mu mpya. Kino kisumuluzo kikulu nnyo mu kuteekawo enjiri y'obwakabaka mu bitundu omwali eddiini. Essira lyandibadde ku kuyiwamu mwenge mupya mu bibya, so si kumenyawo nkola nkadde ey'empisa ez'eddiini. Enkadde yali yakulekebwa abakazi n'abasajja bonna badde eri "omwenge omupya" okusobola okufunawo ku njawulo.

**ENKOLA EY'OKUZUULA.**

Mu njiri yonna osobola okuzuula "eby'obugagga ebikadde n'ebipya" ng'otunuulira enkola zino:

1. Yesu ayanjula enjigiriza zino mu njogera, "kyawandiikibwa" oba "Temwasomako nti?"
2. Etteeka ery'endagaano enkadde ligamba.
3. Yesu n'ayongerako nti, "Naye mbagamba nti"
4. Ennono y'obwakabaka ey'endagaano empya, yayongerezebwa ku tteeka ery'endagaano enkadde, era n'eyogerwa.

**EBY'OBUGAGGA BY'OBWAKABAKA.**

Ekipande kino kifunzizza ebimu "ku by'obugagga ebyendagaano enkadde n'empya," ebyalagaibwa Yesu. Weetegereze buli kikuweereddwa oyige ku nnono zino ez'obwakabaka.

| | **Eby'obugagga ebikadde.**<br>**"Kigambibwa nti."** | **Eby'obuggaga ebipya.**<br>**"Naye mbagamba."** |
|---|---|---|
| Matayo 5:21-26.<br>Matayo 5:23-24, 6:1-8<br>23:14, 23-27. | Tottanga | Okunyiiga watali nsonga kusigala ky'ekimu. |
| Makko 7:6-8, 11:25-26<br>Lukka 18:10-14. | Okusinza kulagibwa na bikolwa. | Okusinza kulina kuba kwa munda mu ggwe. |
| Matayo 5:27-32. | Toyendanga | Ne bw'okirowoozako oba okikoze. |
| Matayo 5:33-37, 23:16-22. | Tewerayiriranga. | Tolayirira mu kintu kyonna. |
| Matayo 5:38-42. | Ekibi kisasulwe ekibi | Ekibi kisasulwe n'obulungi. |

| | | |
|---|---|---|
| Matayo 5:43-47, Lukka 6:27-35 | Yagala muliraanwa wo. | Yagala omulabe wo. |
| Matayo 15:3-9, Makko 7:7-13 | Obutukuvu bujja lwakugoberera mpisa ez'abantu. | Obutukuvu bujja lwa kubeera mu Kristo. |
| Matayo 12:3-14, Mark 2:23-28, 3:1-6, Lukka 6:1-11, Yokaana 5:1-47 | Omuntu yatondebwa lwa Ssabiiti era alina okukuuma amateeka gaayo | Ssabbiiti yakolebwa lwa muntu |
| Matayo 15:10-20, Makko 7:14-23 | Essira liri kukutukizibwa okw'okungulu. | Essira liri kukutukuzibwa okw'omunda. |
| Matayo 5:31-32, 19:1-9, Makko 10:2-12 | Buli nsonga abagalana baawukane. | Abagalana okwawukana tekyali mu nteekateeka ya Katonda. |

Ekipande ky'osomye tekiraze buli byabugagga "ebikadde n'ebipya" kitunuulidde eby'okulabirako ebikulu okuteekebwa enkola eziyinza okukuyamba okweyongera osome wekka.

Soma enjiri (Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana) weetegereze enkola eno. Weyambise ekitundu "ky'okweyongera okusoma," eky'essuula eno, okoleyo ekipande ekirala ekirimu eby'obugagga by'obwakabaka ebirala ebikadde n'ebipya.

**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
   …………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Wandiika ekigambo "ekikadde" mu kabanga akalekeddwa ku kikulagiddwa nga kiva mu tteeka ly'endagaano enkadde. Atte "kipya" mu eryo eriraga nti ekinnyonnyoddwa kivudde mu nnono y'obwakabaka ery'endagaano empya.

   a) ………………….. Kifaayo nnyo ku ndowooza eyoomunda.
   b) ………………….. Kifaayo nnyo ku bikolwa eby'okungulu.
   c) ………………….. Kikugira nnyo.
   d) ………………….. Kuzingiramu bingi.
   e) ………………….. Kyawandiikibwa ku tteeka.
   f) ………………….. Omwoyo gw'etteeka.
   g) ………………….. Tottanga.
   h) ………………….. Okunyiiga awatali nsonga kusigala ky'ekimu.
   i) ………………….. Tolayiririranga kintu kyonna.
   j) ………………….. Teweerayiriringa.
   k) ………………….. Akukoze obulungi musasule bulungi.
   l) ………………….. Ekibi kisasulwe na kibi.
   m) ………………….. Yagala muliraanwa wo.
   n) ………………….. Yagala mulabe wo.
   o) ………………….. Okusinza kusinziira munda.
   p) ………………….. Okusinza kusinziira ku bikolwa byakungulu.
   q) ………………….. Ssabbiiti yakolebwa lwa muntu.
   r) ………………….. Omuntu yakolebwa lwa Ssabbiiti.
   s) ………………….. Obutukuvu bujja lwa kukuuma mpisa za bantu.
   t) ………………. Obutukuvu bujja lwa kubeera mu Kristo.
   u) ………………. Essira liri ku butukuvu obw'okungulu.
   v) ………………. Essira liri ku butukuvu obw'omunda.
   w) ………………. Okwawukana kubeera kwa kigero.
   x) ……………….. Mu buli nsonga abaagalana baawukane.
3. Tteeka enkulungo ku ky'okuddamu ekituufu. Yesu yajja oku…………………………………………….
   a) Okusaanyaawo etteeka ly'endagaano enkadde.
   b) Okutuukiriza etteeka ly'endagaano enkadde.
4. Luganda ki oluli ku nnono z'obwakabaka mu ndagaano empya n'etteeka ery'endagaano enkadde?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………..

**OKWEYONGERA OKUSOMA.**

1. Ebijulirira obutereevu ku bwakabaka mu kitabo kya Yokaana si bingi nnyo, naye ebitono ebirimu bya mugaso nnyo;

   Yokaana 1:45-49: Nassanayiri ayatula nti Yesu ye Kabaka era nti ye kwekutuukirira kw'obunnabbi obw'endagaano enkadde.

   Yokaana 3: Eno y'emu ku ssuula ezisinga okuba ez'omugaso mu kunnyonnyola engeri gy'oyingira obwakabaka bwa Katonda.

   Yokaana 18:36: Eraga bulungi obwakabaka, ekyoleka bulungi nti obwakabaka si bwakabaka bwa nsi.

2. Weeyongere okusoma "ku by'obugagga ebipya n'ebikadde" mu bitabo bya Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana. Wandiika by'ozudde mu kipande kino.

   **Eky'obugagga ekikadde.**
   **"Kigambibwa nti."**
   ______________________________
   ______________________________
   ______________________________
   ______________________________
   ______________________________

   **Eky'obugagga ekipya.**
   **"Naye mbagamba nti."**
   ____________________________________
   ____________________________________
   ____________________________________
   ____________________________________
   ____________________________________

# ESSUULA EYEKKUMI.

## ENGERO Z'OBWAKABAKA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola ekigambo "Engero."
- Okunnyonnyola lwaki Yesu yakozesa engero ng'asomesa ennono z'obwakabaka.
- Okuzuula ebikulu ebyogerwako mu ngero za Yesu.
- Okusoma engero za Yesu okuyiga ennono z'obwakabaka.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **N'abaddamu nti, "Mmwe mulina omukisa kubanga mwaweebwa okutegeera ebyama eby'obwakabaka obw'omu ggulu, naye bo tebaakiweebwa. (Matayo 13:11)**

**ENNYANJULA.**

Mu ssuula ewedde, oyize ku nnono enkulu ezifuga obulamu bw'omu bwakabaka. Mu buweereza bwe obw'okunsi, Yesu yakozesa enkola y'okusomesa eyitibwa "Engero" okusobola okwoleka amazima g'omwoyo agakwata ku bwakabaka.

Mu ssuula eno ojja kuyiga engero kye ki? N'ensonga lwaki Yesu yazikozesa okubasomesa ennono z'obwakabaka. Ojja kusoma ne ku ngero ezimu okuyiga ennono z'obwakabaka.

**ENGERO KYE KI?**

Engero y'emboozi eri eby'okulabirako eby'omubiri ebiggyayo amazima ag'omwoyo. Amakulu g'ekigambo "Olugero" agaddala gali "okuteekawo n'ogeraageranya ekintu."

Mu ngero, Yesu yakozesa eby'okulabirako eby'omubiri ng'abigerageranya n'amazima ag'omwoyo. Olugero y'emboozi ey'ensi erina amakulu ag'eggulu. Ekyo ekiri mu mubiri, ky'ekintu ky'oyinza okuwulira. Osobola okukiwulira, okukiraba oba okukikwatako. Ekyo eky'omwoyo oba osobola okukiraba n'amaaso go ag'omwoyo.

**EKINYUSI KY'ENGERO.**

Ekinyusi ky'engero za Yesu Kristo bwali bwa Kabaka bwa Katonda. Nga tannagera ngero zino, Yesu yalaganga bulungi kino ng'ekinnyusi;

**Awo Yesu n'ayongera n'abagamba nti, "Obwakabaka bwa Katonda tunaabugeraageranya na ki? Oba tukozese lugero ki okubunnyonnyola? (Makko 4:30)**

**Awo Yesu kyeyava abayigiriza ng'agamba nti, "Obwakabaka bwa Katonda bufaanana na ki? Mbugeraageranye na ki? (Lukka 13:18)**

**Ate era n'agamba nti, "Obwakabaka bwa Katonda mbugeraageranye na ki? (Lukka 13:20)**

Olugero ne bwe lwali terulambuluddwa bulungi, ekinyusi kyasigalanga ku bwakabaka bwa Katonda. Buli lugero Yesu lwe yakozesa lwaliko engeri gye lwakwataganyanga n'obwakabaka.

**LWAKI NGERO?**

Lwaki Yesu yeeyambisanga akakodyo k'okkusomesanga mu ngero okuggyayo amakulu ku bwakabaka bwa Katonda? Abayigirizwa baabuuza ekibuuzo ky'ekimu:

> **Abayigirizwa be ne bamusemberera ne bamubuuza nti, "Lwaki oyogera nabo mu ngero?" (Matayo 13:10)**

Yesu yaddamu;

> **Mmwe mulina omukisa kubanga mwaweebwa okutegeera ebyama eby'obwakabaka obw'omu ggulu, naye bo tebaakiweebwa. (Matayo 13:11 era laba ne Lukka 8:10)**

Okumanya okw'amazima ag'omwoyo kwaweebwa bayigirizwa kubanga baalina endowooza ez'omwoyo. Abo abataalina ndowooza za mwoyo, baawulira engero era baalemererwa n'okuzitegeera kubanga amazima ag'omwoyo gategeerebwa abo bokka abalina endowooza ey'omwoyo;

> **Omuntu obuntu tasobola kufuna bintu bya Mwoyo wa Katonda, kubanga busirusiru gy'ali, era tasobola kubimanya, kubanga bikeberwa Mwoyo. (1 Abakolinso 2:14)**

Abo abalina endowooza ez'omwoyo, bategeera ennono z'obwakabaka bwa Katonda eziragibwa mu ngero. Abo abalabira mu mubiri, endowooza enkyamu tezisobola kuzitegeera. Yesu yakozesa engero okubikka okubikka amakulu g'ennono z'omwoyo eri abatakkiriza.

Balaba bulabi naye nga tebeetegereza,

> **Era n'okuwulira bawulira naye tebategeera, si kulwa nga bakyuka ne basonyiyibwa. (Makko 4:12)**

Omuntu alina "endowooza ey'omwoyo," y'oyo aba yazaalibwa omulundi ogw'okubiri nga bwe kyannyonnyoddwa mu ssuula eyookuna mu kitabo kino.

**ENGERO Z'OBWAKABAKA.**

Engero zonna Yesu zeyakozesa zaalaga amazima g'obwakabaka bwa Katonda. Ekinyusi, ebiragibwa, n'amazima g'obwakabaka agasomesebwa biragiddwa. Tunuulira ebiragiddwa mu Baibuli yo osome olugero.

**ENGERO EZIKWATA KU BIKUWEEBWA OBWAKABAKA.**

Engero zino wammanga zikwata ku bikuweebwa Yesu mu bwakabaka bwa Katonda.

| | |
|---|---|
| **0lugoye olutunge:** | Matayo 9:16, Makko 2:21, Lukka 5:36 |
| **Ensawo za wayini:** | Matayo 9:17, Makko 2:22, Lukka 5:37 |

Engero zino zisomesa nti Yesu yawaayo obwakabaka obwali obupya era obw'enjawulo. Bwali tebusobola kuteekebwa mu nkola nkadde ez'eddiini. Si kyangu okutegeera obwakabaka bwa Katonda ng'ogezaako okubugiisa mu ndowooza ez'enkola n'obulamu obukadde.

**Omusumba omulungi:** Yokaana 10:1-16

Kabaka Yesu ageraageranyizibwa ku Musumba. Yali wa kukulembera endiga ze aziggye mu busibe bw'eddiini zidde eri eddembe ly'obwakabaka bwe. Endiga ze zaali zaakuwulira eddoboozi lye era ziddamu eri ekyaweebwa eky'obwakabaka.

**Endiga eyabula:** Matayo 18:12-14

**Ennusu eyabula:** Lukka 15:8-10

**Omwana eyazaawa:** Lukka 15:11-32

Engero zino ziraga engeri kitaffe bw'anoonya endiga ey'obwakabaka, y'engeri yemu abagoberezi be gye balina okunoonyamu abo ababa babuze, era ziraga nti okwennenya kyekisumuluzo ky'obwakabaka.

**Embaga ey'obugole:** Matayo 22:1-14

**Embaga ennene:** Lukka 14:16-24

Okuyita mu ngero zino, Yesu yayita abantu b'omulembe ogwo okujja bayingire mu bwakabaka. Mu kusooka ekirango kyagenda eri abantu abalonde, eggwanga lya Yisirayiri. Si bonna abalondebwa nti bafaayo, olwo okuyitibwa okulala kwagenda eri amawanga ga bannamawanga.

**Abazimbi ababiri:** Matayo 7:24-27

Mu lugero luno, Yesu yasomesa nti obwakabaka bwazimbibwa ku ye. Yeegerageranya n'olwazi omuntu kw'ayinza okuzimbira obulamu bwe. Omuntu azimbiddwa ku musingi ogwo omunywevu aba asobola okuyimirira mu buli muyaga gwonna. Yesu yawa abasajja n'abakazzi omwaganya okuzimba obulamu bwabwe ku musingi ogutaggwaawo ogw'obwakabaka bwa Katonda.

**Emiryango ebiri:** Matayo 7:13-14, Lukka 13:24-28

Omulyango ogumu gwokka gwe gukutwala mu bwakabaka, omulyango guno ye Mukama waffe, Yesu Kristo.

**ENGERO EZIKWATA KU KUGAANIBWA KWA KABAKA:**

**Olugero lw'abalimi:** Matayo 21:33-44, Makko 12:1-11, Lukka 20:9-18

Yesu yakozesa olugero olulaga nti eggwanga lya Yisirayiri lyali lya kumugaana nga Masiya era nga Kabaka. Kino kyeyolekera mu lugero lw'abalimi. Katonda yasindika bannabbi ku nsi okuleeta obwakabaka naye Yisirayiri n'ebatta. Olwo Katonda n'asindika omwana we yennyini. Era naye yagaanibwa n'attibwa.

**Omuttiini ogutabala:** Lukka 13:6-9

Yesu yasomesa ku Muttiini ogutabala. Omuti ogutabala ke kabonero akalabibwako ak'eggwanga lya Yisirayiri. Katonda yayimusa eggwanga lya Yisirayiri ng'eggwanga lye yalina okukozesa okutuusa obwakabaka bwe eri ensi. Buli kiseera Katonda yafuba okukomyawo "Omuti" eggwanga lya Yisirayiri

okubala “ebibala” eri amawanga amalala nga babuulira ku Katonda gwe baamanya omutuufu, naye Yisirayiri yasigala ŋŋumba nga tebala bibala.

**Embaga:** Matayo 22:2-4

Yesu era yakozesa olugero lw’embaga okulaga okugaanibwa kwe. Abakozi baatumibwa okuyita abantu bajje ku mbaga naye abantu ne babatta bussi era ne bagaana n’okuyitibwa. Kino kyalaga engeri omukisa gw’obwakabaka bwe gwagaanibwa.

**ENGERO EZIKWATA KU KWONGEZEBWAYO KW’OBWAKABAKA:**

**Olwa talanta:** Matayo 25:14-30, Lukka 19:11-27

**Omusajja eyali ku lugendo oluwanvu:** Makko 13:34-37

**Abaddu:** Matayo 24:43-51, Lukka 12:39-46

**Abasajja abalindirira mukama waabwe:** Lukka 12:36-38

Yesu yayogera ku ngero eziraga nti obwakabaka bwa Katonda bwali bwakujja mu ngeri yaabwo ey’enkomeredde gye bujja. Obwakabaka tebwali bwa kujjirawo kubanga Yisirayiri yagaana Yesu nga Kabaka. Engero zino zaalaga nti Yisirayiri yaddizibwa ku ttaka lyayo ne “yeeyagala” ng’eggwanga, ekiseera eky’okudda kwa Kabaka kyali kisembedde (Kino kyali kimaze okubaawo, Yisirayiri ng’ezziddwa ku ttaka lyayo nga eggwanga)

**ENGERO EZIKWATA KU KUKULA K’OBWAKABAKA.**

Yesu yayogera engero ezikwata ku ngeri obwakabaka bwa Katonda gye buneeyongerayo eri ensi yonna.

**Talanta:** Matayo 25:14-30, Lukka 19:11-27

Olugero luno lwali lutegeeza nti obwakabaka bwali bwa kweyongerayo mu ngeri y’okukozesa talanta z’omwoyo n’amagezi wamu n’obusobozi Katonda bw’awadde abakkiriza.

**Omusizi:** Matayo 13:3-8, Makko 4:3-8, Lukka 8:5-8

Enjiri y’obwakabaka yali ya kubuulirwa okuyita mu kusiga ekigambo kya Katonda. Okuyita mu kusiga kuno wajja kubaawo okukolebwa kw’ebintu eby’enjawulo, okusinziira ku ndowooza y’abawulira. Ekibala tekiva ku yasiga wabula ku bulamu obubeera mu nsigo yennyini n’embeera y’ettaka (Omutima gw’omuntu)

**Omuddo n’eŋŋano:** Matayo 13:24-30

Sitaani ajja kufuba okulwanyisa okugaziwa kw’obwakabaka ng’asiga abantu abayitibwa “omuddo” mu nsigo z’obwakabaka bwa Katonda ennungi. Omuddo Sitaani gw’asiga gufaanagana n’eŋŋano. Mu kiseera ky’amakungula eŋŋaano esobola okuzuulibwa ku nsigo z’efulumya, atte ggwo omuddo tegulina nsigo erabibwako.

**Akatimba:** Matayo 13:47-50

Obwakabaka era bugeraageranyizibwa ku katimba ak’amaanyi akasuulibwa mu nnyanja. Ebika by’ebyennyanja eby’enjawulo bikwatibwa naye akatimba bwe kaggibwa mu mazzi ne kateekebwa ku

lukalu, ebyennyanja ebirungi byawulibwa mu bibi. Obwakabaka bujja kusembeza abakazi n'abasajja okuva mu buli nsonda y'ensi. Ng'obwakabaka obw'enkomeredde bunaatera okuteekebwawo, wajja kubaawo okulamulwa eri abo abalina okuggibwamu.

**Akaweke ka kaladaali:** Matayo 13:31-32, Makko 4:31-32, Lukka 13:19

Obwakabaka bwa Katonda bujja kukula ng'akaweke ka kaladaali. Akaweke kano katono nnyo era kayinza okuba ng'entandikwa embi, naye mu kukula kafuuka akanene.

**Ekizimbulukusa:** Matayo 13:33, Lukka 13:21

Ng'ekizimbulukusa mu ŋŋaano ennene, obwakabaka bwa Katonda nabwo bujja kubuna "obunene" obw'ensi yonna. Amaanyi g'obwakabaka si ga wabweru wabula ga munda.

**ENGERO EZIKWATA KU KULAMULWA OKW'OBWAKABAKA:**

**Abawala ekkumi:** Matayo 25:1-12

**Endiga n'embuzi:** Matayo 25:31-46

Yesu yayogera engero nnyingi ezikwata ku kulamulwa okulijja mu bwakabaka. Mu kiseera eky'okulamulwa, abo abali endiga z'omusumba omutuufu Yesu Kristo bajja kukkirizibwa. Abalala bonna bajja kugaanibwa okuyingira mu bwakabaka.

**ENGERO EZIKWATA KU MUWENDO GW'OBWAKABAKA:**

Yesu yakozesa engero ez'enjawulo okulaga omuwendo oguli mu bwakabaka bwa Katonda ogw'amaanyi.

**Amayinja ag'omuwendo omungi ennyo:** Matayo 13:45-46

**Eky'obugagga ekyakwekebwa:** Matayo 13:44

Engero zino zonna ziraga nti obwakabaka bwa Katonda bwa muwendo mungi era tewali kibwenkana. Bwa muwendo mungi okusukkuluma ku buli muntu kyayinza okuba nakyo. Bw'oba ng'osobola okweresa buli ky'olina ofune obwakabaka buno, kiba kisaanidde.

**Nnyini nnyumba:** Matayo 13:52

Mu lugero luno, Yesu yali yeegerageranya ku mukuumi w'etterekero aleeta ebintu byonna ebyetaagibwa mu nnyumba. Omukuumi ye muntu avunaanyizibwa ku kintu kyonna. Omukuumi ayinza okuleeta ensigo empya oba enkadde, omwenge omupya oba omukadde, olw'ebyo byaleeta, ebyetaago by'omu nju bifunibwa. Mu ngeri emu, obwakabaka Yesu bwe yaleeta bwalinga obwo bwennyini obwaliwo. Naye mu ngeri endala, bwali bupya ddala. Naye obupya n'obukadde bwombi bwalina omuwendo mu kuleeta ebyetaago by'abali mu bwakabaka bwa Katonda.

**ENGERO EZIKWATA KU BULAMU BW'OBWAKABAKA:**

Engero ezisinga Yesu ze yayogera zaali ziggyayo ennono z'okubeera mu bwakabaka:

**Abatabani ababiri:** Matayo 21:28-32

Yesu yasomesa nti okugonda ky'ekigezo ky'okuba omutabani w'amaka g'obwakabaka.

**Omusamaliya omulungi:** Lukka 10:30-37

Ennono y'obwakabaka ey'okwagala bonna yeeyolekera mu lugero luno, muliraanwa waffe yoyo ali mu bwetaavu, ng'ekyeetaago kye tukimanyi, era nga tusobola tusobola okutuukiriza ekyetaago ekyo.

**Abaali babanjibwa ababiri:** Lukka 7:41-43

Olugero luno luyigiriza nti okwagala kujja kulagibwa oyo asisinkanye okwagala okuva mu bwakabaka.

**Omufalisaayo n'omuwooza:** Lukka 18:10-14

Omufalisaayo yatuukirira Katonda ng'asinziira ku butuukirivu bwe. Omuwooza ye yalaba nga tewali kimugwanyiza okuyimirira mu maaso ga Mukama. Mu lugero luno, Yesu yasomesa ku ngeri abantu gye baali balina okutuuka eri Katonda nga bayita mu kusinza, kutendereza, okwebaza, okwegayirira mu bwakabaka. Era kyayigiriza obukkakkamu mu ssaala ne balabulwa ku kibi ky'okwetuukiriza bokka ne bokka.

**Namwandu alemerako:** Lukka 18:1-8

**Omukwano ogulemerako:** Lukka 11:5-10

Engero zino ebbiri ziraga omugaso gw'okulemera ku ssaala.

**Omuwanika omwesigwa:** Matayo 25:14-30

Olugero lulaga omugaso gw'amagezi n'obutuukirivu eri okuwanika eby'obugagga by'obwa Katonda by'awadde abakkiriza.

**Ebifo byoku mbaga ey'ekijjulo:** Lukka 14:7-11

Olugero lulaga omugaso gw'obukkakkamu era n'okukuzibwa mu bwakabaka bwa Katonda bwe buva ewa Mukama.

**Omuzabbibu n'amatabi:** Yokaana 15:1-6

Olugero luno lunnyonnyola enkolagana ya Yesu n'ekkanisa.

**Abakozi b'omu lusuku lw'emizabbibu:** Matayo 20:1-16

Luno luyigiriza nti ebirabo eby'olubeerera tebikolebwa kusinziira ku nkola ey'ensi.

**Omuddu w'omukulu:** Lukka 17:7-10

Olugero luyigiriza nti buvunaanyizibwa bwaffe okukola ebintu bya Kabaka bw'aba alagidde.

**Kabaka agenda mu lutalo:** Lukka 14:31-33

**Omuntu azimba omunaala:** Lukka 14:28-33

Olugero luyigiriza obukulu bw'okuba n'okutegeera okulungi kw'okwewaayo eri obwakabaka.

**Ekyambalo ky'embaga:** Matayo 22:10-14

Olugero luno lukakasa obwetaavu bw'okwambazibwa mu kyambalo ky'obutuukirivu okusigala mu bwakabaka. Kifunibwa olw'obutuukirivu bwa Yesu, so si obutuukirivu bwo.

**Ekirowoozo ky'omugagga:** Lukka 12:16-21.

Olugero luno lulaga akabi akali mu kwesigulira ku bugagga oba ebintu ebiggwaawo. Ekikulu mu bulamu bwe bwakabaka bwa Katonda obutaggwaawo.

**Akasubi ko kuliiso:** Matayo 7:1-5, Lukka 6:41-42

Olugero luyigiriza nti twenenye ngaffeka so si abalala.

**Amakungula:** Matayo 9:37-38, Lukka 10:2

Lwali lugero olw'amakungula agakuze nga gatuuse okukungulibwa, Yesu lwe yakozesa okulaga abayigirizwa be obwetaavu obwaliwo olw'okwongerayo obwakabaka. Kwali kwolesebwa okw'olugero luno okwakyusa "abavubi b'ebyennyanja" okufuuka "abavubi b'abantu."

**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Olugero kye ki?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………….
3. Lwaki Yesu yakozesa engero okusomesa amazima g'omwoyo agakwata ku bwakabaka bwa Katonda?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………….
4. Bukulu ki obwamaanyi obwali mu ngero za Yesu?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.)

**OKWEYONGERA OKUSOMA.**

Ekitabo ky'okubikkulirwa kyoleka bulungi erinnya lyakyo. Kiraga ekyo ekyaali kimanyiddwa edda. Katonda yalaga omutume Yokaana ebiribaawo mu maaso. Bino ebintu Yokaana naye teyandisobodde kubiraba na maaso ge ag'omubiri. Katonda bwe yabikkuliranga Yokaana ebintu eby'enjawulo, ye yabiwandiika mu kitabo ekiyitibwa "Okubikkulirwa"

Okubikkulirwa kuno mulimu ebintu ebinabaawo okumpi n'enkomerero y'ensi eno n'ebiro nga bwe kimanyiddwa. Nga bw'olaba engero, ekitabo kino eky'okubikkulirwa kizibu okutegeera n'endowooza ey'omubiri. Kirina okulabibwa n'endowooza ey'omwoyo.

Okubikkulirwa kulaga bingi ebiribaawo mu bwakabaka bwa Katonda obulijja;

1. Soma bino kubwakabaka bwa Katonda ebiri mu kitabo kya Okubikkulirwa: 1:9, 11:15, 12:10.
2. Bino bikwata ku bwakabaka obw'ensi n'obwa Sitaani: Okubikkulirwa 16:10, 17:17
3. Okubikkulirwa 20:10-15, kutulaga enkomerero ya Sitaani n'abali mu bwakabaka bwe.
4. Okubikkulirwa essuula 21-22, zinnyonnyola abali mu bwakabaka bwa Katonda gye balibeera.
5. Funza by'oyize mu bitundu ebyo ebikwata ku bwakabaka bwa Katonda.

______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________

# ESSUULA EYEKKUMI N'EMU.

## ABABAKA B'OBWAKABAKA:

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

1. Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
2. Okunnyonnyola ekigambo "Omubaka."
3. Okunnyonnyola ekigambo "okumanyisa"
4. Okunnyonnyola obukulu bw'okubunyisa enjiri y'obwakabaka eri ensi yonna.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Mugende mubabuulire nti, 'Obwakabaka obw'omu ggulu busembedde.' 8 Muwonye abalwadde, muzuukize abafu, mulongoose abagenge, era mugobe ne baddayimooni. Muweereddwa buwa nammwe muwenga buwa. (Matayo 10:7-8)**

**ENNYANJULA:**

Oyize ebintu binji ku bwakabaka bwa Katonda mu lusoma luno, oyize okubeerawo kw'obwakabaka obw'omwoyo obwa Sitaani n'obwa Katonda. Ebyayita, ebiriwo, n'ebirijja ku bwakabaka bwa Katonda bikuwereddwa. Oyize ku bulamu n'enjigiriza ebya Yesu Kabaka. Oweereddwa ebisumuluzo ebikuyingiza mu bwakabaka bwa Katonda n'olabulwa olw'ebintu ebiyinza okukuleetera okusuulibwa ebweru w'obwakabaka. Oyize ku ngero z'obwakabaka n'ennono enkulu ez'okubeera mu bwakabaka.

Mu ssuula eno eyeetongodde, ojja kufuna omulimu. Omulimu guno ojja kugumalako obulamu mu bwonna okugumaliriza. Ojja kutumibwa ng'omubaka w'obwakabaka bwa Katonda.

**OMULIMU GWA YESU.**

Yesu yajja ku nsi kuno ng'atumiddwa okutandikawo obwakabaka bwa Katonda.

**Oluvannyuma nga Yokaana Omubatiza amaze okusibwa mu kkomera, Yesu n'ajja mu Ggaliraaya okubuulira Enjiri ya Katonda**

**Ng'agamba nti, "Ekiseera kituukiridde, n'obwakabaka bwa Katonda busembedde! Mwenenye mukkirize Enjiri."(Makko 1:14-15)**

**Okuva mu kiseera ekyo Yesu n'atandika okubuulira nti, Mwenenye, kubanga obwakabaka obw'omu ggulu busembedde. (Matayo 4:17)**

Okwewaayo kwa Yesu eri obwakabaka bwa Katonda kweraga mu buweereza bwe bwonna.

**Yesu n'abagamba nti, Ddala ddala muliyinza n'okuŋŋamba mu lugero luno nti, Omusawo, weewonye, nga mugamba nti, 'Buli kye twawulira mu Kaperunawumu, kikolere na wano mu kyalo kyo. (Lukka 4:43)**

Oluvannyuma lw'okufa n'okuzuukira kwe, Yesu yasigalako ku nsi okumala akabanga nga yeeyoleka eri abantu bangi. Obubaka bwe tebwakyuka. Bwali ku bwakabaka bwa Katonda;

> **Mu nnaku amakumi ana ezaddirira, Yesu yalabikira abatume nga mulamu era n'abakakasa mu ngeri nnyingi, era buli lwe yabalabikiranga ng'ayogera nabo ku bigambo by'obwakabaka bwa Katonda. (Ebikolwa 1:3)**

Yesu yatandika obuweereza bwe ng'alangirira obubaka obw'obwakabaka (Matayo 4:17). Yamaliriza obuweereza bwe ng'ayogera ku ebyo ebikwata ku bwakabaka (Ebikolwa 1:3). Wakati w'entandikwa n'enkomerero y'obuweereza bwe, ekigendererwa kye ekikulu kyali kwongerayo bwakabaka bwa Katonda.

**OMULIMU OGWAMAANYI.**

Ne bwe yali nga tannafa, Yesu yategeka abayigirizwa okusobola okwongerayo obwakabaka. Ekisooka abayigirizwa baali beetegereza engeri obubaka bw'obwakabaka gye bwalina okuleetebwamu.

> **Oluvannyuma lw'ebyo Yesu n'agenda ng'akyalira ebibuga ebinene n'ebitono ng'abuulira Enjiri y'obwakabaka bwa Katonda, n'abayigirizwa be ekkumi n'ababiri nga bali naye. (Lukka 8:1)**

Ekyaddako, Yesu yatendeka abayigirizwa be nga beenyigiramu. Yabasindika eri Yisirayiri yonna ng'abaluŋŋamya.

> **N'abawa obuyinza n'abatuma bagende bategeeze abantu ebigambo by'obwakabaka bwa Katonda era bawonye n'abalwadde. (Lukka 9:2)**

Oluvannyuma n'abawa omulimu gw'okubuulira enjiri ey'obwakabaka eri amawanga gonna ag'ensi.

> **Awo Yesu n'asemberera abayigirizwa be n'abategeeza nti, "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi.**
>
> **Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu. (Matayo 28:18-20)**
>
> **N'abagamba nti, "Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri abantu bonna. (Makko 16:15)**

**ABABAKA B'OBWAKABAKA.**

Nga Yesu tannaddayo mu ggulu, yayogera eri abagoberezi be;

> **Era kubanga Kitange ampadde obwakabaka, noolwekyo mbaatulira kati nti mbawadde ekifo. (Lukka 22:29)**

Obwakabaka Katonda bwe yawa Yesu, bwaweebwayo Yesu eri abagoberezi be era tuli ba mukisa okuba ekitundu ku ttwale lino. Naye Katonda alonda olw'ensonga so si lwa mukisa. Yesu yaleka abagoberezi be n'obuvunaanyizibwa obwokwongerayo obwakabaka bwe eri ensi yonna. Be balina okuba ababaka b'obwakabaka.

Omubaka ye muntu atumibwa okukiikirira obwakabaka mu kitundu ekirala oba okukolerayo obusuubuzi ku lw'obwakaba bwe. Ye mutume oba aweereddwa obuyinza okukiikirira obwakabaka bwe. Paulo yagamba;

> **Noolwekyo ku bwa Kristo tuli babaka, era Katonda atuma ffe okwogera nammwe. Kyetuva tubeegayirira, ku bwa Kristo, mutabagane ne Katonda. (2 Abakolinso 5:20)**

Tuli babaka abaatumibwa kabaka okukiikirira n'okusuubulira obwakabaka bwa Katonda mu bwakabka obw'ensi.

Omulimu gwaffe ng'ababaka b'obwakabaka gwa kwewaayo okumala obulamu bwonna. Bwe tukkiriza omulimu guno bwe tuti, tetusobola kudda nnyuma.

> **Naye Yesu n'amuddamu nti, "Omuntu yenna akwata ekyuma ekirima mu ngalo ze ate n'atunula emabega, tasaanira bwakabaka bwa Katonda. (Lukka 9:62)**

**TULI BAJULIRWA.**

Ababaka tulina kubeera bajulirwa ab'obwakabaka bwa Katonda. Omujulirwa ye muntu asobola okwogerera ekintu n'obukakafu olw'okubanga yali akirabyeko. Y'oyo aba alabye, ne yekkaanya, nakibeeramu era n'aleeta n'obukakafu ku kyo. Olw'okuba alina obukakafu ku kyo, Yesu yagamba abayigirizwa be;

> **Era nammwe mulinjulira, kubanga mubadde nange okuva ku lubereberye. (Yokaana 15:27)**

Okujulirwa okwababaka b'obwakabaka kwali kwa kwongerayo eri ensi;

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Obubaka obw'okujulira bwalina kuba;

> **N'abagamba nti, "Kyawandiikibwa dda nnyo nti Kristo kimugwanira okubonaabona, n'okufa era ku lunaku olwokusatu azuukire mu bafu.**
>
> **Era mu linnya lye Enjiri ey'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi eribuulirwa amawanga gonna okutandikira mu Yerusaalemi.**
>
> **Muli bajulirwa b'ebyo. (Lukka 24:46-48)**

Ng'abayigirizwa bagenze okujulira, ne Katonda yabajulirangako;

> **Katonda yakikakasiza mu bubonero ne mu by'ekitalo ne mu byamagero abitali bimu, era ne mu birabo ebya Mwoyo Mutukuvu bye yagaba nga bwe yayagala. (Abaebbulaniya 2:4)**

Tulina kubeera babaka ab'obwakabaka, nga tujulira obubaka bwabwo, nga ne Katonda bwakakasa okujulira kwaffe ng'ayolesa amaanyi ge.

**OBUVUNAANYIZIBWA OBUKULU.**

Lwaki obuvunaanyizibwa bw'okwongerayo obwakabaka bukulu nnyo? Kubanga Yesu yagamba;

> **Era Enjiri ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi yonna, nga bwe bujulirwa eri amawanga gonna n'oluvannyuma enkomerero n'eryoka etuuka. (Matayo 24:14)**

Obwakabaka bwa Katonda obw'enkomeredde tebujja kutuuka okutuusa nga enjiri y'obwakabaka ebuuliddwa mu nsi yonna. Kikulu okumanya nti eno si njiri kyokka wabula njiri y'obwakabaka bwa Katonda. Mu nyiriri zino, Paulo alaga ebikola enjiri;

> **Abooluganda, mbajjukiza Enjiri gye nababuulira era gye mwakkiriza era gye munyweredddemu.**
>
> **Mulokolebwa lwa Njiri eyo gye nababuulira, bwe muginywererako, naye bwe kitaba bwe kityo muba mwakkiririza bwereere.**
>
> **Kubanga nabategeeza ekigambo ekikulu ennyo nange kye nnaweebwa ekigamba nti Kristo yafa olw'ebibi byaffe, ng'Ebyawandiikibwa bwe bigamba.**
>
> **Era nti yaziikibwa, n'azuukizibwa ku lunaku olwokusatu ng'Ebyawandiikibwa bwe bigamba. (1 Abakolinso 15:1-4)**

Obubaka bw'enjiri obukulu buli nti, Kristo yafa olw'ebibi byaffe nga bwekiri mu byawandiikibwa, yaziikibwa ate n'azuukira.

Enjiri eteekwa okubuulirwa naye erina okubaamu obubaka bw'obwakabaka. Abantu bateekwa okutegeezebwa okubaawo kw'obwakabaka bwa Katonda era n'okusomesebwa engeri y'okuyingira n'okubeera ng'abatuuze ab'obwakabaka.

**OKUGABANA OBWAKABAKA.**

Okuluŋŋamya okw'enjawulo kwaweebwa Yesu, ku ngeri y'okutambuza obubaka obw'obwakabaka. Obubaka obw'enjiri, muteekwa okubaamu okuyita abantu eri okwenenya ebibi.

> **Oluvannyuma nga Yokaana Omubatiza amaze okusibwa mu kkomera, Yesu n'ajja mu Ggaliraaya okubuulira Enjiri ya Katonda.**
>
> **Ng'agamba nti, "Ekiseera kituukiridde, n'obwakabaka bwa Katonda busembedde! Mwenenye mukkirize Enjiri. (Makko 1:14-15)**
>
> **Okuva mu kiseera ekyo Yesu n'atandika okubuulira nti, "Mwenenye, kubanga obwakabaka obw'omu ggulu busembedde. (Matayo 4:17)**

Obubaka bw'obwakabaka bulina okubuulirwa okuyita mu kusomesa n'okubuulira enjiri;

> **Yesu n'agenda ng'ayita mu bibuga byonna eby'omu kitundu ekyo, ne mu byalo ng'ayigiriza mu makuŋŋaaniro gaabwe, era ng'abuulira Enjiri ey'obwakabaka. Era buli we yatuukanga n'awonya abalwadde n'abakoozimbye bonna. (Matayo 9:35)**

Yesu yagamba abagoberezi be;

> **Mugende mubabuulire nti, 'Obwakabaka obw'omu ggulu busembedde. (Matayo 10:7)**

Obubaka bw'enjiri tebulina kubeera mu bigambo mwokka. Okwolesa amaanyi ga Katonda nakyo kigattibwa ku njiri eba ebuulirwa ey'obwakabaka. Kino kyeragira mu ky'okulabirako ekyalagibwa Yesu;


> **Yesu n'agenda ng'ayita mu bibuga byonna eby'omu kitundu ekyo, ne mu byalo ng'ayigiriza mu makuŋŋaaniro gaabwe, era ng'abuulira Enjiri ey'obwakabaka. Era buli we yatuukanga n'awonya abalwadde n'abakoozimbye bonna. (Matayo 9:35)**

> **Naye ebibiina bwe baakitegeera ne kimugoberera. Yesu n'abaaniriza, n'abayigiriza ebigambo ebikwata ku bwakabaka bwa Katonda, n'abaali abalwadde n'abawonya. (Lukka 9:11)**

Yesu yalagira abayigirizwa be obutasomesa na kubuulira njiri kyokka, wabula mu buli kibuga okuba nga…;

> **Muwonyenga abalwadde abalimu, era mugambenga abantu abo nti, 'Obwakabaka bwa Katonda bubasemberedde. (Lukka 10:9)**
>
> **N'abawa obuyinza n'abatuma bagende bategeeze abantu ebigambo by'obwakabaka bwa Katonda era bawonye n'abalwadde. (Lukka 9:2)**

Okwolesa amaanyi mu byamagero n'okuwonya, bwe bwakabaka bwa Katonda obuli mu bikolwa.

Paulo yagamba;

> **Kubanga obwakabaka bwa Katonda tebuli mu kwogera bwogezi, wabula mu maanyi. (1 Abakolinso 4:20)**

**OKUTUUKIRIZA OMULIMU.**

Omutume Paulo eyali omubaka w'obwakabaka, mu biro eby'ekkanisa eyasooka yagamba;

> **Era okubuulira kwange n'okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu**
>
> **Okukkiriza kwammwe kuleme kuba kw'amagezi ga bantu wabula kwesigame ku maanyi ga Katonda. (1 Abakolinso 2:4-5)**

Ekkanisa eyasooka yatuukiriza omulimu gw'okubuulira ku bwakabaka bwa Katonda so si mu kusomesa na kubuulira byokka. Tebwayongerwayo abaasoma eby'eddiini, ebibiina, enteekateeka oba ebizimbe ebinene. Omulimu gwatuukirizibwa mu kugatta obubaka bw'obwakabaka n'okwolesa amaanyi ga Katonda.

Okugaziya obwakabaka ye yali enkulungo enkulu ey'ekkanisa eyasooka. Wadde nga waaliwo okutulugunyizibwa, abakkiriza beeyongera okutuukiriza omulimu gwabwe ng'ababaka b'obwakabaka;

Sawulo yali omu ku abo abaawagira okuttibwa kwa Suteefano. Era ku lunaku olwo okuyigganya Ekkanisa ne kutandika n'amaanyi mangi nnyo mu Yerusaalemi.

> **Abakkiriza bonna, okuggyako abatume, ne basaasaanira mu Buyudaaya ne mu Samaliya, ...Naye abakkiriza abadduka mu Yerusaalemi ne bagenda mu buli kifo nga babuulira Enjiri ya Yesu. (Ebikolwa 8:1, 4)**

Enteekateeka y'okukebera amakanisa nayo yaliwo ng'ekiragiro ekikwata ku bwakabaka bwa Katonda:

> **Ne babuulira Enjiri mu kibuga ekyo, era abantu bangi ne bakkiriza. Ne baddayo mu Lusitula, ne mu Ikoniya, ne mu Antiyokiya,**
>
> **Ne babuulirira abakkiriza, nga babakubiriza banywerere mu kukkiriza, era ne babagamba nti, Kitugwanidde okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda nga tuyita mu bibonoobono ebingi. (Ebikolwa 14:21-22)**

Obwakabaka bwa Katonda bwe bwali obubaka bwa buli muntu mu kkanisa;

> **Naye bwe bakkiriza obubaka bwa Firipo ng'abuulira ku bwakabaka bwa Katonda n'erinnya lya Yesu Kristo abasajja n'abakazi ne babatizibwa. (Ebikolwa 8:12)**

Obwakabaka bwa Katonda kye kyali ekinyusi ky'abakulembeze b'ekkanisa ab'amaanyi.

> **Pawulo n'ayingiranga mu kkuŋŋaaniro buli lwa Ssabbiiti ng'abuulira n'obuvumu bungi okumala emyezi esatu, n'abategeezanga ekyo ky'akkiriza era n'ensonga kyava akkiriza, n'asendasenda bangi okukkiriza ebintu by'obwakabaka bwa Katonda. (Ebikolwa 19:8)**

Obwakabaka bwa Katonda ky'ekyali ekinyusi ky'obuweereza bwa Paulo. Ng'asemberedde enkomerero y'obuweereza bwe, Paulo yagamba abakkiriza nti;

> **Ne kaakano mmanyi nga temukyaddayo kundaba nate, mwenna be natambulamu nga mbuulira obwakabaka. (Ebikolwa 20:25)**

Ne kyeyasembayo okwogera mu Baibuli, Paulo yalaga nti yali ayongerayo bwakabaka bwa Katonda wadde nga yali mu busibe mu Rooma.

> **N'abuuliranga obwakabaka bwa Katonda, era n'ayigirizanga ebigambo bya Mukama waffe Yesu Kristo mu lwatu nga tewali amuziyiza. (Ebikolwa 28:31)**

**OKUZIMBA OBWAKABAKA:**

Emirundi mingi, ekkanisa ya leero eremereddwa okuteeka essira ku kuzimba obwakabaka bwa Katonda. Tuzimba makanisa amanene, ebizimbe ebirungi, n'ebirala ebinene. Essira tulitadde ku kuzimba nyumba za bamulekwa, masomero n'amalwaliro.

Ebintu bino birungi era biyambako mu buwereeza bw'ekkanisa, naye si by'ebirina okuba ekinyusi. Okusonda ensimbi, n'okuzimba si gwe mulimu omukulu ogwatutumibwa. Ekiyinza okuva omwo kwe kwezimbira obwakabaka obubwo so si obwo obunaabuna eri ensi yonna mu ngeri y'okwongerayo obwakabaka bwa Katonda.

Paulo yalabula ku kino bwe yagamba;

> **Kubanga abalala bonna beenoonyeza byabwe ku bwabwe, so si ebya Yesu Kristo. (Abafiripi 2:21)**

Buli kyanfuna ekiteekebwawo mu buweereza, olina kusooka kwebuuza kino nga weeramula. Kino kinaakuyamba kitya okutuukiriza omulimu gwonkwongerayo obwakabaka bwa Katonda? Tubuulira era netusomesa ku bintu bingi, amaka, obufumbo obunnabbi. Bino bintu birungi nnyo era byetaagibwa nnyo mu nsi olwaleero. Tutendeka aboogezi abalungi abalina okubeera ku bituuti by'ekkanisa. Naye buli bubaka bulina okulamulwa n'ekibuuzo kino, "Obubaka buno buyambye butya okutambuza ennono z'obwakabaka bwa Katonda?"

Weebuze ebibuuzo bino;

- Mmaze bbanga ki okuva lwe nnawulira ku bubaka bw'obwakabaka bwa Katonda?
- Ekkanisa yange ekozewo ki okukola omulimu ogw'okwongerayo obwakabaka bwa Katonda?
- Nze ng'omubaka w'obwakabaka bwa Katonda, nkozeewo ki okutuukiriza omulimu gwange?

Yesu yasomesa nti essaala zaffe tulina kuzitunuuliza bwakabaka. Tusaanye okusaba nti;

> **Obwakabaka bwo bujje. By'oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu ggulu. (Matayo 6:10)**

Tulina okunoonya obwakabaka nga ky'ekisinga mu bulamu.

> **Naye musooke munoonye obwakabaka bwa Katonda n'obutuukirivu bwe, ebyo byonna mulibyongerwako. (Matayo 6:33)**
>
> **Naye munoonye obwakabaka bwe, n'ebintu ebyo mulibyongerwako. (Lukka 12:31)**

Ekkanisa yatandikibwawo Katonda nga mwayinza okuyita okugaziya obwakabaka bwe eri amawanga g'ensi. Ekkanisa nnyingi zivudde ku kwolesebwa okwaziyitirwa. Essira balitadde ku bizimbe, bibiina na bungi bwa bantu abagirimu mu kifo ky'okuzimba obwakabaka. Okuvuganya okuli mu basumba, amakanisa n'ebibiina kumenyemenye omubiri gwa Kristo. Tuvudde ku kwolesebwa okw'obumu bw'obwakabaka bwa Katonda kati tuli kkanisa eri ku lwayo. Mu kifo ky'okuyambagana okutuukiriza omulimu gw'okugaziya obwakabaka, tuzze mu kuvuganya lwa bizimbe ebinene, bantu bangi mu kkanisa n'okusonda ensimbi z'okwezimbira obwakabaka bwaffe.

Entegeka ya Katonda eri ekkanisa teyali kubuulira bwakabaka kyokka naye n'okubeera eky'okulabirako eky'obwakabaka ekiramu. Tugonjodde ekibuuzo ekyo?

Ekkanisa esaanidde okutunuulira omulimu omunene so si kuweza miwendo gy'abantu mu kibiina: yeetaaga okwongeramu amaanyi mu kwewaayo okusinga enteekateeka z'omu bizimbe n'okuweza abantu. Ekkanisa yeetaaga okusooka okunoonya obwakabaka bwa Katonda ekintu ekisukkuluma ku bibiina, obuwangwa, n'ensalo z'ensi. Ekkanisa bw'eneesooka okunoonya obwakabaka bwa Katonda, awo n'ebirala binaagyongerwako.

**EKY'OKULABIRAKO EKYENDAGAANO ENKADDE.**

Omulimu Katonda gwe yasooka okuwa omuntu kwe, "Okuzaala ajjuze ensi," (Oluberyeberye 1:28). Essira lyali ku bantu. Ekiruubirirwa kyali kujjuza nsi n'abasajja wamu n'abakazi abaatondebwa mu kifaananyi kya Katonda nga balina enkolagana yaabwe ne Katonda. Naye mu Oluberyeberye 11:1-9, tulaba ng'omuntu yeekyusa. Soma ekitundu kino mu Baibuli yo.

E sinaali essira lyateekebwa ku kuzimba ekibuga n'omunaala mu kifo ky'okujjuza ensi. Baafayo ku kyenfuna okusinga abantu. Ebigendererwa byali bya kweyagaliza: okukola erinnya ery'amaanyi n'okukuƞƞaanya abantu abangi.

Ku Munaala gwe Babeeri, Katonda yajja okulaba omulimu abantu gwe baali bakoze. Katonda yali tabawangako mulimu ogwo, era yajja alabe kye baali bakola. Eno y'embeera ekkanisa zaffe ennyingi mwe ziri. Tuvudde ku mulimu ogw'okwongerayo obwakabaka, tuli mukwezimbira minaala gya kibiina na kuweza bantu. Tuzimba bizimbe binene. Katonda kiki kyayinza okutugamba singa akka n'alaba kyetukola?

Abantu be Sinaala bagamba, "Leka tuzimbe ekibuga." Waliwo enjawulo wakati w'ekibuga ekizimbiddwa omuntu ku ekyo ekizimbiddwa oba ekikoleddwa Katonda. Abantu bano baali bazimba na maanyi gaabwe okufuba okumaliriza kye baali beeyagaliza nga bbo.

Katonda kyeyava akyankalanya ennimi zaabwe;

> **Mujje, tukke wansi tutabuletabule olulimi lwabwe, baleme kutegeeragana.”**
>
> **Bw’atyo Mukama n’abasaasaanya ne babuna ensi yonna, n’ekibuga kyabwe ne batakimaliriza.**
>
> **Ekibuga ekyo erinnya lyakyo kye lyava liyitibwa Babiri, kubanga eyo Mukama gye yatabuliratabulira olulimi lw’ensi yonna. Eyo Mukama gye yabasaasaanyiza okubuna ensi yonna. (Oluberyeberye 11:7-9)**

Buli omu nga bw’ayogera mu nnimi ez’enjawulo kyebaali bakola kyayimirira.

Tuwulira amaloboozi g’akavuvuŋŋano mangi mu kkanisa ya leero. Okuwuliziganya bwe kutaataaganyizibwa, tulina okukebera omunaala gwaffe. Kiyinzika okuba nti ekyo kyetukola si kya bwakatonda. Ebiseera ebimu nga bwe kyaali e Babeeri, okugaziya obwakabaka kyetaagisa okumenyawo so si okwongera okuzimba. Naye abantu abamu tebajja kulekayo bye bakola kubanga omulimu ogwo guba gubafuukidde ki Katonda ekirala, ekifaananyi.

**EKY’OKULABIRAKO EKY’ENDAGAANO EMPYA.**

Yesu yatuma ekkanisa eyasooka okuba nga bafulumya abayigirizwa okwetoloola ensi yonna, so si kuzimba kkanisa nnene ey’e Yerusalemi. Era tulaba nga ekkanisa yeekubisaamu mangu ddala ekyababeerera ekizibu n’okutambuza emirimu gy’omunda (Ebikolwa 6). Batondawo ekibinja ky’abakkiriza ekinene mu Yerusaalemi mu kifo ky’okugenda ne mu bitundu by’ensi ebirala n’eri amawanga amalala nga bwe baali balagiddwa.

Olwa kino, Katonda yaganya okutulugunyizibwa ne kubajjira era abakkiriza ne bassaasaana.

Sawulo yali omu ku abo abaawagira okuttibwa kwa Suteefano. Era ku lunaku olwo okuyigganya Ekkanisa ne kutandika n’amaanyi mangi nnyo mu Yerusaalemi.

> **Abakkiriza bonna, okuggyako abatume, ne basaasaanira mu Buyudaaya ne mu Samaliya. (Ebikolwa 8:1)**

Mu kino baasobola okuddayo ku mulimu gwabwe ng’ababaka b’obwakabaka.

> **Naye abakkiriza abadduka mu Yerusaalemi ne bagenda mu buli kifo nga babuulira Enjiri ya Yesu. (Ebikolwa 8:4)**

Ng’ekkanisa ennene zigudde, abantu ba Katonda bajja kusigalawo. Obwakabaka bwa Katonda tebujja kwongerwayo eri ensi nga bayita mu kuzimba ebizimbe ebinene. Tebujja kweyongerayo kuyita mu byanfuna. Bujja kweyongerayo ng’ababaka babunyisa enjiri y’obwakabaka ng’anabayigirizwa bakubisibwamu abalala.

Mu ssuula ewedde, “Engero z’obwakabaka,” ennyonnyodde engeri obwakabaka bwa Katonda gye bugenda okubuna ensi yonna. Olugero lwa Talanta mu Lukka 19 ne Matayo 25 lulaga nti obwakabaka bujja kwongerwayo na kukozesa ebiraba eby’omwoyo n’amagezi wamu n’obusobozi.

Olugero lw’ekizimbulukusa (Matayo 13:33), lulaga nti obwakabaka bujja kuba n’entandikwa entono naye ng’ekizimbulukusa bwe kikola omugaati, bujja kweyongerayo bugaziwe. Olugero lw’aKatimba

akaasuulibwa mu mazzi lulaga nti obwakabaka bwa Katonda bujja kuleeta buli musajja na buli mukazi ab'amawanga gonna.

Obwakabaka era bwongerwayo ng'abantu basiga ensigo y'enjiri y'obwakabaka bwa Katonda mu mitima gy'abakazi n'abasajja. Nga bwekiri mu nsi ey'omubiri, enjiri y'obwakabaka ekula, newaakubadde ng'emitendera gy'okukula tegisobola kutegeerebwa gyonna oyo abeera agisize. (Makko 4:26-27)

**OBWAKABAKA BWO BUJJE.**

Wajja kubaawo olunaku olwo olw'amaanyi obwakabaka bwa Katonda obw'enkomeredde lwe bunnaddizibwawo olwo obwakabaka bwa Sitaani buwangulirwe ddala.

Ne mpulira eddoboozi ery'omwanguka mu ggulu nga ligamba nti,

> **Kaakano obulokozi bwa Katonda, n'amaanyi ge n'obwakabaka bwa Katonda waffe awamu n'obuyinza bwa Kristo we bizze. Kubanga omuloopi eyaloopanga baganda baffe, eri Katonda waffe emisana n'ekiro, agobeddwa mu ggulu. (Okubikkulirwa 12:10)**
>
> **Olwo enkomerero n'eryoka etuuka, Kristo n'akwasa Katonda Kitaawe obwakabaka; Kristo ng'amaze okuzikiriza obufuzi bwonna, n'obuyinza bwonna era n'amaanyi gonna. (1 Abakolinso 15:24)**
>
> **Awo malayika ow'omusanvu n'afuuwa ekkondeere lye, ne wabaawo oluyoogaano olunene ennyo mu ggulu nga lugamba nti, Obwakabaka bw'ensi eno kati bufuuse bwa Mukama waffe ne Kristo we, era anaafuganga emirembe n'emirembe. (Okubikkulirwa 11:15)**
>
> **Alifuga ennyumba ya Yakobo emirembe gyonna, era n'obwakabaka bwe tebulikoma. (Lukka 1:33)**

Osobola okwesabira ekisuubizo kino okutuusa ku lunaku olwo.

> **Era Mukama anamponyanga mu buli kabi, era alintuusa mirembe mu bwakabaka bwe. Mukama agulumizibwenga emirembe n'emirembe. Amiina. (2 Timothy 4:18)**

Essaala yaffe gy'oli eri;

> **Nga tubabuulirira era nga tubagumya mu mwoyo era nga tubaweerako obujulirwa, ne tubakuutira okutambulanga nga musaanira mu maaso ga Katonda, oyo abayita okuyingira mu bwakabaka bwe ye ne mu kitiibwa kye. (1 Abasessaloniika 2:12)**

**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Ekigambo “omubaka” kitegeeza ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Ekigambo “okujulira” kitegeeza ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………..
4. Paulo yagamba nti okuyigiriza kwe n’okubuulira tebyali bigambo bigambo wabula kwaliko na ki?
   …………………………………………………………………………………………………………………………….
5. Lwaki okwongerayo enjiri y’obwakabaka buvunaanyizibwa bukulu nnyo?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………..
6. Omulamwa gw’obuweereza bwa Yesu bwali ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino)

**OKWEYONGERA OKUSOMA.**

Ebitabo bya Ebikolwa by'Abatume okutuuka mu Yuda eby'omundagaano empya biraga amaanyi ag'abakkiriza ge basooka okuteekamu nga baweereddwa omulimu gw'okuba ababaka. Soma ebitundu bino olabe kino bwe kyakolebwa; Ebikolwa 1:3, 6, 9-11, 8:12, 14:22, 19:8, 20:25, 28:23, 31, Abaruumi 14:17, 1 Abakolinso 4:20, 6:9-10, 15:24, 50, Abaggalatiya 5:19-21, Abaefeso 5:5, Abakolosaayi 1:13, 4:11, 1 Abasessaloniika 2:12, 2 Abasesaloniika 1:5, 1 Timoseewo 6:15, 17:14, 19:16, 2 Timoseewo 4:1, 18, Abaebbulaniya 1:8, 11:33, 12:28, Yakobo 2:5, 2 Peetero 1:11

# EBIDDIBWAMU KU BIBUUZO EBY'OKWEGEZAAMU:

**ESSUULA ESOOKA:**

1. Era Enjiri ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi yonna, nga bwe bujulirwa eri amawanga gonna n'oluvannyuma enkomerero n'eryoka etuuka. (Matayo 24:14)
2. Okugabanyizibwa kw'ebintu byonna mu mubiri oba mu mwoyo, laba 1 Abakolinso 15:44-49
3. Obwakabaka bwa Sitaani n'obwa Katonda.
4. Sitaani y'afuga obwakabaka bwa Sitaani. Obusatu bwa (Katonda, Yesu n'omwoyo omutukuvu) bwe bufuga obwakabaka bwa Katonda.
5. Abatuuze b'obwakabaka bwa Sitaani be, Sitaani, ddayimooni, n'abantu bonna abali mu kibi era abalwanyisa Katonda.
6. Abatuuze b'obwakabaka bwa Katonda be; Katonda kitaffe, Yesu Kristo, Omwoyo Omutukuvu, malayika n'abantu bonna abali mu butuukirivu era abagondera Katonda.
7. Tewali njawulo ku byombi.
8. Obwakabaka ly'ettwaale omuli abantu abafugibwa Kabaka.

**ESSUULA EYOOKUBIRI:**

1. Alifuga ennyumba ya Yakobo emirembe gyonna, era n'obwakabaka bwe tebulikoma. (Lukka 1:33)
2. Kabaka ye mukulembeze asukkulumye mu ggwamga, oluse oba ensi. Ekigambo "Okusukkuluma" kitegeeza alina amaanyi aga waggulu, obuyinza era n'eddembe eritakugirwa.
3. Yesu.
4. Matayo, Makko, Lukka, Yokaana.

**ESSUULA EYOOKUSATU:**

1. Ddala ddala mbagamba nti, omulembe guno teguliggwaawo okutuusa ng'ebintu ebyo byonna bituukiridde. (Matayo 25:34)
2. Geraageranya ekifunze kyo n'ekinnyonnyolwa eky'obwakabaka bwa Katonda obw'ayita mu ssuula eyookusatu
3. Geraageranya ekifunze kyo n'ekinnyonnyolwa eky'obwakabaka bwa Katonda obuliwo mu ssuula eyookusatu
4. Geraageranya ekifunze kyo n'ekinnyonnyolwa eky'obwakabaka bwa Katonda obulijja mu ssuula eyookusatu
5. Ddamu weetegereze ebituufu ebyesigamizibwako obwakabaka bwa Katonda mu ssuula eyookusatu.

**ESSUULA EYOOKUNA.**

1. Era ndikuwa ebisumuluzo by'obwakabaka obw'omu ggulu; era kyonna ky'onoosibanga ku nsi, ne mu ggulu kinaasibwanga, na buli ky'onoosumululanga ku nsi, ne mu ggulu kinaasumululwanga. (Matayo 16:19)
2. Ekkanisa.

3. Gaba maanyi ag'omwoyo agasiba amaanyi ag'omubiri, ne gasumulula amaanyi g'obulungi, ne gaggala enzigi z'obwakabaka nga enjiri bweyongerwayo.
4. Okwenenya okuva mu kibi, okufuna okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri.
5. Funa okuzaalibwa mu mwoyo, kwe kuzaalibwa omulundi ogw'okubiri
6. Bw'omala okufuna okuzaalibwa okupya olw'okukkiriza, kulina okweyongerayo okukula mu mwoyo okusobola okukakasa okuyingira obwakabaka bwa Katonda.
7. Okusiba ekintu kitegeeza okunyweza oba okumyumyula ekintu. Kiringa kuggala oba kusiba luggi lw'ekisenge.
8. Okuta ekintu kitegeeza okufulumya oba okukiwa eddembe lyakyo, kifaanagana n'okuggula oluggi lw'ekisenge.

**ESSUULA EYOOKUTAANO.**

1. Si bonna abampita nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe,' be baliyingira obwakabaka obw'omu ggulu, wabula abo bokka abakola ebyo Kitange ali mu ggulu by'ayagala. (Matayo 7:21)
2. 1 Abakolinso 6:9-10 ne Abaggalatiya 5:19-21
3. a. Kikyaamu, b. Kituufu, c. Kituufu, d. kituufu, e. kituufu, f. kikyamu, g. kituufu.
4. 1 Yokaana 1:8-9
5. a. 2 b.5 c.9 d. 11 e.6 f.10 g.12 h.7 i. 3 j. 14 k.8 l.15 m. 23 n. 18 o.19 p.20 q. 16 r. 21 s. 22 t.17 u. 3 v.4 w. 1

**ESSUULA EYOOMUKAAGA.**

1. Awo Dawudi n'ayogera nti, "Ebyo byonna biri mu buwandiike, kubanga omukono gwa Mukama gwali wamu nange, era yampa okukitegeerera ddala. (1 Ebyomumirembe 28:19)
2. Enkola ky'ekintu ekiteereddwawo okubeeranga kigobererwa nga bwe kiri. Ky'ekintu ekiteereddwawo okuba nga kikoppebwa oba okugerageranyizibwa.
3. Ennno g'emazima, engeri oba ekiragiro okwesigamizibwa ebikolwa oba enneyisa. G'emazima ageetongodde okweetoolora amazima amalala.
4. Ennono ya Baibuli kyekitegekeddwa ng'ekyokulabirako ekyomwoyo ekiri mu byawandiikibwa ng'ekigendererwa kwe kubanga kikoppebwa.
5. Ennono ya Baibuli g'emazima ag'omwoyo agasomesebwa mu byawandiikibwa. Ennono zino zitera okuzingira awamu ennono endalalala.
6. Zino z'enkola za Baibuli n'ennono ezifuga obulamu bw'obwakabaka bwa Katonda.

**ESSUULA EYOOMUSANVU.**

1. Era kubanga Kitange ampadde obwakabaka, noolwekyo mbaatulira kati nti mbawadde ekifo (Lukka 22:29)
2. Obutuukirivu.
3. Erisooka: Okwagala Katonda.
   Ery'okubiri: Okwagala muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka.

4. – Oteekwa okugabeeramu okukuuma obutuuze bwo mu bwakabaka.
   _ Yesu yagamba ga mugaso.
   _ Ebibala by’obwakabakaky’ekyo ky’olina.
   _ Okufuga mu bwakabaka obulijja, oteekwa okumanya ennono zaabwo.
5. a.2 b. 1 c. 4 d. 3 e. 5 f.6

**ESSUULA EYOOMUNAANA.**

1. Mumpulirize, abooluganda abaagalwa, Katonda teyalonda abo ensi b’eyita abaavu, okuba abagagga mu kukkiriza, era okuba abasika ab’obwakabaka obw’omu ggulu, Katonda bwe yasuubiza abo abamwagala? (Yakobo 2:5)
2. Ddamu olabe ennono eziri mu ssuula eyoomukaaga.
   a. Obugagga
   b. Essanyu.
   c. Obuwanguzi.
   d. Okujjuzibwa.
   e. Okusaasira.
   f. Ebweru
   g. Emirembe
   h. Ekirabo
   i. Abakulembeze
   j. Okugulumizibwa
   k. Asinga amaanyi.
   l. Ow’oluberyeberye
   m. Ow’amaanyi
   n. Owa wansi
   o. Abaana
   p. Okubeera.
   q. Okulokola.
   r. Okwagala.
   s. Okufuna.
   t. Okusoboka.
   u. Laba
   v. Kiwummulo.
   w. Eby’ensi
   x. Okubikkulirwa.

**ESSUULA EYOOMWENDA.**

1. Naye ebibiina bwe baakitegeera ne kimugoberera. Yesu n’abaaniriza, n’abayigiriza ebigambo ebikwata ku bwakabaka bwa Katonda, n’abaali abalwadde n’abawonya.(Lukka 9:11)
2. a. Ekipya b. Ekikadde. C. Ekikadde. d. Ekipya. e. Ekikadde f. Ekipya. g. Ekikadde. h. Ekipya. i. Ekipya. j. Ekikadde. k. Ekipya. l. Ekikadde. m. Ekikadde n. Ekipya o. Ekipya. p.

Ekikadde. q. Ekipya. r. Ekikadde s. Ekikadde. t. Ekipya. u. Ekikadde. v. Ekipya. w. Ekipya x. Ekikadde.

3. Eky’okuddamu kiri b
4. Ennono ez’obwakabaka ez’endagaano empya ziteereddwa ku musingi gw’amateeka g’endagaano enkadde.

**ESSUULA EYEKKUMI.**

1. N’abaddamu nti, “Mmwe mulina omukisa kubanga mwaweebwa okutegeera ebyama eby’obwakabaka obw’omu ggulu, naye bo tebakiweebwa. (Matayo 13:11)
2. Olugero y’emboozi erimu eby’okulabirako eby’omubiri ebiggyayo amazima ag’omwoyo. Amakulu g’ekigambo olugero aga ddala gali “okuteekawo n’ogeraageranya ekintu. Mu ngero, Yesu yakozesa eby’okulabirako ebyomubiri ng’abigerageranya n’amazima ag’omwoyo. Oba emboozi y’ensi naye ng’erina amakulu ag’eggulu.
3. Yesu yakozesa engero ng’asomesa amazima g’obwakabaka era ng’abo bokka abalina endowooza ey’omwoyo be bayigga ennono zino enkulu. Abo abalina endowooza ey’omubiri era aboonoonyi tebasobola kuzitegeera. Yesu yakozesa engero okukweka ennono z’omwoyo eri abatali bakkiriza
4. Obwakabaka bwa Katonda.

**ESSUULA EYEKKUMI N’EMU.**

1. Mugende mubabuulire nti, ‘Obwakabaka obw’omu ggulu busembedde.’ 8 Muwonye abalwadde, muzuukize abafu, mulongoose abagenge, era mugobe ne baddayimooni. Muweereddwa buwa nammwe muwenga buwa. (Matayo 10:7-8)
2. Omubaka: Ono ye muntu atumibwa okukiikirira obwakabaka oba okukola obusuubuzi mu kitundu ekimu ku lw’obwakabaka bwe. Ye mutume aba aweereddwa obuyinza okukiikirira obwakabaka bwe.
3. Omujulirwa ye muntu asobola okwogera ekintu n’obukakafu olw’okubanga yali akirabyeko. Yoyo aba alabye ne yekkaanya, n’akibeeramu era n’aleeta obukakafu olw’okuba alina obumanyirivu ku kyo.
4. Okwolesa amaanyi.
5. Kubanga enkomerero tennatuuka. Obwakabaka bwa Katonda tebujja kutandikibwawo mu ngeri yaabwo ey’enkomeredde okutuusa ng’enjiri y’obwakabaka ebuuliddwa eri ensi yonna.
6. Okubunyisa obubaka obw’obwakabaka bwa Katonda.